Ekigera
Ky'Omuntu Atuukiridde

Webale, Ow'oluganda Neville. Mukama akuwe omukisa.

Kirungi okukomawo nate mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero. "Amakya amalungi," eri mwenna. Era nzikiriza nti luno lunaaba lunaku lukulu gye tuli ffenna, mu—mu Kubeerawo kwa Mukama waffe. Kati nnina eky'okuyigirizaako enkya ya leero. Njagala kutandikirawo butereevu ku ky'okuyigirizaako kino, kubanga kya . . . ndowooza kikulu. Era kya . . . N'olw'okwewala okunyiiza ennyo abantu, omanyi, okubalwisaawo ennyo, nga ate bangi abayimiridde. Nja kugenda butereevu mu ky'okuyigirizaako.

2 Kati, akawungeezi ka leero, njagala njogere ku mutwe ogugamba nti *Omuluŋŋamya w'Obulamu Bwange*. Era nsuubira bangi abasobola, abo bonna abasobola, banaabeerawo mu budde obwo, akawungeezi ka leero. Wabula, bw'oba olina ekkanisa yo mw'ova, twa . . . amazima, twandyagadde obeere mu—mu kkanisa yo. Buvunaanyizibwa bwo okubeera awo, we wateekebwa okuweereza, okusobola okwakisa omusana gwo.

3 Kati, tubeera tusuubira nti, buli mulundi lwe munaakomawo, tunaaba n'ekifo ekigaziko wano. Naye kikyatuzibuwalidde, ha, buli wamu. Akakiiko k'abawanika mu butuufu bakoze buli kimu. Kati bagenda ne babaako gye baweereza okusaba, ne babakkiriza; ne baweereza awalala, ne babagaana. Ne baddamu ne baweereza nate, ne babakkiriza *wano,* ate era ne badda. O, nga tubadde n'akaseera akazibu! Naye, omanyi, Ssetaani ye bulijjo aliwo kulwanyisa ekyo ekituufu. Naye jjukira nti, bulijjo obeera onaatera . . .

4 Mbadde nneewuunya wa gy'oli, Anthony. Ndaba nga wasisinkanye kitaawo. Naye ntunuddetunudde, wonna mu kibiina. Y'agambye nti otudde awo. Tuli basanyufu okuba naawe wamu ne kitaawo, Ow'oluganda Milano okuva mu New York. Nsuubira nti, bwe nnaagenda emitala w'amayanja ku mulundi guno, nnaafunayo akaseera akalala ak'akasana, ke nnaaberako mu New York, awantu awamu, Mukama nga ayagadde.

5 Kale tubasanyukidde nnyo mwenna. Ki—kirungi nnyo mmwe okuba wano.

6 Era twabadde n'ekiseera ekirungi ddala ekiro ekyayise, oba ka ŋŋambe nti waakiri nze ku lwange. Nnabadde . . . [Ekibiina kiddamu, "Amiina."—Omuk.] "Ne Isaaya mu yeekaalu." Era nammwe . . .

7 Kati enkya ya leero, twagala okwogera ku ky'okuyigako kino, oba okuyigiriza, manya, bwe tuba tusobodde, "Okuzimba Yeekaalu ennamu; okuzimba—okuzimba Yeekaalu ennamu ey'ekifo Katonda omulamu mw'abeera, Omuntu atuukiridde; Yeekaalu ennamu eya Katonda omulamu, mw'Abeera." Era ssinga . . .

8 Nkitegeddeko nti balinawokko wano okuyimba kuno okusuffu. Ssifuna kakisa kukuwuliriza. Naye akawungeezi ka leero nja kugezaako okukomawo wano. Mukyala wange yaŋŋambye ku W'oluganda ayitibwa Ungren, nzikiriza lye linnya lye, okuva emmanga mu—mu Tennessee. Kale, yabadde wano ekiro ekyayise. Enkya ya leero ssimulaba, naye nsuubira alinako waali wano. Era nnandyagadde okumuwulira nga ayimba akawungeezi ka leero, bwe nnaaba nsobodde, olwo, olugamba nti *Bwe Yakka Okuva Mu Kitiibwa Kye,* oba *Nga Oli Mukulu.* Nnandyagadde okuluwulirako. Bameka abandyagadde okuwulira Ow'oluganda Ungren? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] O, nnyu—nnyumirwa nnyo okuyimba okulungi. Era Meda yagambye nti ayimbira mu ddoboozi eryo eriddirira bbeesi. Ekinzijukiza Muganda waffe Baxter; naye, muyimbi, nga ffenna bwe tumanyi. Kale olumu ku *Bwe Yakka Okuva Mu Kitiibwa Kye,* oba *Nga Oli Mukulu.* Nzikiriza mmulabye waali kati, wali . . . Kinaasoboka, Ow'oluganda Ungren, akawungeezi ka leero, bw'onooba osobodde, bw'onoosigalawo? Onaasigalawo, oba onaagezaako okubeerawo mu lukuŋŋaana lw'ekiro? Kale, sa—sa . . . Kale, to . . . ka nkubuulire, ate bwe tukola tuti, bwe tu . . . ssaagala kuleetera muntu yenna kakuubagano konna. Naye ate, watya, ssinga tukikola, mu kiseera ky'*Obubonero Omusanvu,* we tunaabubuulirira, ssinga osobola okujja mu kiseera ekyo. Nnandyagadde zikwatibwe ku lutambi, okiraba, nzifune, *Nga Oli Mukulu,* ne luli, olwa, *Bwe Yakka Okuva Mu Kitiibwa Kye*, mu kiseera ekyo.

9 O, si kirungi nnyo okuweereza Mukama? Ssimanyi kye nnandikoze ssinga ssaali Mukristaayo! . . . ? . . . Kirungi nnyo okubeera Omukristaayo. Mpulira njagala mbuukebuuke nga bwe ndeekaanira waggulu, ku ntikko y'eddoboozi lyange. Okubeera Omukristaayo, kirowozeeko, okuba nga wenna osudde ennanga mu Kristo!

10 Mmanyi buli kiseera erinnya ly'omusajja ono ndyatula bubi. Liri S.T. oba T.S., awo bwe lityo. Sumners, Ow'oluganda Sumner. Ye . . . Njagala okumwebaza ne mukyala we omwagalwa. Kirabika ebbanga omukyala lye yamala, kirabika nga, gyali myezi nga mukaaga, nga akikuba ne tayipu ekitabo kino ekiyitibwa *Emirembe Omusanvu Egy'Ekkanisa*. Era kati kyakomezeddwawo gye tuli wano, nga kiwedde okukubwa ne tayipu, kirindiridde kusomebwamu na kuttaanya, n'oluvannyuma kikubibwemu ekitabo mu kyapa,

Emirembe Omusanvu Egy'Ekkanisa. Mwannyinaffe Sumner, wonna wooli, mazima ojja kutukkiriza tukusasule olw'ekyo. Ogwo, ogwo gwabadde mulimu munene nnyo. Kubanga, kyenkana bwe kiti *obunene*. Kiyinza okuntwalira emyezi nga mukaaga okukisomamu, nga oggyeeko eky'okusooka okubijja ku lutambi, n'obikyusa n'okuggyamu ebitundu ebyo ebyeddiŋŋana, n'oluvannyuma n'okolamu ekitabo. Tujja kukitegeka tukiweereze bakikubemu ekitabo mangu ddala, kubanga tulowooza nti kye kintu abantu kye basaanidde okuba nakyo katikati, musobole okukisoma mukyetegereze. Era Billy abadde andaga, we nkomeddewo munda wali, eddakiika ntono eziyise, nti—nti—nti ki—kituuse kati okugenda kikubibwe mu kyapa. N'olw'ekyo, mwannyinaffe, ekkanisa ejja kukusasula olw'ekyo. Ekyo ssikusuubira kukikolera bwereere. Era—era bwe kitaba ekyo tu . . . Bwe tunaamala okufuna ekitabo ne tukikolera ebbeeyi, oba ekintu bwe kityo, tujja kukikolera ebeeyi nga osobola okubaako ne ky'ofuna buli lwe kitundibwa, kyonna kye kinaaba. Ojja kwogera bwogezi n'akakiiko, akakiiko k'abayima, oba abamu ku bo awo, ekyo bajja kukikukolerako. Mukama akuwe nnyo omukisa.

11 Bakadde baffe Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Kidd abatudde wano, bakunukkiriza mu myaka ekikumi, oba nga bagibuzaako katono. Era mwannyinaffe nnamusisinkana gye buvuddeko, n'agamba nti, "Oba oli awo, guno gwandiba omulundi gwange ogusembayo okukulaba, Ow'oluganda Billy." N'agamba nti, "Ŋŋenda nkaddiyira ddala."

12 Ne ŋŋamba nti, "Ha, naawe! Ssaagala kukuwulira nga oyogera bw'otyo. Mmwe muli nga maama ne taata abakadde." Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Kidd tubaagala. Ffenna, buli omu, abaagala. Era ki . . .

13 Kirina kye kinkola eky'enjawulo buli lwe mbalaba nga batambula mu kkanisa, bannamukadde abafumbo ababiri nga abo. Era ntera ne ndowoozaamu ku ky'okuba nti, baava dda nga babuulira Enjiri okuviira ddala nga ssinnazaalibwa. Kati nzuuno ndi musajja mukadde. Ddala, ggwe kirowozeeko, baali babuulira okuva nga ssinnaba na kuzaalibwa. Kyokka kati nze ndi wano, ŋŋenda ne ndowooza mbu nkaddiye nnyo. Nnaatera na kulowooza ku bya kubivaako. Naye bwe ndaba Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Kidd nga bayingira ne bagamba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleeruya!" Nga ŋŋamba nti, "Nedda, nkyalina embavu." Yee, ssebo. Okubalabako, engeri gye bakyasobola, engeri gye bakuddizaamu ddala amaanyi!

14 Naye bwe weetegereza, emyaka gyange babula kugikubisaamu ebiri, kyokka, nga bakyagenda mu kubuulira enjiri. Bazze enkya ya leero ne basaba ebitabo, oba nga basobola okutwala ebitabo ne babitunda. Nga baagala n'entambi, bagende nazo ebweru, bakyuse emmeeme nga bateekako entambi zino, kyokka banaatera kuweza myaka kikumi. Kaakati

ggwe "ebiwawaatiro byo ebibiri" biri ludda wa bye twabadde twogerako eggulo? Weewaawo. Nnatuuse n'okwebuuza nti, "Ebyange biri ludda wa?" bwe yakyogedde ekyo—ekyo eggulo. Olina emyaka emeka, Mwannyinaffe Kidd? [Mwannyinaffe Kidd addamu nti, "Nnina kinaana mu gumu."—Omuk.] Kinaana mu gumu. Olina emeka, Ow'oluganda Tom? [Ow'oluganda Kidd addamu nti, "Kinaana mu ebiri."] Ku myaka kinaana mu gumu ne kinaana mu ebiri, naye nga bakyakozesa ebiwawaatiro byabwe, bakola, bakyagenda mu maaso.

15 Bwe wabaawo ekintu kyonna ekitagenze bulungi mu Ohio, Mwannyinaffe Kidd oyo n'akimanyaako, essimu ekubirwawo mangu eka. Luli, yakuba essimu, nga waliwo omuwere, ndowooza, yali mwana muwala omuwere, eyali azaaliddwa, nga ebyenda biri kungulu. [Mwannyinaffe Kidd agamba nti, "Kawago."—Omuk.] Akawago k'omwana, kaali bweru. Nga omusawo tamanyi kya kukola ku nsonga eyo, nga atidde n'okumulongoosa. Ne tusaba. ["Yalongoosebwa, Ow'oluganda Branham, ne bakazzaayo munda, kubanga, baagamba nti, 'Yali tasobola kulama.' Kale kye baakola bazaayo buzza byenda byako munda."] Bazzaayo ebyenda munda, nga bayita mu kumulongoosa, ne balowooza nti yali tajja kulama. Naye n'alama. ["Nga talina w'afulumira."] Nga talina w'afulumira nga—nga . . . okuva mu kyenda ekisembayo, emmere mw'esobola okufulumira. Era Mwannyinaffe Kidd n'addamu n'akuba essimu. Ne tuddamu ne tusaba, era kati afuluma bulungi. Era wuuno wano, nga omujulizi; wamu, n'omusawo. Mukiraba? Bujulizi obulaga nti Mukama Yesu, ye Mutonzi ow'amaanyi! Mulaba Ssetaani kye yali agezaako okukola? Kusalako bulamu bwa mwana oyo. Era oluvannyuma, olaba, nzikiriza omukyala yajja eri Mukama. ["Yakomawo eri Mukama, awo wennyini ewange."] Yakomawo eri Mukama. Mwannyinaffe Kidd yamukulembera okudda eri Kristo, ekyamagero kino eky'amaanyi eky'omwana we bwe kyamala okubaawo.

16 Nnafunye essimu okuva mu California, eggulo, omuweereza omu ali eyo, gwe nnali naye omulundi gwe nnasooka okugenda mu California, emyaka egyayita. Nga kazzukulu ke akalenzi kaazaalibwa nga—nga ena . . . esatu ku miryango egiggulira omusaayi mu mutima gwaako gizibikidde. Ne mmubuulira ku bujulizi obwo. Ne ŋŋamba nti, "Katonda eyasobola okutonda ono omulala era n'amutereeza, asobolera ddala okuwonya muzzukulu wo." Omulenzi mugambe addemu amaanyi kye kyokka.

17 Era omulenzi yaliyo mu lukuŋŋaana omulundi gwe nnasooka okubeera mu California, emyaka nga kkumi na munaana egiyise kati, myaka kkumi na mukaaga, egyakayitawo. Lwe nnali mu California. Era ya . . . Omulenzi oyo olukuŋŋaana lwamukolamu eky'enjawulo ddala okutuusa nti . . . Bwe baafuna omwana, bwe yazaalibwa, ne bakizuula nti waliwo ekikyamu, nga wa

bbululu, ne bagezaako okumufuuwamu omukka ogw'okussa, n'ebirala bye baakola. Naye nga talabika nga anaalama, abasawo ne bamwekebejja, ne bakizuula nti emiryango esatu egiggulira omusaayi mu mutima gwe gyali mizibikivu. Nga si miggule n'akatono, olaba, kale—kale nga omulyango gumu gwokka gwe gupika. Yakubira kitaawe, n'amugamba nti, "Taata, kubira Ow'oluganda Branham, mu bwangu ddala. Ebyo byonna obimugambe . . . 'Asabe busabi Kristo. Ajja kukikola.'" Bwe kiri. O, abange! Okusikirizibwa okwo, ekyo kye baba balabye, mulaba, kye twayogeddeko ekiro ekyayise. Ekintu ekituufu mu kiseera ekituufu.

18 Kati, ssinga tugenda mu maaso nga twogera, tetujja kutandika ku kyakuyigako, si bwe kiri? Kiringa akaloddo mu bunnyogovu bw'okumakya, konna bwe kaba kakutte, nga bwe mumanyi, nga konna kali wamu. Tuli basanyufu okuba n'okussa ekimu bwe kutyo. Yee, ssebo.

19 Kale kati leka tukkakkane, kati, tuyingire mu ky'okuyigako kati. Oba oli awo ŋŋenda . . . Ssimanyi oba ekyo musobola okukiraba oba nedda, ekiri ku lubaawo. Osanga bwe nnaakikyusaamu bwe *nti,* mu kaseera katono, tomanya, tujja kuba tusobola, kati, abamu ku mmwe, oku . . . [Ow'oluganda Edgar "Doc" Branham agamba nti, "Wandyagadde aw'okuluteeka?"—Omuk.] Ogambye ki? ["Oyagala nfune aw'okuluteeka?"] Nedda, ssisuubira, mu kaseera kano, Doc. Oba oli awo mu kaseera katono gye bujja. ["Wansi awo wennyini, nsobola okulufunira aw'okuluteeka."] Kale, tu—tujja kukikola ekyo bwe nnaafunawo . . . Wano ofunyewo akafo? Kale. Ka tulukyuse tuluteeke awo. Abali emabega eri musobola okulaba? Musobola? Bw'oba osobola okulaba, yimusa omukono gwo, bw'oba osobola okulengera ku lubaawo, n'osoma ebiriko. Nedda. Kale. Funa aw'okuluteeka. Kati, nga ekyo bwe bakitereeza . . .

20 Ntandiseemu kikeerezi enkya ya leero; oba, nedda, nedda, ntandise ebulayo eddakiika kkumi na ttaano. Kale n'olw'ekyo, kati, tugenda kugenda mpolampola, kubanga tetwandyagadde kupakuka. Omanyi bw'opakuka, omaliriza oyonoonye n'ebintu bye wandyogedde. Kati, nnali mpuliriza olutambi, luli, nga bwe nnabagamba, ne mpulira nga nswadde; si olw'ebyo bye nnali njogera, wabula engeri gye nnali mbyogeramu nga nnyanguyiriza nnyo, nga byonna biwulikika mu ddoboozi ery'ekiwuggwe. Mpulira nnandyagadde okulindamu. Ki . . .

21 Nni—nnina we nnalaba luli we baali bagenda okuzimba ekkuumiro ly'ebisolo eddene, wano mu makkati ga Louisville. Era Mw. Brown, erudda eri, nzikiriza ye, eyawaayo akakadde ka ddoola okuzimba ekkuumiro ly'ebisolo. Eky'amazima, ssinga mbadde nazo, nnandizibawadde ebisolo ebyo ne babita ne byetaaya. Ssi—ssikkiririza mu kuggalira kintu kyonna mu biyumba mu ngeri eyo. Mpulira nga . . . ŋŋenda mu kkuumiro ly'ebisolo ne ndaba ebisolo ebyo bambi, amalubu,

n'empologoma, n'ebirala, nga bitambula bwe bidda eno n'eri, nga bisibiddwa mu kkomera ebbanga ly'obulamu bwabyo lyonna, mukiraba. Kikuleetera okuwulira obubi. Kuba, zikwatibwa bukujukuju bwa muntu azikira okutegeera. Okiraba? Ne bazikwata ne baziggalira mu busibe.

22 Era bwe nkirowozaako: ssetaani ekyo ky'akola. Awamba abantu ab'omuwendo abandibadde batalaaga amatwale ga Katonda amanene, n'ebifo eby'enjawulo, ne—n'ebintu bwe bityo, n'abaako akaduukulu k'ekkomera ly'ekibiina ky'eddiini ekimu mw'abateeka, oba mu kiyiiye ekimu, oba ekintu bwe kityo, n'abaggalira omwo. Nga kintu kya ntiisa nnyo.

23 Kale ssaagalira ddala makuumiro ga bisolo. Wabula mpulira nga emu ku nsolo ezo bw'ewulira, nga bw'obeera nga oggaliddwa mu kiyumba nga ogezaako okwesumulula, mumanyi, o—okufuluma obeeko ne ky'okola.

24 Kati, nga tetunnayingira mu Kigambo, leka tusooke tugende eri Nnanyini Kigambo, nga bwe tukoteka emitwe gyaffe mu kusaba.

25 Kitaffe Ow'omuggulu ow'ekisa, tukuŋŋaanye nate enkya ya leero mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, Omwana Wo ow'omuwendo. Katonda, mu mubiri, eyajja ku nsi, okuwaayo omutango olw'ebibi byaffe, n'afa, ye Omutuukirivu; olwo ffe, olw'obutuukirivu Bwe, abataali batuukirivu, tusobole okufuulibwa abatuukiridde mu Ye. Tujja nga twatula nti tetusaanidde, Mukama. Tetuliimu kalungi yadde n'akamu. Era ffenna tuli mu kkomera limu eddene. Ne bwe tuba tuyimiridde mu nsonda ki, ffenna tukyali mu kkomera. Tewali asobola kuyamba munne. Naye, Katonda, mu kusaasira Kwe okutakoma, yakka wansi n'aggulawo enzigi z'ekkomera, okututa tube ba ddembe. Kaakano tetukyaggaliddwa. Tetukyali mu kkuumiro lya bisolo ery'ensi, wabula kati tuli ba ddembe. Tuli bweru.

26 O, nga tumwagala nnyo era tumugulumiza! Tusobolera ddala n'okutalaaga ebifo eby'enjawulo ebirungi eby'ekisuubizo Kye, ne tubiraba nga birabisibwa mu maaso gaffe! N'amaaso gaffe gennyini, ne tulaba Katonda omukulu ow'Obutaggwaawo nga yeebikkula Mwene mu maaso gaffe, nga yeekakasa Mwene nti wa nnamaddala, era nga bwe yakola eri bannabbi ab'edda. Nga tumanyi nti, baawummula balina obukakafu, nti lumu tulizzibwaawo nate, nga obulamu buno buweddewo, okuyita mu kuzuukira, eri Obulamu Obutaggwaawo obwo obutaliggweerera. Emibiri gyaffe tegirikaddiwa. Era tetulifa. Era tetulirumwa njala. Era tetulibaako kye twetaaga. Wabula tulitambula naye. Twagala okumuwulira nga Agamba nti, "Muyingire mu ssanyu lya Mukama, eryabategekerwa okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi." Emabega eri nga ekibi tekinnabaawo, engeri gye yali yakitegekamu, yali nti Adamu ne Kaawa, tebaali ba kulwala yadde okuba n'emitawaana.

Era kati yalitutegekera, era yakimanya nga tekinnabaawo nti twali tujja. Ekibi ne kissaawo omuziziko omunene, naye kati ekibi kyaggyibwaawo, okuyita mu Musaayi gwa Yesu. Kati, twolekedde Nsi ensuubize, olw'ekisuubizo kya Katonda, ekyo Ekitaggwaawo.

27 Tuwe omukisa kaakano, Kitaffe, nga bwe tuyiga Ekigambo Kyo. Twagala okumanya tulina kuba bantu ba kika ki, okusobola okubaayo Eyo. Tuyambe leero mu ssomero lino, tusobole okuba n'Omuyigiriza Omukulu nga ali wamu naffe, oyo Omwoyo Omutukuvu, akke atwebikkulire Mwene, okuyita mu Kigambo Kye. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye era olw'ekitiibwa Kye. Amiina.

28 Kati, okusookera ddala, njagala mubikkule wamu nange mu Peetero Eky'okubiri, essuula 1. Njagala kubaako ekitundu ku Kyawandiikibwa kino kye nsoma, Peetero Eky'okubiri, essuula 1. Kaakati eri mmwe abalina ekkalaamu zammwe enkalu n'olupapula . . .

29 Era nzikiriza baŋŋambye ku makya ga leero nti—nti oluusi, bwe nkyusa omutwe gwange ne ntunula ebbali, kireetera olutambi okuvumbeera. Amazima ekyo ssikigenderera. Era nzikiriza, nti lumu, ssinga tubaako engeri gye tufunamu a—akazindaalo akasikira eddoboozi ewala, ne tukawanika ne kalengejjera ku siiringi wano. Kati awo nga ne bw'onaaba wa wonna, ojja kuba owulirira ddala bulungi. Awo buli kimu kijja kuba bulungi, okwetooloola wonna, ssinga tufuna akazindaalo akaanikibwa waggulu ku siiringi.

30 Era kati, nga bwe njogera; bw'obeera eyo, nga olukuŋŋaana luwedde, bw'oba oyagala, oyinza okukoppa ekifaananyi kino wano. Nkirina ne wano mu bigambo ebiwandiikiddwa. Nja kufuna ka ppini nkiteeke wano mu maaso, bwe muba mwandyagadde okukikola. Nja kujja nga bukyaliko olw'eggulo lwa leero, tusobole okutegeera.

31 Kati tugenda mu *Bubonero Omusanvu*. Twakamaliriza *Emirembe Omusanvu Egy'Ekkanisa*. Kati buno Bubaka bwa kuyigiriza, obunywereza ddala omuntu, oyo ow'okununulibwa Omusaayi gwa Mukama Yesu, era ow'okuba mu mulembe gw'Ekkanisa ogwo, omulembe gw'Ekkanisa ogwo Ogutaggwaawo ku nkomerero y'Obubonero. Kati tukimanyi nti tulinayo Amakondeere Omusanvu, Ebibonyoobonyo Omusanvu, Ebibya, n'ebirala, bye tujja okulaba, nga bwe tweyongerayo. Naye tukyalinzeeko tufune ekifo ekigazi ekimala abantu basobole okutuula obulungi.

32 Kati, n'ekirala nnalowoozezza nti kino kyabadde kya kukwataganira ddala nga bwe nnabadde nkisuubira. Nnabadde ssisuubira kukuba kifaananyi kino, naye luli nnaliko n'abamu ku mikwano gyange abaagalwa, ba Cox, emmanga mu Kentucky. Nnali ŋŋenzeeyo, nga ndowooza nti oba oli awo nnaafunayo

olunaku olulala nga lumu olw'okuyigga bukaamujje nga ekiseera kyabwo tekinnaggwaako. Kale nnali ngulu eyo munda mu bibira ne mukwano gwange, Charlie, nga ayimiridde awo, ne Rodney, muganda we. Naye ssaalaba ku ka kaamujje n'akamu. Kirabika nnabukanga bwonna ne budduka, bwe nnaleekaanira mu bibira eyo. Kati kiikino ekyanzijira, bavubuka, ne—ne Mwannyinaffe Nellie ne Margie, bwe nnabagamba nti nja kubabuulira ku Ssande bwe nnaaba nkituuseeko. Ekyo kye kyanzijira, ekikwata ku bubaka bwe nnali ŋŋenda okubuulirako. N'engeri ebirala byonna gye byali bikwataganamu nabwo! Era, ha, ekyo nkyagala. Nnafuna o—omwoyo ow'okuleekaanira ddala—ddala, nga ndi ngulu eyo mu bibira.

33 Kale kati, leka tusome kaakano, Peetero Ekisooka, oba . . . Peetero Eky'okubiri, manya, essuula 1, ekitundu ku Yo.

> *Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twafuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo:*

34 Ekyo njagala engeri gye kyawandiikibwamu awo wennyini, kubanga eky'okuyigirizaako kyange kyonna mu bujjuvu enkya ya leero kyesigamiziddwa ku kukkiriza. Okiraba? Leka nziremu nkisome. Muwulirize bulungi.

> *Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo* abafuna—*abaafuna okukkiriza okw'omuwendo . . . mu butuukirivu bwa Katonda waffe . . . Omulokozi waffe* ne *Yesu Kristo:*

35 Wekkaanye, agamba, nti, "Nnafuna okukkiriza kuno, era bino mbiwandiika eri abo nabo abaafuna okukkiriza kuno kwe kumu okw'omuwendo." Njagala . . . Tebikwata ku bali ab'omu nsi. Bino bikwata ku Kkanisa, okiraba, eri abo abali mu Kristo.

> *Ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda* (okuyita mu) *ne Yesu* Kristo *Mukama waffe,*
>
> *Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe* butuwadde *byonna . . . obuyinza bw'obwakatonda bwe* butuwadde kaakano *ebintu byonna eby'obulamu . . . n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo* atuyise *olw'ekitiibwa n'obulungi:*
>
> Ffe *ebyatuweesa . . . ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene ennyo: olw'ebyo* (ebisuubizo bino) tulyoke *tugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda, . . .*

36 Kaakati ekyo leka kinnyikire ddala munda kaakano. Kati enkya ya leero si kubuulira; wabula tugenda kuyigiriza buyigiriza ku ssomo lino. "Obuzaaliranwa bwa Katonda."

Kati ka nziremu nsome olunyiriri olwo olw'okuna, kireme kubayitako. "Ebyatuweesa . . . "

> *Ebyatuweesa ebisuubizibwa eby'omuwendo omungi ebinene: olw'ebyo* (olw'ebisuubizo bino) tulyoke *tugabanire awamu obuzaaliranwa bwa Katonda, bwe mwawona okuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba.*

37 Mukiraba, "ensi," kati eyo ffe twagiwona. Bino abiwandiikira Kkanisa. Eyo ye nsonga lwaki tuli wano enkya ya leero, okuzuula ekkubo lye liri wa, Katonda kiki kye yetaaga. Tewali muntu n'omu munda wano, ayagala Katonda, atayagala—atayagala kweyongera kufaanana Kristo. Kati kirambikiddwa wano. Buli Mukristaayo yenna! Nze ndi nnamukadde eyazirwanako. Tunuulira Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Kidd wano, bayinza okuba be basingayo obukulu mu kizimbe kino. Naye ssinga mbabuuza nti, "Kiki ky'osinga okuyayaanira mu mutima gwo?" Kijja kuba nti, "Kwongera kusemberera Katonda." Bw'omanya ku Kristo, wabaawo ekintu eky'enjawulo ku Ye ekijjudde okwagala, ekikuleetera okuwulira nga oyagala na kugezaako kuyingira munda mu Ye.

38 Munsonyiwemu olwa kino kye ŋŋenda okwogera. Nnagamba mukyala wange, wano gye buvuddeko, ye . . . nga ffembiriri bwe tugenda tukaddiwa, ne mmugamba, ne ŋŋamba nti, "Okyanjagala nga bwe wanjagalanga edda?"

N'agamba nti, "Weewaawo nkwagalira ddala."

39 Ne ŋŋamba nti, "Omanyi, nkwagala nnyo okutuusa nti mpulira nnandyagadde nkukwate nkuyingize munda mu nze, tubeerere, ddala, omuntu omu, okusingawo."

40 Kaakati, ekyo, kikubiseemu emirundi obukadde kikumi, olwo ojja kutegeera engeri omukkiriza, oyo abeera mu mukwano ne Kristo, bw'awulira nga ayagala okumuyingiramu, olw'okwagala. Era wano Ye agenda kutulaga, okuyita mu bisuubizo bino, engeri gye tusobola okugabana ku buzaaliranwa bwa Kristo obw'Obwakatonda. Emibiri gino, egifa, engeri nnaffe gye tusobola okuba abagabana ku kyo.

41 Nnyinza okubaako ne kye njogera wano. Ensonga lwaki nzikiriza . . . Kati waliwo eyantegeera obubi, wano ssi dda nnyo. Nnafuna ebbaluwa okuva mu kibiina ekitaba abaweereza, eyali egamba nti nze nzikiriza nti waaliyo . . . "Twagattibwa n'ababeezi baffe mu mmeeme. Era tuteekwa okwawukana n'ababeezi baffe bwe tuba nga twetwagattibwa nabo mu mmeeme, ne tuwasa oyo gwe twagattibwa naye mu mmeeme." O, bannange!

42 Ne ŋŋamba nti, "Omusango gw'enjigiriza ekyamya bw'etyo tegusobola kunsinga." Ekyo bulijjo mbaddenga nkivumirira. Ekyo si—ssikikkiririzaamu n'akatono. Mazima ddala ssikikkirizaamu. Kye nzikiriza kiri nti Katonda y'atuwa ababeezi. Ekyo kituufu. Olwo ne tufuuka buli omu ekitundu

ku munne. Ekyo bwe kiri. Era omusajja bw'aba tannawasa, ebintu bino asaanidde okusooka n'abifumiitirizaako, n'abyekenneenya.

43 Omuvubuka omu yambuuza luli, n'agamba nti, "Olowooza nnyinza, nsaanidde okuwasa, omuwala *gundi*, Ow'oluganda Branham?"

Ne ŋŋamba nti, "Owulira otya gy'ali?"

N'agamba nti, "Ha, bannange, mpulira mmwagala nnyo."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, bw'oba owulira togenda kubeerawo nga toli naye, awo kisingako n'omuwasa. Naye bw'oba owulira osobola okubeerawo nga toli naye, kyandibadde kirungi n'otamuwasa. Kale, naye bwe kiba nga kigenda kukutta, kisingako—kisingako ne mugenda mu maaso ne mufumbiriganwa," bwentyo bwe nnagamba. Kale kati kye nnali ngezaako okumulaga, kye kino, nti, bw'oba owulira nga omwagala nnyo ddala!

44 Kati, mu kaseera kano, nga temunnafumbiriganwa, buli kimu kitambulira ddala bulungi era kirungi. Naye bwe mumala okufumbiriganwa, olwo emitawaana n'ebigezo by'obulamu nga bijja. Awo we mulina okubeera nga mwagalana nnyo nga mutegeeragana. Awo w'atuuka n'akuyiwa, naawe n'omuyiwa, naye ne musigala nga mutegeeragana.

45 Bwe kityo bwe kiri n'eri Kristo. Okiraba? Tulina okuba mu buziba ddala mu mukwano naye, okutuusa nga bwe tubaako ne kye tusaba, n'Atakituwa, nga tekituyuuza n'akatono. Okiraba? Olaba? Lwaki? Era engeri yokka gy'osobola okukikolamu, kwe kugabana ku nkula Ye ey'obw'Obwakatonda, olwo oba ojja kusobola okutegeera ensonga lwaki tasobola kukikuwa. "Abagabana ku nkula Ye ey'obw'Obwakatonda."

46 Era mulabe wano, "Bwe mwawona okufa okuli mu nsi olw'okwegomba." Mwakuwona! Mulaba b'ani gye kiraga? Kigenda eri Kkanisa, eri abo abali mu Kristo, abaagulumizibwa okusukkuluma ebintu bino. Nga teyeegulumiza nga ye, wabula Kristo nga y'amuyimusizza.

47 Eri baganda bange ne bannyinaze abaddugavu abali wano enkya ya leero, kino ssikyogera kugenderera kubalumya mu ngeri yonna. Naye, nnina olukuŋŋaana lwe nnalimu gye buvuddeko, ssimanyi oba nnali nkyogeddeko wano mu kkuŋŋaaniro. Nkyogeddengako mu bifo eby'enjawulo. Waaliwo mwannyinaffe omuddugavu eyabuuza nti, "Nsobola okubaako obujulizi bwe mpa, oba okujulira?"

"Mazima ddala, genda mu maaso, mwannyinaffe."

48 N'agamba nti, "Obujulizi buno njagala okubuwa olw'ekitiibwa kya Katonda." N'agamba nti, "Omanyi, si—siri ekyo kye nteekwa kuba," n'ayongera n'agamba nti, "Si—siri ekyo kye njagala kuba, wabula," n'agamba nti, "naye kye nkakasa

kiri nti, ssikyali ekyo kye nnateranga okuba." Mukiraba? Waliwo embeera mwe yali avudde. Yali ayimusiddwa okugivaamu.

49 Bwe tutyo bwe tutegeera nti tuvudde mu kufa ne tudda mu Bulamu. Tutunula emabega mu kinnya mwe twasimibwa okuva. Mukiraba? Tetuli ekyo kye twagala kuba; ne kye tuteekwa okuba nakyo tetunnakiba; wabula kimu kye twebaliza kiri nti, tetukyali ekyo kye twali. Ekyo kituufu. Tuli mu lugendo.

50 "Bwe mwasimatuka obwonoonefu obuli mu nsi." Bwe mwabiwona ebyo, okwegomba n'okuzikirira ebiri mu nsi, ebyo mwabisukka. Kaakati ekyo—kaakati ekyo kye kika ky'omuntu gw'Ayogera naye, omuntu eyasimattuka ebintu bino, mukiraba, okuzikirira okuli mu nsi.

> *Naye* nga oggyeeko *kino, bwe muleeta ku lwammwe okufuba kwonna, ku kukkiriza kwammwe* mwongerengako *obulungi; era ne ku bulungi bwammwe okutegeera;*
>
> *Ne ku kutegeera kwammwe okwegendereza; . . . era ne ku kwegendereza kwammwe okugumiikiriza; . . . era ne ku kugumiikiriza kwammwe okutya Katonda;*
>
> *Era ne ku kutya Katonda kwammwe okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe okwagala.*

51 Kaakati Ye wano atuwadde mu bufunze eby'okukola, n'okutegeera engeri y'okubikolamu. Kati, nga bwe nnagambye, ffenna tugezaako kusembera kumpi ne Katonda. Eyo ye nsonga eyannondesezza Obubaka buno enkya ya leero, eri ekkanisa, nga nkimanyi nti abantu bagenda kutindigga eŋŋendo. Kubanga jjo ekiro, nnabuuzizza nti, "Bameka abali wano, abava wabweru w'ekibuga?" Kyenkana abantu kyenda mu munaana ku kikumi, baabadde bava bweru wa kibuga. "Bameka abali wano abava mu mayiro kikumi okuva wano?" Nga, bayitirivu obungi, ndowooza nga, kinaana ku kikumi. "Bameka abali wano abava mu mayiro bitaano okuva wano?" Kyenkana e—ekitundu kimu kya kusatu eky'abantu baabadde bava mu lugendo olusukka mayiro kikumi, mayiro bitaano okuva wano. Kirowozeeko, abantu okutindigga eŋŋendo. Kati, abantu abo tebajja ku kkanisa lwa kulabibwa. Tewaliiwo . . . bulungi bwonna ensi bw'eyinza kulaba mu kifo kino. Bonna bantu ba bulijjo, abaavu, abambala mu ngeri ey'abantu ba bulijjo. Tewaliiwo nnyimba ziri awo za kitalo eziyimbibwa abeefuula okuba kwaya ya Bamalayika, tewaliiwo nnanga nnene, yadde amadirisa ag'endabirwamu entobekemu langi. N'okufuna obufunyi aw'okutuula ku ka foomu kizibu era omaliriza oyimiridde kwesigama bisenge. Ebyo si bye bibaleeta. Wabula bajja kubanga munda mu bo mulimu ekintu ekiraba endabika ey'obulungi etalabwa na liiso lya butonde. Eriiso ly'omwoyo lye liraba obulungi bwa Kristo. Eyo ye nsonga ebaleeta.

52 N'olw'ekyo, nga wakyabulayo ennaku tulyoke tube n'olukuŋŋaana, mbeera mu kusaba buli kaseera. Ŋŋendaŋ eyo mu kibira, ne nteeka mu nsawo yange . . . Ŋŋambaŋ mukyala wange nti, "Amakya ga leero ŋŋendaŋ kuyigga bukaamuje." Ne nteeka ekkalaamu enkalu n'akatabo mu nsawo yange. Obudde kasita butangaalamu nga nsobola bulungi okulaba, nga nfuna we ntuula ne nneesigama omuti, nga nnyimusa emikono gyange mu bbanga, nga ŋŋambaŋ nti, "Mukama, nkole ki leero? Onampa ki eri abaana Bo?"

53 Kati bwe mbaako ne kye ntuukako nga mpulira nga ekinjokya, kijja mu ngeri bw'eti. Okubeerawo Kwe bwe kusembera, ntandika okuwulira nga kiringa ekyesuddeko akabanga, mu ngeri bw'eti. "Bbiri emirundi ebiri zenkanankana nnya." Ne kyeyongera okusembera nti, "Bbiri emirundi ebiri zenkanankana nnya. Bbiri emirundi ebiri zenkanankana nnya. Bbiri emirundi ebiri zenkanankana nnya." Ne kyeyongera, ne kyeyongera, ne kyeyongera, bwe kityo. Okwo kuba Kubeerawo Kwe nga kwe kusembera.

54 Weeweereyo ddala mu bujjuvu, era oluvannyuma lw'akaseera ojja kwekutula ku bw'omuntu bwo. Awo okwolesebwa nga kujja nti, "Genda mu kifo *bwe-kiti*, era ekintu *gundi*." Mukiraba? Kitandikira, mu kufumiitiriza ku Katonda, nga ensi ogiri wala, nga weeyawudde ku nsi, oli eyo ku ttale, wekka.

55 Olwo ne kutandika okujja nti, "Emu, emu . . ." Nnyinza okukozesa, ennamba yonna, oba ekintu kyonna, kitandika mpolampola, nga bwe kijja mpolampola. Oluvannyuma ne kigenda nga kyongera sipiidi, ne kyongera sipiidi. N'otuula awo n'oyimusa emikono gyo, n'osirika, n'oyimusa buyimusa mikono gyo mu bbanga. Ojja kugenda okulaba, nga wenna osituliddwa. Olwo n'otandika okulaba ebintu by'Ayagala omanye, akulaga ebintu ebijja okubaawo.

56 Oluusi kijja ne kibaako we kituuka, kibaako we kituuka, ne kirekera awo. Ne kiteyongerayo mu kwolesebwa. Ate awo Ebyawandiikibwa ne bitandika okujjira kumu kumu. Mangu ddala mbakirawo ekkalaamu yange enkalu, obutabyerabira, ne mbiwandiika, ne mbiwandiika.

57 Bwe nkomawo eka nga mbinoonya, nga nnyongera okubyekenneenya. Kati oluusi bwe mba mbisoma biba tebikola na makulu gyendi. Naye, wayitawo akaseera, ne kijja! Ne kijja, ne kiddamu ne kigenda. Kati awo nga nfunayo akatabo akatonotono nga *kano*, nga ntandika okuba nga awandiika, byonna bye nsobola, by'aba Aŋŋambaŋ. Nga muli bwe ndowooza nti, "Mukama, nja kugenda mu kkuŋŋaaniro mbagambe. Nni . . . 'Nga nzija wano.' Nnina kye mbaleetedde." Kale, bwe kityo bwe kijja. Bwe kityo ddala. Okutuusa, nga, asoose n'Akimpa, mba ssisobola kukibawa.

58 Kale, n'olw'ekyo, bye bino bye mba mpandiise wano bye mmundaba ntunulako buli kaseera. Kati nno ate, kino ekisooka wano, bwe nnatandika, ekitundu kino wano ssaakifuna okutuusa olunaku nga lumu oba bbiri eziyise, bwe nnali mu kibira.

59 Kaakati, abantu bano ba—ba...Peetero ayogera, wano, ku ngeri gye tuteekwa okugabana ku nkula Ye ey'obw'Obwakatonda. Kati, buli omu kuffe agezaako okukula okutuuka mu kigera kya Katonda.

60 Kati, bwe tunaamala okuyiga ku Bubonero Omusanvu, kati awo, mu kaseera ako nga Akabonero ak'Omusanvu kafuuyibwa, manya nga kabembulwa...Weewaawo, tumanyi akabonero kye kategeeza, kwe kusumulula obuweereza, okusumulula Obubonero Omusanvu. Era ekyo tujja kukiraba bulungi ku kipande. Kuba kusumulula Bubaka, ekintu ekyo ekibadde kisibiddwako envumbo.

61 Ekiro kya Ssande ewedde, nnabuulira ku, "Ekisumuluzo." Era ekisumuluzo kwe kukkiriza. Okukkiriza kukwata ekisumuluzo, nga ekisumuluzo ekyo bye Byawandiikibwa. Ate Kristo ye Luggi. Mukiraba? N'olw'ekyo okukkiriza kukwata bu pata bw'Ekyawandiikibwa ne kusumulula ekitiibwa n'obulungi bwa Katonda, eri abantu Be. Mukiraba? Kale, okukkiriza, kwe kukwata ekisumuluzo ekiggula Kristo eri abantu; ekibisumulula, ekibibikkula.

62 Kale, n'olwa leero, tugenda kugezaako okukozesa ekisumuluzo kye kimu ekyo, okuggula ekkubo ery'okufuuka Omukristaayo omulongoofu ali mu kigera kya Katonda, era, n'okubeera Yeekaalu ennamu Katonda omulamu mw'abeera.

63 Mujjukire nti, Katonda yeebikkula mu ngeri ssatu. Omulundi ogwasooka, yeebikkula mu Mpagi y'Omuliro, ekyo ky'ekyayitibwa Obwakitaffe. Nate Katonda oyo y'omu, n'alabisibwa mu Yesu Kristo, nga gwe mubiri gwe yazimba Ye, omubiri gwe yakola. Omulundi ogw'okusatu, okuyita mu kufa kw'omubiri ogwo, yatukuza Ekkanisa gy'Asobola okubeeramu. Yali Katonda waggulu waffe; Katonda awamu naffe; Katonda mu ffe; Katonda y'omu.

64 Eyo ye nsonga lwaki yayitibwa Kitaffe, Omwana, Omwoyo Omutukuvu. Si Bakatonda basatu; wabula woffiisi ssatu eza Katonda omu. Ekyo ssinga baakirowozaako mu Lukiiko lw'e Nikyeya, tetwandibadde mu mivuyo gino gyonna, si bwe kiri? Bwe kiri. Si bakatonda basatu. Abantu baali tebasobola kutegeera ngeri Yesu gy'ayinza kwogeramu na Kitaawe, ate nga ye ne Kitaawe bali Omu. Kati nno, ekintu kyonna awo we kiri. Mazima ddala, kikibikkula bubikkuzi. Awatali kubuusabuusa. Mukiraba? Si ba Katonda basatu. Wabula wofiisi ssatu! Emirundi esatu egy'oku-...

65 Kye kiki? Katonda nga yeetowaza eri ebitonde Bye. Katonda ayagala asinzibwe. Ekigambo *Katonda* kitegeeza "ekintu ekisinzibwa." Era wano Katonda agezaako okuteeka abantu Be mu mbeera, w'Asobolera okubafunamu ekyo kye yabatondera. Teyakukola kuba kintu kirala kyonna kitali kuba mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala. Ekyo bw'okisubwa, eky'okubeera omwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala, awo ekiruubirirwa oba okisubiddwa.

66 Era "okusubwa," ekigambo *e-k-i-b-i* kitegeeza "okusubwa ekiruubirirwa," okusubwa ekiruubirirwa. Kati, ssinga mba nkuba ssabbaawa, ne nteeka kye njagala okulasa mu buwanvu bwa fuuti kikumi mu ataano, ne ndasa; ssinga nkwata emmundu yange okulasa, naye ne ssikiteeba, nga mbuzeeko yinci nga nnya oba ttaano, kiki ekiba kibaddewo? Emmundu yange eba yetaaga okuleegamukko. Wabaawo ekitali kituufu. Kale kati ssinga nnemwa okuteeka okukkiriza mu Katonda, ssinga nnemwa okuba Omukristaayo . . . Katonda yakuteeka wano kubeera Mukristaayo. Bwe weesanga nga weekubidde ludda lumu, komawo otereezebwe. Era waliwo ekintu kimu kyokka ekisobola okukutereeza, bye Byawandiikibwa. Omwoyo Omutukuvu mu Byawandiikibwa, bikutereeza, bikukomezaawo ddala ku ssabbaawa. Bwe kiri.

67 Kati, tugenda kuyiga Kigambo Kye. Suteefano yagamba, mu Bikolwa by'Abatume 7, ne mu . . . Naye ekyo leka tukisome. (Kati kye twogerako, twogera ku Yeekaalu ya Katonda.) Kati, Suteefano yagamba . . . (Nga bwe kiri nti, egenda kubeera Yeekaalu ennamu eya Katonda omulamu.) Suteefano yagamba, mu Bikolwa by'Abatume essuula ey'o 7, era nzikiriza tu . . . mu Bikolwa by'Abatume 7, okutandikira awo nga ku lunyiriri olwa 44:

> *N'eweema ey'obujulirwa yali ne bajjajjaffe mu ddungu, nga* bwe *yalagira, eyagamba Musa okugikola ng'engeri gye yalaba bwe yali.*
>
> *Bajjajjaffe bwe baagiweebwa*, bajjajjaffe abaayingira *abaagireeta wamu . . . ne Yesu* bwe *baalya amatwale g'ab'amawanga,* abo *Katonda* be yagoba *mu maaso ga bajjajjaffe, okutuusa* ku lunaku *lwa Dawudi;*
>
> *Eyasiimibwa mu maaso ga Katonda, n'asaba okumunoonyeza aw'okutuuza Katonda wa Yakobo.*
>
> *Naye Sulemaani n'amuzimbira ennyumba.*
>
> *Naye Ali waggulu ennyo tatuula mu nnyumba ezaakolebwa n'emikono; nga nnabbi bw'ayogera nti,*
>
> *Eggulu ye ntebe yange, N'ensi ye ntebe y'ebigere byange: nnyumba ki gye mulinzimbira? bw'ayogera Mukama: oba kifo ki mwe ndiwummulira?*

68 Kati mu. . . Kati, "ennyumba," weewaawo, kye kifo, mwe tugenda tuwummule, kati, okuzzibwa obuggya, n'ebirala, nga okuwummulako nga twebase, oba ebirala byonna. Kati, Abaebbulaniya 10, n'olunyiriri olw'o ku 5, Pawulo akireetamu.

> *Nga ajja mu nsi, ky'ava ayogera nti, Ssaddaaka. . .* (Oyo ye Kristo.) . . . *Ssaddaaka n'ebiweebwayo tewabyagala, naye wanteekerateekera omubiri:*

69 Kati Yeekaalu kye kiki? Gwe Mubiri, Katonda nga ali mu Mubiri.

70 Katonda olumu, eyali waggulu, bwe yakka ku lusozi, nga ka ebeere sse—sseddume oba ente n'erinnya ku lusozi olwo, nga eteekwa kufa. Katonda mutukuvu.

71 Akawungeezi ka jjo, twalabye Bamalayika abo bwe baabikka ku maaso Gaabwe. Basseraafi Abatukuvu abalina amaaso amatukuvu, tebamanyi na kibi kye kitegeeza, naye nga Balina okubikka ku maaso Gaabwe, mu Maaso ga Katonda; n'okubikka ku bigere Byabwe, mu bwetowaze.

72 Kati, Katonda omutukuvu tasobola kuttira kibi ku liiso, n'olw'ekyo tewaaliwo kintu kyali kisobola kukoma ku lusozi Katonda we yali.

73 Oluvannyuma Katonda n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli, nga Yesu Kristo, Omwana We, ekitonde Kye. Kale Omwana oyo n'awaayo obulamu Bwe, awo akatofaali k'Omusaayi gwa Katonda ne kaabika, Obulamu busobole okuva mu Musaayi, okujja gye tuli.

74 Okuyita mu Musaayi ogwo twalongoosebwa. Era kati omusaayi gwaffe, obulamu bwaffe, obwajja okubaawo okuyita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi, okwaleeta obulamu bwaffe mu nsi. Omusaayi gwa Yesu Kristo gutulongoosa, ne gukyusa obutonde bwaffe, nga guweereza Omwoyo Omutukuvu okutukkako; olwo ne tufuna enkula ya Katonda ey'obw'Obwakatonda, ne tusobola okuba ekifo kya Katonda mw'abeera. Yesu yagamba nti, "Ku lunaku luli mulitegeera nga Nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu Nze; Nange mu mmwe, nammwe mu Nze." Mukiraba?

75 Mutegeere engeri Katonda gy'ali mu Kkanisa Ye. Ekkanisa kaakano erina okuba nga etwala ekifo kya Kristo, nga egenda mu maaso n'obuweereza Bwe. "Oyo akkiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola. Esigadde akaseera katono, ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba, kubanga nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Mukiraba? Kiikyo awo, okugenda mu maaso n'okukola emirimu Gye.

76 Kaakati, Katonda, manya Bayibuli egambye wano, bw'etyo. Suteefano yayogera ku kya Sulemaani okuzimba yeekaalu nti, "Naye Katonda Ali waggulu ennyo tatuula mu nnyumba zaakolebwa na mikono. 'Kubanga Eggulu ye Ntebe Yange, n'ensi

ye ntebe y'ebigere Byange. Kale kifo ki mwe ndiwummulira?' 'Naye wanteekerateekera Omubiri.'" Amiina. Kiikyo.

77 "Wanteekerateekera Omubiri." Katonda atuula mu kigera ky'omuntu, nga yeeyoleka Mwene mu Muntu oyo. Okusinza Okutuukiridde! Katonda mu ffe, nga ffe Yeekaalu Ye, Katonda nga yeeyoleka. O, ekyo nga tusobola okukirwako okutuusa kyenkana lwe mwandituuse n'okuziyirira muno, olw'ebbugumu. Mwetegereze, nti, Katonda okuva edda n'edda lyonna, buli mulundi, abaddenga yeeyolekera mu muntu.

78 Oyo yali Katonda mu Musa. Mwetegereze, yazaalibwa kuba mukulembeze; Kristo. Mu kiseera kye yazaalibwamu waaliwo okuyigganya abaana, nga bagezaako okumunoonya; kye kimu bwe kyali ne ku Kristo. Era ya—yatolosebwa mu kiseera ekyo; ne Kristo bw'atyo. Yali muteesi w'amateeka; ne Kristo kye yali. Musa yayambuka, n'amalayo ennaku amakumi ana, n'afuna amateeka, oluvannyuma n'akka. Ne Kristo yagenda mu ddungu, n'amalayo ennaku amakumi ana, oluvannyuma n'akomawo, n'agamba nti, "Mwawulira ab'edda bwe baagambibwa nti, 'Toyendanga.' Wabula, mbagamba nti, buli atunuulira omukazi, okumwegomba, nga amaze okwenda naye." Mukiraba? N'ebintu ebirala bino byonna eby'enjawulo, ebyo, Katonda mwe yeeyolekera.

79 Laba Yusufu, yazaalibwa muvubuka wa mwoyo mu—mu kibinja kya baganda be. Bali bonna baali basajja balungi, bonna abakadde. Naye, Yusufu bwe yajja, ye yali wa njawulo. Yali asobola okulaba okwolesebwa, n'okuvvuunula ebirooto, era baganda be baamukyawa lw'ekyo. Omulimu ogwo gwennyini Katonda gwe yali amutereedde ku nsi okukola, gwe gwamukyayisa baganda be. Mukiraba? Era byonna byali bisonga ku musaalaba. Kati, labayo, kyenkana baamutunda ebitundu bya feeza asatu, baganda be. N'asuulibwa mu kinnya, afiire omwo, nga baganda be be bamusuulamu. N'aggyibwaayo mu kinnya ekyo, n'agenda n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo. Nga tewali muntu yenna asobola kugenda eri Falaawo, eyali afuga ensi yonna mu biseera ebyo, tewaaliwo muntu yenna yali asobola kugenda eri Falaawo, okuggyako nga ayise mu Yusuufu. Tewali muntu yenna asobola kugenda eri Katonda, okuggyako nga ayise mu Kristo. Era Yusufu buli lwe yavanga mu lubiri, bwe yabanga tannavaawo, waliwo ekkondeere eryafuuyibwanga, n'ababaka abamukulemberamu, nga bwe baleekaana nti, "Muvunname! Yusufu ajja!" Ka wabe wa yonna gye wabanga, oba kye wabanga okola, oba nga omulimu gwo mukulu kwenkana wa; wabanga olina okuvunnama ku maviivi go okutuusa nga Yusuufu atuuseewo.

80 Era Ekkondeere bwe lirifuuyibwa, olumu ku nnaku zino, buli vviivi lirivunnama na buli lulimi lulyatula. Kristo, oyo Yusufu waffe, bw'aliva mu Kitiibwa n'ajja, omulimu gwo

teguliba na mugaso mu kaseera ako. Buli vviivi lirivunnama, ne bamwatula okuba Omwana wa Katonda. Ekyo bwe kiri.

81 O, nga tumulaba mu Dawudi! Engeri Dawudi, kabaka eyagaanibwa, eyamaamulwa ku nnamulondo ye, nga bagandabe be bakikola, mutabani we yennyini, n'atuula ku Lusozi lw'Emizeyituuni, era bwe yali ayambuka, ku ntikko y'Olusozi lw'Emizeyituuni, n'akyuka n'atunuulira Yerusaalemi n'akaaba; kubanga mu kaseera ako abantu be bennyini, be yali aweerezza nga abayigirizza Katonda, abantu be abo bennyini be baamumaamulako ne bamukasuukirira ebintu, ne bamuwandulira amalusu, ne bamujolonga, awo we yayambukira ku lusozi nga agaaniddwa. O, nga kifaananira ddala n'ekyatuuka ku Mwana wa Katonda, oluvannyuma lw'emyaka lunaana; bwe yali Kabaka agaaniddwa, mu bantu Be bennyini, n'atuula ku lusozi n'akaabira Yerusaalemi, nga Kabaka agaaniddwa.

82 Kyali kiki? Yali Katonda nga yeeyoleka Mwene mu bannabbi abo, nga ayoleka Kristo.

83 Oluvannyuma ne wajja Oyo eyali okutuukirira kwa Katonda. Yali Katonda mu makkati gaffe.

84 Era okuva mu kiseera ekyo, abaddenga yeeyoleka mu Kkanisa Ye, ku luuyi luno olwa Kalivaaliyo. Kale, mukiraba, fenna tugezaako kutuuka mu kifo kino eky'okubeeramu, Yeekaalu ya Katonda omulamu. Kati waliwo abantu abamu . . .

85 Bwe twetegereza wano, yagambye nti, "Ekisooka tulina okuba n'okukkiriza, obulungi, okutegeera, okwefuga, okugumiikiriza, okweyisa obulungi manya okutya Katonda, n'okwagala ab'oluganda." Kale. Okwagala ab'oluganda, ogatteko n'okwagala. Kino leka nziremu nkisome, kyonna, nate, musobole okukifuna obulungi. Kati tugenda kutandikira ku lunyiriri olw'o ku 5.

> *Naye* nga oggyeeko *ekyo kyennyini, bwe muleeta ku lwammwe okufuba kwonna, ku kukkiriza kwammwe mwongerengako obulungi; ku bulungi bwammwe, okutegeera;*
>
> *Ne ku kutegeera kwammwe, okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe okutya Katonda;*
>
> *Ne ku kutya Katonda kwammwe okwagala ab'oluganda; ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe, okwagala,* nga okwo kwe kwagala.
>
> *. . . bwe muba n'ebyo ne biba bingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo.*

86 Kati, wano Peetero alina ky'atuwa mu bufunze, engeri gye tulina okutuukayo.

87 Kati njagala okwogera kino, nti, waliwo abantu abamu abalina ekitundu ky'obulungi buno, okutegeera, amagezi, okugumiikiriza, n'ebirala, abatalina na kakwate ku Bukristaayo. Kati tu. . . tuli mu kuyigiriza ssomo ekkulu erya Ssande. Era ekyo bwe kiri. Waliwo abantu abamu abalina ekitundu ku bino, nga n'eky'okuba Abakristaayo tebakyeyita. Naye ekyo teki. . . Ekyo tekijja kukikola. Kiba nga ekinyonyi ekiddugavu bwe kiyinza okugezaako okwepatiikako ebyoya bya muzinge mu biwawaatiro byakyo, mbu kifuuke muzinge. Kiba kyeswaza bweswaza. Kisingako ne kisigala nga ekinyonyi ekiddugavu. Mukiraba? Bw'agezaako okuteeka ebintu bino mu nkola nga si Mukristaayo, aba ali mu kifo w'atalina kuba.

88 Kiringa omuti omusikamooli bwe guyinza okugezaako okukola ebibala bya apo. Tegusobola kukikola, mukiraba, newankubadde nga nagwo muti. Naye tegusobola kukola bibala bya apo.

89 Kiringa ennyumbu bw'eyinza okwagala okugezaako okukola ebyoya by'endiga, nayo egezeeko okuba endiga nga ate yo byoya, manya, yo nnyumbu. Okiraba, tesobola kukola byoya. Tesobola kukikola. Ebyoya kirabo ekyaweebwa endiga, so si nnyumbu. Eyinza okugezaako okweyisa nga endiga, naye esigala nnyumbu. Okiraba? N'olw'ekyo, eyinza okugamba nti, "Kale nno, nsobola okulya nga endiga bw'erya. Nsobola okukikola *kino* nga endiga." Naye ka kibe kiki kyonna ky'osobola okukola, oteekwa kuba ndiga okusobola okuba n'ebyoya.

90 Kati ate leka nsooke nnyimiriremukko wano. Endiga ebyoya tebikola bukozi. Ebyoya ebirina kubanga ndiga. Abantu bangi bagezaako okugamba mbu, "Kale, nja kwefubako nange mbeere mulungi. Nja kugezaako nkole *kino*." Tobaako na by'okaniikirira. Nedda, tosobola kukikola. Endiga tesooka, tebasooka kugisaba, tesuubirwa kukola byoya. Ebyoya bigimerako bumezi, era ekyo ekikola lwa kuba ndiga.

91 Naawe bw'oba Omukristaayo, obala bubazi ebibala by'Omwoyo. To—tobyekolera bwekolezi nga ggwe. Togezaako kubikaniikirira. Nga ogezaako. . . Tewefuula ky'otali. Ggwe beera bubeezi ekyo ky'oteekwa okuba, ebisigadde obireke byerabirire. Muwuliddeko abantu nga bagamba nti, "Nkubuulire, nno. Ndi. . . Nneegasse ku kkanisa. Nni—nnina kati okulekera awo okulimba kuno"? Awo obeera okyali mu kugezaako kubaako na ky'okaniikirira, kati. Tosobola kukikola, n'olw'ekyo tekikwetaagisa na kugezaako kukikola, nga ne—nga n'e—ennyumbu bw'etasobola kwereetera kukola byoya ku bwayo. Tesobola kukikola.

92 Oba, ensega okugezaako okulya n'ejjiba, ensega okugezaako—ensega okugezaako okuba ejjiba. Osobola okukubamu akafaananyi nga ensega eri eyo egamba nti, "Mumanyi, nze ndi jjiba," n'ebaako ebyoya ebitonotono bye

yeepaatikako, n'egamba nti, "Mundaba, nfaanana nga . . ." Mukiraba? Yonna ejja kuba kintuntu ekiri awo ekitategeerekeka. Kati nno oyo ye—ye muntu eyeeyita ky'atali. Mukiraba, tosobola kukikola.

93 Tosobola kugamba nti, "Kati labayo, kinkakatako okuba n'obulungi, n'olw'ekyo ka mbeere n'obulungi. Kinkakatako okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda, n'olw'ekyo ŋŋenda kubutambuliramu." Awo, obeera ogezaako kwepatiikako byoya. Newankubadde osobola okubifuna, naye tosobola kuteeka byoya ku kinyonyi kwe bitaatonderwa. Mukiraba? Kiba tekijja kukola. Wabula kiraga bulazi ekinyonyi ekyo bwe kiri ekinnanfuusi. Mukiraba? Osobola okukubamu akafaananyi ensega enkadde nga egezaako okwepaatikako ebyoya by'ejjiba, nga bw'egamba nti, "Mulabeeyo, mundaba, ndi jjiba"? Mukiraba? Naye, ate nga fenna tukimanyi nti nsega. Mukiraba? Mukiraba? Ky'ekyo. Tugirabirawo nti nsega.

94 Kati nno, bwe kityo bwe kiba, bw'ogezaako okwagala o—okukaniikirira Obukristaayo. Tosobola kukikola. Ekisooka ky'olina okukola, kwe kuzaalibwa ogw'okubiri. Olina okukyusibwa. Okiraba? Era bw'okyusibwa, ofuuka kitonde kiggya. Kati awo obeera otandise okutereera, kati. Mukiraba? Kati ebyoya tekikwetaagisa kubyeraliikirira, bijja kwerabirira, kasita o—onaazaalibwa ogw'okubiri. Yee, ssebo.

95 Nga bulijjo bwe ntera okugamba. Ssinga oddira e—embizzi, n'ogikuuta bulungi nnyo n'ogyambaza essuuti ey'omulembe ey'ekika kya tuxsailor, oba essuuti ey'ekika kya tuxedo, manya, n'ogigyambaza, oluvannyuma n'ogita yeetaaye; ejja kugenda butereevu mu kitaba ky'ebitoomi yeevulunge. Kubanga, labayo, ekyo tekirina kye kigikyusaako yadde. Yo mbizzi. Obwo bwe butonde bwayo. Okwevulunga bwe butonde bwayo. Olina kukyusa butonde bwayo, olwo (yo) ebisigadde bijja kwerabirira.

96 Kati, labayo. Oteekwa okuzaalibwa ogw'okubiri, kitegeeza, n'okyusibwa. Wateekwa okubaawo okukyusibwa.

97 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nze nninayo omukazi gwe mmanyi wano, naye, talina kikyamu kyonna kye yali akoze. Mukazi mulungi. Oba, omusajja *gundi*, musajja mulungi ddala. Takolangako kintu kyonna. Omanyi talumya muntu yenna." Ekyo tekirina kye kitegeeza yadde. Yandiba muliraanwa omulungi, naye taba Mukristaayo okutuusa nga azaaliddwa ogw'okubiri.

98 Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri," enjiri y'Omutukuvu Yokaana 3, nti, "tasobola na kulaba Bwakabaka." Kati, ekyo kitegeeza, *okulaba,* kitegeeza "kutegeera."

99 Oyinza okubaako ne ky'otunuulira, naye ate n'ogamba nti, "Ssikiraba." Awo ky'obeera otegeeza kiri nti tokitegeera.

100 Omuntu tasobola kutegeera lwaki abantu baleekaana. Omuntu tasobola kutegeera lwaki olulimi lw'omuntu lukyuka n'ayogera mu nnimi. Omuntu ow'omubiri tasobola kulaba ngeri ki ekitiibwa kya Katonda gye kisobola kukka ku maaso ga muntu, n'asobola okulaba okwolesebwa n'abaako by'ategeeza abantu, na kiki eky'okukola; n'abagamba ebintu ebinaatera okubaawo, n'ayogera n'ebintu eby'okubaawo nga ebyo Mukama bye yatukoledde, ekiro kya jjo. Mukiraba? Mukiraba? E— endowooza ey'obuntu egezaako okukifumiitiriza ekitegeere. "Kati, oba akikoze atya? Oba, akozesezza kakolomooni kika ki? Akozeza bufuusa kika ki?" Bwe balaba omuntu ayogera mu nnimi, bayinza okugamba . . . nga omulala bw'avvuunula n'abaako mmemba omu ow'omu Mubiri gw'agamba ebyo byennyini bye yakoze, ne ky'atateekwa kukola. Mukiraba? Mukiraba? Bo balowooza kaba kakolomooni. "Waliwo engeri y'akakodyo gye bawuliziganyaamu."

101 Tebasobola kukitegeera okutuusa nga omuntu oyo azaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Era bw'amala okuzaalibwa ogw'okubiri, aba ayingidde mu kussa ekimu, kubanga aba kitonde kiggya. Enneeyisa eri enkadde ey'okwekengerakengera, n'okubuusabuusa, eba efudde. Nga kati, afuuse kitonde kiggya. Kati, okiraba, teyetaaga kubaako kintu kyonna kye yeegattako, kati, kubanga bijja kumugattibwako byokka.

102 Weetegereze, oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Ate bw'ozaalibwa ogw'okubiri, tosobola kuzaalibwa gwa kubiri nga tolina kukkiriza. Bwe kiri. N'olw'ekyo, olaba, ku kipande kyange wano, nninawo omusingi gwaakyo, okukkiriza gwe musingi gwaakyo kyonna. "Kubanga awatali kukkiriza tekiyinzika okusanyusa Katonda. Oyo yenna ajja eri Katonda ateekwa okukkiriza nti waali, era ye Mugabi w'empeera eri abo abanyiikira okumunoonya." Mukiraba? Ateekwa. Era bw'obeera nga Bayibuli ogibuusabuusa, nga Ekigambo okibuusabuusa oba nga ddala kituufu, kisingako n'ogira nga osigadde emabega okutuusa lw'onaakikkiriza.

103 Ekibi kye kiki? Butakkiriza. Waliwo ebintu bibiri byokka ebifuga omuntu. Kuba kubuusabuusa oba kukkiriza, ekimu ku byo. Ekimu ku ebyo ekisinga okuba n'enkizo mu bulamu bwo kye kikufuga. Kisinziira ku kukkiriza kwenkana wa kw'olina, era osobola kutumbiira kwenkana wa.

104 Naye, ekisooka, kulina kuba kukkiriza. Omusingi ogwo leka ngumaleko akaseera akawera. Kati, okukkiriza ky'ekyo ky'oteekwa okukkiriza. Okukkiriza kye kiki . . . "Okukkiriza kye kinyweza ebisuubirwa." Kibeera nti, obeera okirina kasita obeera n'okukkiriza, kubanga kibeera kibikkuliddwa mu kukkiriza. "Okukkiriza kye kinyweza ebisuubirwa," Abaebbulaniya 11, okiraba, "obukakafu." Kye kiki? Bukakafu kika ki? Obukakafu obutukuvu.

105 N'olw'ekyo, bw'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, nzikiriza nti Katonda Muwonya." Kati, ekyo bw'okikkiriza, era n'omusembeza nga Omuwonya wo, nga tolimba, wabula nga okkiririza ddala nti olw'emiggo Gye wawonyezebwa, nkukakasa tewali kintu kyonna kigenda kukuwugula kukikuggyako. Kiba kiwedde. Kati osobola okubeera obubeezi n'essuubi, nga weebalama bwebalami *kino* ne weebalama ne *kiri*. Naye bw'oba n'okukkiriza, okitegeera, kubanga bwe bukakafu. Obeera omaze okukifuna. Mbadde. . .

106 Bameka, waliwo omuntu yenna, awulirizza Oral Roberts enkya ya leero, bw'abadde abuulira enkya ya leero, Oral Roberts? Nni—nnina kye nnawulidde ayogera oba ekyekuusa ku ky'okuba nti waliwo okukkiriza, okw'okusumululwa, okusaba essaala ey'okukkiriza, okufuna okusumululwa. Yagambye nti, "Baako ne kyokwatako nga ku leediyo, baako n'ekintu ky'okwatako, okusobola. . . " Ekyo omusajja yabadde akikola, kisobole okuwa abantu ekintu kye basobola okukwatako n'engalo zaabwe. Ekintu, ky'osobola okugamba nti, "Kati nkirina, kubanga aŋŋambye nkwate ku leediyo yange. Nkifunye." Mukiraba? Kati, ekyo si kibi. Naye, kati, okukkiriza kwennyini okwa nnamaddala tekwetaaga kubaako n'ekimu ku ebyo kye kukwatako. Kati, ssigezaako kuvumirira Ow'oluganda Oral, nedda. Omulimu gw'akola gwa ttendo, era musajja atya Katonda, era a—amazima Oral Roberts mmulowoozaako nnyo ddala. Kya nnaku okuba nti tetulina bawerako bali nga ye.

107 Naye kye ngezaako okugamba, kiri—kiri nti, okukkiriza tekwetaaga kintu kyonna. Mukiraba? Okukkiriza kukkiriza Kigambo kya Katonda. Kubanga okukkiriza kujja na "kukwatako"? Nedda. "Okukkiriza kujja na kuwulira, era okuwulira Ekigambo kya Katonda." Kye kikunyweza. Weekuli. Mukiraba? Era okukkiriza, nga bwe kyagambye, tekumanyi buwanvu bwa lugendo. Okukkiriza weekuli mu kaseera kano kennyini. Okukkiriza weekuli wano. Kati kiringa ssinga wabaawo omuntu. . .

108 Omwana oli omuwere, luli. Maama oli Mwannyinaffe Kidd n'abalala gwe baayogerako eyalina akaana akawere nga ebyenda byako biri bweru, nga tekalina na kituli ku kyenda ekisembayo, kusobola kufulumizaamu mmere. Kaakati, omukyala ono, bwe yawulira Mwannyinaffe Kidd n'abalala nga bawa obujulizi, yakkiriza nti ssinga ansisinkana, ne nsabira omwana oyo. Kati, mulaba, Katonda atuwa abantu. . .

109 Abamu ku ffe tufuna obumanyirivu obutali bumu ne Katonda, obwannamaddala e—ennyo ddala okutuusa nti Katonda atuuka n'aba nga bw'onoogenda wano, bw'oti, n'oyogera n'Ow'oluganda Neville oba omuntu omulala bwe mumanyiganye. Era emirundi egimu tusaba abantu abo okutusabira. Ekyo kye tuteekwa okukola. Kati bwe tuba n'okukkiriza nti omusajja oyo oba omukazi oyo, yenna aba

ali mu kutusabira, nti ayogera ne Katonda, awo okukkiriza kwaffe kuba kukwatiddwa mavumbavumba. Kuba kusimbye amakanda. Kiba kiwedde.

110 Wano. Omuluumi yafuluma okusisinkana Yesu. N'agamba nti, "Si—ssisaanira Ggwe okujja mu nnyumba yange. Ssisaanira. Si—ssisaanira. Era saa—saa. . . Se—sseetwala nga asaanidde. Wabula," n'agamba nti, "mutabani wange mulwadde muyi. Kale Ggwe yogera bwogezi Kigambo, okiraba, ne mutabani wange anaaba mulamu."

111 Kyali kiki ekyo? Obuwanvu bw'olugendo bw'ali tebulina kye butegeeza. Mukiraba? Kubanga, Katonda ali buli wamu. Katonda ayinza byonna. Era buli wonna Katonda w'aba, n'amaanyi agayinza byonna gabaawo. Era Katonda, bw'ali nti ali buli wamu, ekyo Katonda kimuleetera okuba nti abeera buli wamu, wonna wonna. Mukiraba? Katonda munene ddala mu Bugirimaani, nga ne mu Switzerland, n'emmanga mu Afirika, mu ddakiika eno yennyini, nga bw'Ali wano wennyini. O! Kiikyo.

112 Kale kati n'agamba nti, "Ssisaanidde Ggwe oyingire mu nnyumba yange. Yogera bwogezi Kigambo." Ekyo kyali kiki? Kwali kukkiriza kwa Muluumi oyo. Yakikkiriza.

Era Yesu n'agamba nti, "Genda makubo go. Mutabani wo mulamu."

113 N'atambula olugendo, lwa nnaku bbiri. Olunaku olwaddako, aba tannatuuka waka, n'asisinkana abamu ku baddu be nga bajja. Ne bamugamba nti, "Mutabani wo mulamu."

114 Omuluumi yasanyuka nnyo, n'atuuka n'okubuuza nti, "Zaabadde ssaawa mmeka we yatandikidde okudda engulu? Bwabadde budde ki?"

Oli n'agamba nti, "Awo nga ku ssaawa ey'ekkumi n'emu, we yatandikidde okussuuka."

115 Omuluumi n'akitegeera nti mu ssaawa eyo yennyini Yesu we yayogeredde nti, "Mutabani wo mulamu," era yali akkirizza. Amiina.

116 Ayinza byonna, abeera wonna, amanyi byonna, ataliiko kkomo, ye Katonda. N'olw'ekyo, bwe bakuba essimu ne bagamba nti, "Saba!" Okwo kuba kuteekawo nkwatagana! Era okukkiriza kwo kuleeta Katonda. Ekyo kye kintu ekigatta essaala ne Katonda, awamu, okusobola okukola. Kusaba! Okukkiriza kukyusa okuva *wano* okudda *wali*. Kubigatta wamu.

117 "Yogera Kigambo. Kyokka kye nkwetaaza kwe kwogera Ekigambo, olwo buli kimu kinaatereera." Mukiraba, kyali tekimwetaagisa kubaayo. "Yogera bwogezi Kigambo." Lwaki? Katonda abeera wonna. Alina amaanyi gonna. Wa maanyi wansi w'ensi nga bw'Ali ow'amaanyi ku ntikko y'ensi, oba ku

njuuyi zaayo zombi. Ye Katonda. "Era kyokka ky'Olina okukola kwogera bwogezi Kigambo," bw'atyo bwe yagamba.

118 Kati, awo, okukkiriza ne kukola ebisigadde. Okukkiriza kwe kukola ebisigadde. N'olw'ekyo oteekwa okuba n'okukkiriza nga omusingi. Obulamu bw'Obukristaayo bwonna, kyonna ky'oli, na buli kimu ky'olibeera, kyesigamiziddwa ku kukkiriza mu Kigambo. Eyo ye nsonga lwaki nzikiriza Ekigambo. Mukiraba?

119 Ssisobola kuteeka kukkiriza kwange mu kintu kirala kyonna. Ssinga nnali wa kukuteeka mu kkanisa, nnandikutadde mu kkanisa ki: y'Abakatuliki, y'Abaluzalaani, y'Abamesodisoti, y'Ababaputisiti, y'Abapentekoote? Nnandikutadde mu eruwa? Ssimanyi. Zonna zikyukakyuka na buli kimu, ne zibaako n'ennyiriri ze zinyoola, n'ebirala.

120 Naye bwe nteeka okukkiriza kwange mu Kigambo Kye, kusuula ennanga. Tewabaawo muntu yenna akivvuunula. Kiikino kiri, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Awo nga nzikiriza Ekyo. Ogwo gwe musingi awasinziirwa.

121 Waliwo omusawo omulungi emmanga wano mu kibuga, mukwano gwange, Dokita Sam Adair. Tukuze ffenna. Mwenna Sam mumumanyi. Kati yayogera nange, n'aŋŋamba nti, "Bill. . ." Okwolesebwa kuli nga kumaze okujja, bwe nnamugamba we yali agenda okuzimba ekifo kye, ne bwe kyali kigenda okufaanana. Kati osobola okugendayo, n'omubuuza oba nga si bituufu. Emyaka nga ebiri oba esatu nga tekinnabaawo, nnamugamba gye kyalina okubeera. Nnagamba nti, "Kyenkana ojja kutwala ekitundu ekyo kyonna eky'ekibuga." Era waliwo ekintu kimu kyokka ekiri wakati we nakyo, nga ekyo kye kifo awabudaabudirwa abantu. Ekitundu ekisigadde kyonna kya Dokita Adair, n'atunda eddagala. Be bokka. Dokita Adair yatwalawo wonna wonna ddala, nga okwolesebwa okwo bwe kwali. Awo, mu kifo ekyo kye yagamba nti, "Kibadde tekisobola kukwatibwako muntu yenna okumala emyaka abiri mu etaano. Nga kiri mu mbuga za mateeka."

122 Ne ŋŋamba nti, "Dokita, Mukama akikuwadde, olw'obwetowaze bwo."

N'agamba nti, "Ssiriimu kalungi konna."

123 Ne mmugamba nti, "Oli nfudu. Olina ekiwaawo ku ngulu, ekigumu mikwano gyo kye balaba wano ku ngulu, naye munda oli musajja mulungi ddala. Ekiwaawo ekyo kiveemu." Ne ŋŋamba nti, "Katonda ekifo akikuwadde."

124 N'agamba nti, "Billy, ssikubuusabuusangako, naye ekyo kyo nja kukibuusabuusa."

Ne mmugamba nti, "Genda mu woofiisi yo." Kwe kufuluma n'agenda.

125 Enkeera ku makya, n'antumya, n'agamba nti, "Obunnyogovu bunzita."

126 Kwe kumubuuza nti, "Mutawaana ki?" Twali nga mu mwezi gwa Jjulaayi. Kwe kumubuuza nti, "Mutawaana ki, Dokita?"

127 N'agamba nti, "Ekifo nnamaze dda okukigula, Billy. Baabadde n'olukiiko ekiro kya jjo mu Boston, era ekifo nnakiguliddewo ku makya ga leero."

Ne ŋŋamba nti, "Nnakugambye."

128 Luli nnaliyo emmanga eri, nga njogera naye, emmundu lwe yambwatukira mu maaso. Ye kwe kugamba nti, "Ekyo nkubamu akafaananyi nga nkigambye abantu lukumi abajja wano, bwentyo." Kiki? Kati, Katonda bw'abaako ekintu kyonna ky'ayogera, kiteekwa okutuukirira.

129 Akawungezi k'eggulo abamu ku mikwano gyange bazze ne bankyalira. Baawulira ku kwolesebwa okwo okw'ensama ey'amayembe ag'amatabi eyalina ejjembe nga liweza yinci ana mu bbiri, n'eddubu ery'omugongo ogwa kivuuvuvu. Ssimanyi muwendo gw'abantu abajja eka, nga baagala okukirabako ekyo. Nnabagamba bugambi nti, "Olukoba olupima luuluno. Genda opime ejjembe." Yakiwulira nga kyogerwa bwe kyali tekinnabaawo. Mukiraba? Lwaki? Kubanga Katonda bw'ayogera ekintu kyonna, kiteekwa okutuukirira. Eyo ye nsonga, kwe kyesigamizibwa.

130 Kaakati, *yiino* wano enteekateeka y'obulokozi. Kati okwolesebwa Kwe bwe kuba kwatuukirira ddala, mu ngeri yennyini gye bagamba gye bakola, nga n'ekkanisa eno wano ekimanyi nti bwe kiri, olwo ate Ekigambo Kye? Mukiraba? Ekyo ate kikakafu nnyo n'okusinga okwolesebwa. Okwolesebwa bwe kuba nga tekwayogera kusinziira ku Kigambo, olwo okwolesebwa okwo kuba kukyamu. Naye Ekigambo, kye kirina okusooka, kubanga Ekigambo ye Katonda. Okiraba? N'olw'ekyo, Ali buli wamu. Ekyo yakyogerera wano, ate n'akituukiririza mu Canada. Amiina. Mukiraba, Ali buli wamu. Kale.

131 Ekisookera ddala, oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Era bw'omala okuzaalibwa omulundi ogwokubiri, olwo n'oba n'okukkiriza; nga okkiriza Ekigambo. Bw'onooba tonnazaalibwa mulundi gwa kubiri, Ekyo ojja kukiwakanya buwakanya. Bw'obaamu obubeezi olunnaddiini, nga—nga olinamukko a—a—akategeera ak'obuntu akatono akakugamba nti osaanye okukola ekituufu, tolisobola kukkiriziganya na Kigambo kya Katonda. Tolikikola. Oteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Era, okuzaalibwa ogw'okubiri, kuleeta okukkiriza. Kale. Kati, bw'omala okufuna okukkiriza, kuno *wano,* o-k-u-k-k-i-r-i-z-a, okukkiriza, kati awo obeera mu mbeera w'osobolera okukula.

132 Kaakati, abantu bangi bagenda ku wolutaali, ne basaba, ne bagamba nti, "Mukama, nsonyiwa." Obumanyirivu obw'ekitalo obw'okutukuzibwa ne bubabaako, n'ebintu ebirala. Olwo

n'ofuna akaseera akanyuvu, n'osituka ku kyoto nga oleekaana. N'oddayo, nga ogamba nti, "Mukama aweebwe omukisa, nkifunye." Nedda, awo obeera oyolekedde bw'olekezi gy'ogenda okukulira. Obeera tolina kye waakoze. Mukiraba? Ky'oba waakoze kyokka kwe kuteekawo buteesi musingi.

133 Kati ogenda kuzimba nnyumba, naye n'oteekawo omusingi, n'ogamba nti, "Baaba, ngimaze." Mukiraba? Omusingi kw'obeera ogenda okuzimba ennyumba obeera ogumaze. Naye kati olina okuzimba ennyumba.

134 Kati awo ekintu kino we kiyingiriramu, enkya ya leero, kye tugenda okwogerako. Kale. Ennyumba, omusingi guno gwe gusooka. Omusingi gw'Obukristaayo kye kiki? Kwe kukkiriza mu Kigambo kya Katonda. Ogwo gwe musingi gwo. Kati awo n'otandika okukula. Era bw'otandika, otandika okugenda nga oyongera ku musingi guno.

135 Kaakati, bw'oba ozimba ennyumba, oteekamu empagi n'ebintu ebirala. Ow'oluganda Wood, n'abamu ku babazzi bano n'abazimbi abali wano basobola okutubuulira engeri gy'oyinza okuzimbamu ennyumba yo. Mukiraba? Naye nze ŋŋenda kubabuulira engeri gy'oyinza okuzimbamu ennyumba yo ey'omwoyo, Katonda mw'asobola okubeera. Ayagala kubeera mu ggwe. Ayagala akukyuse ofaanane nga Ye. Ayagala olabisibwe, manya, olabise, Enkula Ye.

136 Omanyi, mu biseera biri eby'edda bwe baalongoosanga zzaabu, bwe baali tebannafuna kyuma kimusaanuusa, baateranga okukuba zaabu oyo, ne bamuggyamu olutositosi, ekyuma n'ekikomo n'ebiringa ebyo, byonna ne bivaako, ne beeyongera okukuba, ne bamukyusa erudda, nga bwe bakuba. Abayindi ekyo bakyakikola ne leero, eky'okukuba zaabu, era bamukuba. Mumanyi engeri gye baategeerangamu nti ebyumayuma byonna biweddemu, ne kacica yenna n'ebintu ebyo bwe bityo, n'ebisejja byonna nti biweddemu? Oyo eyabanga akuba yamalanga kulaba kifaananyi kye, mu zzaabu oyo, nga bwe weeraba mu ndabirwamu. Yatukulanga era n'atangaala bulungi nnyo ddala okutuusa nti eyabanga amukuba yali asobola okulaba ekifaananyi kye.

137 Kati Katonda bw'atyo bw'akola. Akwata zzaabu oyo gw'Aba aggye mu nsi, n'Amukuba, n'Omwoyo Omutukuvu, nga bw'amukyusa erudda eno, n'erudda eno, n'erudda eri, nga eno bw'akuba okutuusa (Ye lwafuna) n'Aba nga asobola okulaba ekifaananyi Kye. [Ow'oluganda Branham yakuba mu ngalo emirundi egiwerako mu sentensi eno yonna—Omuk.]

138 Era tusaanye kukola ekyo, kwoleka Mwana wa Katonda. Era kati tusaanye okukola emirimu Gye. Yagamba nti, "Akkiriza Nze. . . " Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 14:7, "Akkiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola." Awo w'otandikira okukola emirimu gya Kristo.

139 Naye bangi ku ffe tugezaako okukola emirimu gya Kristo nga ekifaananyi kya Kristo tekinnalabisibwa mu ffe. Kati awo we wali omutawaana. Ebintu ebyo twesanga nga bibaawo. Mubimanyi. Nange mbimanyi. Tulaba ebintu bino, ebitwesittaza mu lugendo. Tusanga entuumu y'abaweereza abaafuuka sikulaapu, n'Abakristaayo, ku mabbali g'ekkubo, naye ekyabatuusa mu mbeera eyo lwa kuba tebaakitandika mu ngeri ntuufu.

140 Era eyo ye nsonga lwaki ndi wano enkya ya leero, nsobole okugezaako okuyigiriza ekkanisa eno entono, nange kennyini, engeri gye tusobola okufuuka ekifo Katonda omulamu mw'atuula. Bameka abaagala okubeera ekyo? Ekifo Katonda omulamu mw'atuula!

141 Kaakati kino kye tukola. Ekisooka kiki? Beera n'okukkiriza era ozaalibwe omulundi ogw'okubiri. Okwo kwe kuteekawo omusingi.

142 Kati, bwe tumala okuteekawo omusingi, eky'okubiri ku musingi gwo tandika okwongerako. "Ku kukkiriza kwammwe mwongerengako," Peetero bw'agambye wano. Mwongerenga ku. . . Okusooka obeera n'okukkiriza, olwo n'oyongerako obulungi ku kukkiriza kwo. Eno ye mpagi eddako. Okusooka, yiwa omusingi gwo, okukkiriza. Oluvannyuma, ku kukkiriza kwo, oyongereko obulungi.

143 Kati, awo abasinga obungi we watuggyamu. Yee, ssebo. Yee. "Ku kukkiriza kwo yongerako obulungi." Ekyo tekitegeeza kubeera mbeerera, kye mumanyi ekya bulijjo, nga omukazi oba omusajja, n'ebirala bwe bityo. Ebyo tebirina kakwate nakyo.

144 Bayibuli egamba, bwe tusoma wano mu Kitabo kya Lukka, we Kigamba nti, "Amaanyi ne gamuvaamu." Kituufu ekyo? Bwe tuba ab'okumufaanana, kitegeeza, tuteekwa okuba n'obulungi obw'amaanyi. Tuteekwa okuba nabwo, okusobola okumufaanana. Olwo lwe luyimba lwe nnasookera ddala okwagala, mu—mu nnyimba, olumu ku zisinga, lwe lwa, *Okufaanana Yesu*. Kale, bwe mba ow'okufaanana Yesu, nnina okuba n'obulungi obw'amaanyi, era nga busobola okunvaamu ne bugenda eri abantu abalala. Kubanga kigambye nti, "Amaanyi gaamuvaamu ne gagenda eri abantu." Amaanyi! Ate nga tegannakuvaamu, olina okusooka n'oba nago. Bw'oba togalina, tegasobola kukuvaamu. Gaba tegalina mwe gava.

145 Watya ssinga wabaawo ayagala okufuna amaanyi okuva mu ffe, naye agenda okutukwatako nga cceeke ekomezebwawo nti "omuwendo gwa ssente tegumala"? Mukiraba? Nedda, nedda, aw'okujja ssente tewali, cceeke egaaniddwa. Wabaawo akutunuulira nga akutwala nga Omukristaayo, ate enkeera agenda okulaba nga weejeeguula nga omwonoonyi, ekyo tewali maanyi g'osobola kukifunamu. Mukiraba? Bwe kiri.

146 Obulungi obw'amaanyi buteekwa okutubaamu. Era okutuusa nga tufunye obulungi obw'amaanyi . . . Kati bwe tufuna obulungi obwo bwennyini obw'amaanyi, awo tuba tusobola okubwongera ku kukkiriza kwaffe. Ekyo kye kisenge ky'omusingi ekiddako. Kati, okusooka oteekwa okuba n'okukkiriza. Okukkiriza kwokka tekujja kumala. Olina . . . Peetero agambye nti, "Kale ku kukkiriza kwammwe mwongerengako obulungi." Oteekwa okuba n'obulungi obw'amaanyi, okusobola okubwongera ku kukkiriza kwo.

147 Kaakati, kisoboka okuba, nti, ensonga lwaki tobirina, eri lwa kuba amakanisa mangi ag'ensangi zino gakuyigiriza nti tobyetaaga, oba nti ebiro byabyo byayita. "Tekibeetaagisa kubya nabyo. Olina kukola kimu kyokka kwegatta ku kkanisa. Weewaawo, ennaku z'ebyo zaayita."

148 Obulungi obw'amaanyi, buli muntu yenna amanyi ekigambo obulungi kye kitegeeza, mukiraba, era tuteekwa okuba nabwo. Bwe kiba nti amaanyi gaamuvaamu, ne gawonya omukazi eyali omulwadde, Asuubira amaanyi ge gamu mu Kkanisa Ye, kubanga Ye yali eky'okulabirako kyaffe. Era bw'Aba yalina obulungi obw'amaanyi ag'okuwa abantu, atusuubira naffe okuba n'obulungi obw'amaanyi bwe tuwa abantu. Era obulungi kye kiki? Obulungi ze mbavu, ge maanyi.

149 Abamu ku bo tebakkiririza na mu maanyi ga Katonda. Bagamba nti, "Ebyo—ebyo—ebyo byayita. Kyokka ky'olina okukola kuteeka buteesi linnya lyo mu kitabo, n'omansirwako otuzzi, oba bakuyiire amazzi, oba bakubatize, oba ebirala byonna. Era ekyo kyokka ky'olina okukola."

150 Naye Peetero agambye wano nti, "Mwongereeko obulungi." Kati, Peetero ayogera ku kuzimba Ennyumba ya Katonda, mukiraba, Yeekaalu ya Katonda, nga esimbiddwa mu kifo kimu. Era bw'omala okufuna obulungi, oteekwa okuba . . . Bw'omala okufuna okukkiriza, oteekwa okukugattako obulungi. Bwe kiri. Beera n'obulungi obw'amaanyi eri ensi yonna.

151 Nnabuulirako obubaka ndowooza emyaka nga abiri, egiyise, ku Rev. Mw. Ddanga. Ddanga, omusumba. Nnabuggya mu kitundu ekyo Yesu we yagambira nti, "Mutunuulire amalanga g'omu ttale, tegakola mirimu, so tegalanga lugoye. Naye mbagamba nti, ne Sulemaani mu kitiibwa kye kyonna teyayambalako nga erimu ku go."

152 Tunuulira eddanga. Liviira ddala wansi mu ttosi. Era buli ddakiika ey'olunaku liba lirina okuba nga lisika okuva mu ttaka. Okiraba? Era obulungi buno bwe lisika libukozesaaki? Libwolesa ku ngulu. Likola ekitunuulirwa ekirungi eri oyo gwe kiba kirabikidde obulungi. Lyeyanjuluza olw'okuggyibwamu omubisi, enjuki zisobole okujja zifune omugabo gwazo. Teryemulugunya. Liba ligufunye, nga gwa kugaba. Watya ssinga enjuki ejja; n'etesangawo mubisi gumala, nga temuli

mubisi? Enjuki eyo eba ejja kutakula omutwe gwayo nga bwe yeewuuunya muli nti, "Lino eddanga lya kikula ki?"

153 Ssinga wabaawo omuntu n'ajja, nga bambi agezaako okufuna obulokozi, naye n'atuukira mu kkanisa ekkiriza nti ebiseera by'ebyamagero byayita?

154 Kiba nga Jack Coe olumu bwe yagamba. Nga bw'oyinza okugenda mu wooteeri, nga balina olukalala olunene ddala olw'eby'okulya kw'olonda ky'oyagala; n'otandika okuluyisaamu amaaso, nga kuliko akanyama ak'embiriizi n'ebintu ebirala. N'ogamba nti, "Nja kulya akanyama ak'embiriizi."

"Omanyi, eyo yabadde ya jjo. Leero tetugirina."

155 Awo olupapula olwo oluliko eby'okulya ebyafumbiddwa nnyinza n'okulussa wansi ne nfuluma, okiraba, bwe kiri, kubanga, amazima baba tebalina kya kulya kyonna. Kale kiba kisingako n'ogenda mu woteeri endala awali eky'okulya.

156 Bwe kityo n'omuntu ow'omwoyo, ali mu kukula, yeetaaga ky'ayinza okulyako. Ekyo kye Kigambo kya Katonda. Nzikiriza buli Kigambo ekiri mu Kyo.

> Katonda ategese olujjuliro abatukuvu ba Katonda we baliisibwa,
> Ayita abalonde Be nti, "Mujje mulye."
> Agabula emmaanu Ye, Agabirira ebyetaago byaffe byonna,
> O, nga kirungi okulya ne Yesu bulijjo.

157 Bwe kiri. Yee, ssebo. Akirina. Ekkanisa ekirina Ekyo, Ekkanisa eya Katonda omulamu, eyo ezimbiddwa n'efuuka omuntu ono atuukiridde, okuyita mu kumanya Kristo. Kale nno, kaakati oteekwa okuba n'obulungi.

158 Kale ne ŋŋamba nti, ojja kuba okyali awo, wabeewo ayagala akawoowo. Terijja kuba kkodo. Akawoowo likalina. Naye nga terinnagaba kawoowo ako, lirina okuba nako. Nga terinnagaba mubisi, lirina okuba nagwo. Nga terinnayolesa bulungi, lirina okuba nabwo.

159 Naawe nga tonnabaako bulungi bw'ogaba, olina okuba nabwo okusooka. N'olwekyo, ku kukkiriza kwo, yongerako, obulungi. Amiina. Mukitegeera? Ekyo twandikiruddeko nnyo, naye obudde bwaffe bujja kutuddukako. Okwongera obulungi ku kukkiriza kwo. Kati, ekisooka kwe kukkiriza, ne kuddako obulungi.

160 Olwo, eky'okusatu, n'oyongerako okumanya. Okumanya, kati ekyo tekitegeeza magezi ag'ensi, kubanga ago busirusiru eri Katonda; wabula okumanya okusobola okulamula, kulamula (ki?) ekituufu ku kikyamu. Okiramula otya, kati, bw'oba n'okumanya okw'Ekiristaayo wamu n'obulungi bwo n'okukkiriza? Olamula oba nga ddala Ekigambo kituufu oba kikyamu. Era ssinga obeera osobola okuteeka ku bbali ebiyiiye

byo byonna, n'obutakkiriza bwo bwonna, na buli kimu kyonna ky'ogamba kye wali okoze, olwo obeera n'okutegeera okukkiriza nti Katonda tayinza kulimba. "Leka buli kigambo kya muntu kibeere obulimba, naye Ebyange gabeere amazima." Okiraba? Kati awo obeera ofuna okutegeera. Okwo kwe kumanya okusingirayo ddala. Tekikwetaagisa kuba na ddiguli nnya okuva mu ttendekero erimu, oba ekintu bwe kityo, okusobola okuba nakwo, kubanga embala zino zonna zikuweebwa Katonda, okusobola okuzongera ku musingi ogw'okukkiriza kwo, osobole okutuuka mu kigera ekijjudde, eky'omuntu wa Katonda yennyini omulamu. Yee, ssebo.

161 Yongerako, yongerako okutegeera, kubanga, kwe kutegeera okw'Ekigambo Kye. Oteekwa kukikkiriza mu ngeri eno. Okugeza, olina okukkiriza leero nti . . . era n'okisembeza, nti ebiseera by'eby'amagero tebinnayita. Okumanya nti ekyo Katonda kye yayogera, Katonda asobola okukituukiriza.

162 Ekyo Ibulayimu yakikkiriza. Ne bwe yali wa myaka kikumi, era teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza. Weetegereze engeri Ekigambo ekyo gye kyalabikamu nga eky'obusirusiru. Omusajja wuuno, wa myaka kikumi, anoonya kuzaala mwana mu maka ge, nga amuzaala mu mukazi ow'emyaka kyenda. Mukiraba? Nga emyaka gy'okuzaala kyenkana agisussizzaamu emyaka nga ataano, yali naye okuviira ddala nga akyali mu—muwala muto, oba ka tugambe emyaka egy'ekitiini. Kati wuuno wano, nga emisuwa gye egy'obulamu gyafa. N'enda ya Saala yafa. Nga ku ky'essuubi, tewakyaliwo ssuubi lyonna yadde. Naye, ate, mu mbeera eyo awataali ssuubi, yakkiririza mu ssuubi, kubanga yalina okutegeera nti Katonda yali asobolera ddala okukuuma buli kimu kye yasuubiza.

163 Kati, bw'omala n'okufuna mu ngeri eyo, kwongere ku kukkiriza kwo. Bw'ofuna obulungi obwa nnamaddala, bwongere ku kukkiriza kwo. W'otuuka nga osobola okutambula wano ku luguudo, n'otambulira mu bulamu obw'Ekikristaayo, ne weeyisa nga Omukristaayo, n'obeera Mukristaayo, ekyo kyongere ku kukkiriza kwo. Bw'obeera n'okutegeera . . .

164 Oyinza okugamba nti, "Naye, ssimanyi kati oba Ekyawandiikibwa *kino* ddala kituufu. Kati wano waliwo Ebikolwa by'Abatume 2:38, ssimanyi ngeri ya kukikwanaganyamu na Bikolwa by'Abatume 28:19. Ssimanyi." Kale. To—tokyongerako kintu kyonna, kubanga tonnaba kukifuna. Okiraba? Ogenda kukola ki? Kubanga, tonnafuna kutegeera Katonda kumala, okusobola okukitegeera, nti Bayibuli teyeekuba ndobo. Kiveeko. Tokyogerako na kukyogerako. Okiraba? Kiveeko.

165 Naye bw'otuuka n'oba nga osobola okukiraba nti Ebyawandiikibwa tebyekuba ndobo, nga osobola okukyogera; era nga osobola okukiraba, nti, okuyita mu kubikkulirwa kwa

Katonda, Ekigambo kyonna kyawandiikibwa mu byama, era nti okutegeera kwa Katonda kwokka kwe kusobola okukibikkula; kati bw'otuuka awo nga, nga buli Kigambo kya Katonda okikubira "amiina," ekyo nakyo nga okyongera ku kukkiriza kwo.

166 O, awo nno ogenda ofuukira ddala omuntu omulungi kati. Okiraba? Ogenda olinnyalinnya waggulu, olaba. Nga olinnya naki? N'okukkiriza, n'oyongerako obulungi, n'ozzaako okutegeera. Mulaba engeri gye kizimbamu omuntu ono? Mukiraba nti tewaliiwo nge—ngeri yonna ya kukyebalamamu. Eno ye ngeri ey'okufuukamu ekigera kya Kristo ekijjuvu. Yee, ssebo.

167 Okulamula, okulamula mu ngeri entuufu. Lamula oba kituufu oba kikyamu, okukkiriza Ekigambo kya Katonda. Lamula oba kituufu oba kikyamu, oba nga nsaanye kuweereza biyiiye oba kuweereza Katonda. Lamula oba kituufu oba kikyamu, nnina kuzaalibwa mulundi gwa kubiri oba nnina kwegatta bwegassi ku kkanisa. Kati awo obeera otandika. Lamula butuufu, omubuulizi bwagamba nti, "Ennaku z'ebyamagero zaggwaako dda." Bayibuli egamba nti, "Yesu Kristo abeera bumu jjo, ne leero, n'emirembe gyonna." Kati ogenda kukkirizaako kiriwa?

168 Bw'ogamba nti, "Nja kutwalako Katonda." Kati, ekyo tomala gakyogera bwogezi n'ogamba nti, "Kale, nki—nkikkiriza," nga okyogera okuva mu mutima gwo kyokka. Naye, wabaawo ekintu munda mu ggwe, okukkiriza kwo kwe kuba kukisindiikiriza. Ky'ekyo. Okukkiriza kwo kuba kugamba nti, "Nkimanyi nti Ye omu takyuka. Amiina. Mmulabyeeko nti y'omu. Ekyo tewaliiwo kintu kyonna kisobola kukinzigyako. Nkimanyi nti Ye wa nnamaddala." Amiina. Kati ekyo kyongere ku kukkiriza kwo. Kyongereze ku musingi. Kaakano nno olinnyalinnya, nga oyambukira ddala waggulu okutuuka ku Bwakabaka. Olinako kati w'otuuse. Kale.

169 Kati, ekiddako, omubuulizi ajja kukugamba, n'abantu bangi bakugambe mbu, "E . . . Ebintu bino by'osoma mu Bayibuli, byali bya mulembe mulala. Kati, leka nkubuulire ensonga lwaki. Kubanga, tetukyetaaga bintu ebyo leero. Tetukyabyetaaga. Okiraba? Tetulina. Tekitwetaagisa kukola bintu ebyo, Okusabira abalwadde ne bawonyezebwa. Tekitwetaagisa kwogera mu nnimi, mu kkanisa, o—okusobola okukuuma ekkanisa yaffe mu bugolokofu. Era ffe *bino* tetubikola."

170 Ekyo tujja kukituukako. Nninawo Ekyawandiikibwa kye nnawandiise wano ekikwata ku ekyo, tulaba, oba nga ddala tusaanye okukikola oba nedda, kati.

171 Naye wano agambye nti, "Ssimanyi. Ebyo tetukyalina kubikola leero. Ekintu kyokka kye ndowooza kye tulina okukola, tulina okuyiga engeri y'okwogeramu obulungi eri

abantu. Tulina okugenda eri omusawo akebera obwongo n'atukebera obwongo, okulaba oba nga ddala tusobola bulungi okweyogerako, oba nga ddala ekipimo ky'entegeera yaffe kiri waggulu ekimala okusobola okukikola, ne—n'ebintu ebirala nga ebyo. Kuba ndowooza . . . Ate ffe tusinga okuba n'ekibiina ky'abantu ekinene. Tuzimbe n'ekibiina kyaffe."

172 Tetuli mu kuzimba kibiina. Ssiri wano enkya ya leero kubaako kibiina kye nzimba. Kristo teyantuma kuzimba kibiina kyonna. Kristo yantuma kuzimba bantu ssekinnoomu batuuke mu kigera kya Yesu Kristo, basobole okuba ensibuko y'amaanyi era ekifo Omwoyo mw'atuula, okuyita mu Kigambo Kye. Okuyita mu Kigambo Kye, okiraba, okuzimba omuntu sekinnoomu okutuuka mu kifo ekyo. So si kuzimba kibiina kufuuka kibiina kya ddiini eky'amaanyi okusinga bwe kibadde, wabula kuzimba bantu ssekinnoomu okufuuka abaana ba Katonda ab'obulenzi n'abobuwala. Ekyo kye kigendererwa. Okiraba? Ku kukkiriza kwo yongerako, obulungi; ku bulungi bwo, oyongereko okutegeera. Kati, awo obeera olina w'olaga.

173 Kati bwe batandika okugamba mbu, "Naye, kati ebyo tetukyetaaga kubikkiriza . . . " Mulina okubikkiriza. Biteekwa okukkirizibwa.

174 Ebyawandiikibwa tebisobola kulimba. "Era tewali muntu akkirizibwa kubiwa nzivuunula yiye ku bubwe," Bayibuli bw'egamba. Obikkiriza bukkiriza nga bwe biwandiikiddwa mu Yo. Okiraba? Ebintu bino olina okuba nabyo. Era engeri yokka gy'olisobola okuba nabyo, kwe kufuna okutegeera okuva mu Ggulu. Era okutegeera okuva mu Ggulu kujja kukakasa Ekigambo. Mukiraba?

175 Obeera olina okukkiriza, ate si kwefuula bwefuuzi akikkiriza. Ku bino byonna tekuli na kimu kya kwefuula nti okikkiriza, okiraba, bw'ogezaako okugamba nti, "Nnakifuna." Ate tobeera kinyonyi kiddugavu kugezaako kwepaatikako byoya bya muzinge, okiraba, kubanga bijja kusowakamu bigwe. Biba tebikuze nga bisibukira ddala munda muli. Biba bisonsekeddwaamu busonsekebwa.

176 Ndowooza wali Dawudi we yayogerera, mu Zabbuli 1 nti, "Alifaanana nga omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo z'amazzi." Omanyi, waliwo enjawulo wakati w'okumera n'okusonsekebwamu, okukikinala. Nga bw'olaba omuvule omukadde, ogwasimbibwa, bwe gusimba emmizi ne guggumira mu ttaka. Naye akati kko kaba kateekeddwamu buteekebwa, toyinza na kumanya kiki ekinaakatuukako. Kaba tekalina mirandira. Nga tekalina musingi. Mukiraba?

177 Kifaananamukko n'abantu abamu abava mu matendekero g'eby'eddiini oba awantu bwe watyo, okiraba. Tebaba na . . . "Kale olaba, nze Dokita *Gundi* ye yanjawula mu buweereza." Kyonna kye yali tekirina njawulo gye kikola n'akatono.

178 Kristo ye yakuzaala mu bwo, olaba, olaba, olw'okukkiriza kwo. Mukiraba? Ozzibwa buggya ng'obuzaalibwamu. Kati bw'omala okubuzaalibwamu, bino bye bintu by'Akusuubira okugenda nga oyongerako. Ggwe genda mu maaso nga obyongerako. Kati tugenda tukkirira wansi.

179 Kati wajja kubaawo ekintu ekirala ekikwata ku kutegeera kuno, kye tuyinza okwogerako, okutegeera okw'Obwakatonda. Mukiraba? "Kye mugamba Bayibuli ensangi zino tekyalina makulu?" Olaba, waliwo, abantu bangi abakugamba bwe batyo, mbu ekyo Bayibuli si ky'etegeeza kyennyini. Bwe kiba nti Katonda ankuuma, era n'angolola mu bibi byange, era bwe mba ndi mwana wa Katonda ow'obulenzi, ekyo Akikola. Naawe bw'atyo bw'akukola, abaana ab'obulenzi [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] n'ab'obuwala. Bw'okola ekikyamu kyonna, Ye akugolola. Kati bwe kiba nti Katonda ggwe akufaako nnyo, n'akukuuma n'akugolola, tasingawo nnyo eri Ekigambo Kye, nga ekyo kye ky'okulabirako kyo, nga ye Ye!

Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda.

Era . . . n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli, . . .

180 Ekigambo kwe kubikkulirwa kwa Yesu Kristo, Bayibuli bw'egamba, Kristo nga abikkulwa mu Kigambo Kye. Era bw'Aba akukuumye n'akulabirira nga bw'omenya amateeka gano, Akunenya olw'okukikola, tasingawo nnyo okukuuma n'okulabirira etteeka Lye erikusalira omusango! Amiina.

181 Genda eri, muvubuka, tombuulira bintu nga ebyo!

182 Nzikiririza mu kutegeera kw'Omwoyo Omutukuvu, okwa nnamaddala. Okutegeera kw'Omwoyo Omutukuvu bulijjo kujja kukkaatiriza Ekigambo ne "amiina." Bw'ofuna ebintu bino ebirabika nga ebikubagana empawa, mu Bayibuli, otuula wansi n'obyekenneenya, ate nga bw'osaba. Era nkubuulira, Omwoyo Omutukuvu atandikirawo okutambula. Wayitawo akaseera ogenda okulaba nga bikwatagana, nga okifuna. Okiraba? Okwo kwe kutegeera.

183 Abamu ku bo bagenda ne bagamba mbu, "Naye, kati, Bayibuli egamba nti Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna."

184 Naye ate ekkanisa yo egamba nti, "Mu ngeri emu, Abeera bumu." Huh-uh! Huh-uh! Awo omuwaatwa obeera omaze okuguziba, awo wennyini. Okiraba? Yee, ssebo. Nedda, ssebo. Abeera bumu. Yee, ssebo.

185 "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Mu Ye temuli kukyukakyuka, n'akatono. Abeera mu Kkanisa Ye, nga akola ekintu kye kimu. "Esigadde akaseera katono," nga bwe nnanokodde emabegako katono nti, "esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate, naye mmwe mulindaba." Kubanga,

yagamba nti, "Nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Nate era, n'Agamba nti, "Emirimu gye nkola nammwe muligikola." Nate era, n'Agamba nti, "Nja kubeera Muzabbibu. Mmwe mubeere amatabi." Ate amatabi gabeerawo ku lwa Bulamu bwa Muzabbibu bwokka. Buli ekibeera mu Muzabbibu kirabisibwa kuyita mu ttabi. Ekitiibwa! Kitegeeza nti, "Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Kivaamu Obulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo. Amiina.

186 Okutegeera; si okw'ensi (okwo kukuba empaka). Amagezi gonna ag'ensi gakuba empaka. Mukiraba? Naye okukkiriza kwo tekukuba mpaka. Katonda abaako ekintu *ekimu* ky'akubikkulira ekigenda okubaawo, buli munnassaayansi mu nsi n'akugamba mbu, "Ekyo kikontana. Tekijja kutuukirira." Naye ggwe n'okikkiriza, mu buli ngeri. Mukiraba? Yee, ssebo. Tekukubaganya birowoozo. Bayibuli etugamba, "Tumenyenga empaka." Tosobola kuwakanya kukkiriza. Okukkiriza tekukuba mpaka. Okukkiriza kumanya we kuba. Okukkiriza kukola. Okukkiriza kufunvubira. Tekusobola kuyuugayuuga. Tewali kisobola kukuyuuzayuuza. Ssifaayo ku kiki kyonna ekigamba nti, *kino, kiri,* oba *ekirala*. Tekusagaasagana, wadde akatono. Kusigalirawo ddala awo wennyini, kuyinza okulinda, ne kulinda, ne kulinda, ne kulinda. Tekirina kye kikyusa yadde. Kwo kusigalawo awo wennyini.

187 Katonda yagamba Nuuwa nti ebintu bino bigenda kubeerawo. N'akikkiriza. Olaba? Katonda yagamba Musa nti ebintu bino bigenda kubeerawo. N'akikkiriza. Katonda yagamba abayigirizwa nti waliwo ebigenda okubaawo, "Mwambuke ku Pentekoote mulindirire." Ne basigalirayo ddala. Yee, ssebo. Kale.

188 Kaakati, okutegeera, kati, si okutegeera okw'ensi, naye okutegeera okw'omu Ggulu. Ate okutegeera okw'omu Ggulu, nga Katonda ye nsibuko y'amagezi gonna, era nga Katonda kye Kigambo, kitegeeza, bw'oba n'okutegeera okw'omu Ggulu, okkiriza Ekigambo, era buli kintu kyonna ojja kukikemekkereza na Kigambo.

189 Na guno omusango gw'ensonga z'omusolo ekkanisa gw'ebaddemu, manya gwe mbaddemu. Omu ku basajja abo lumu, bwe twali mu kuwoza okumu, yaŋŋamba. Yagamba, nnagamba nti . . . "Tewali kikyamu kyonna kye bazudde." Awo ne batandika oku . . .

190 Ne ŋŋamba nti, "Kale, kati, bwe waba tewali kikyamu kyonna, lwaki temunvaako?" Mukiraba? Mukiraba? Ne ŋŋenda mu maaso, nga mmubuulira ebikwata ku Byawandiikibwad ebimu.

191 N'agamba, yali musajja wa kiwago nga munene nga akutte omunwe gwa ssigala mu ngalo, n'agamba nti, "Mw. Branham, nze ndi muyizi wa Bayibuli."

Ne ŋŋamba nti, “Ekyo nsanyuse okukiwulira.”

192 N’agamba nti, “Kati ate njagala okumanya ku kalombolombo kano, k’osabirako ssente olw’obutambaala buno bw’oweereza ebweru, akalombolombo ako ak’okussa emikono ku butambaala n’obusabira bw’omala n’obuweereza ebweru eyo, mbu ‘biremba ebifukiddwaako amafuta,’ nga bw’obiyita, ‘kiremba.’” N’agamba nti, “N’obusasuza ne ssente.”

Ne ŋŋamba nti, “Nedda, ssebo. Tetubutunda.”

N’agamba nti, “Kale, ate ku kalombolombo kano.”

193 Ne ŋŋamba nti, “Ate ggwe akiyise akalombolombo, ssebo. Ggwe eyakamala okuŋŋamba mu ddakiika ntono ezaakayita nti oli muyizi wa Bayibuli.”

N’agamba nti, “Kye ndi.”

194 Ne ŋŋamba nti, “Nnokolera Ebikolwa by’Abatume 19:11.” Okutegeera! Yeesiba yekka akalippo, n’agezaako n’okukyusa kye twali twogerako. Ne ŋŋamba nti, “Kale nnokolera Yokaana 5:14.” Nga tasobola kukikola. Ne ŋŋamba nti, “Kati ate Yakobo 5:14.” Nga tasobola kukikola. Ne ŋŋamba nti, “Omanyi Yokaana 3:16?” Mukiraba? Okutegeera, amagezi, ag’ensi! Naye bwe . . .

195 N’agamba nti, “Naye, Mw. Branham, ogezaako okuwoza omusango guno nga okozesa Bayibuli. Ffe tuguwoza na mateeka ga ggwanga.”

196 Ne ŋŋamba nti, “Ssebo, amateeka g’eggwanga tegeesigamiziddwa ku Bayibuli? Obwo bwe bwenkanya.” Amiina! Ky’ekyo kyennyini.

197 Okutegeera; okutali kwa nsi. Okutegeera kw’Ekigambo okw’omwoyo, okutegeera ekyo Katonda kye yagamba, n’okola ekyo Katonda kye yagamba, bwe kiri. Kati ekyo bw’okifuna n’oba nga okkiriza ebintu bino byonna, nti Ye y’omu, era n’ebintu bino byonna Ekigambo bye kigamba bituufu, nga buli kimu okikkaatiriza ne “amiina.” Ky’ekyo. N’ekyo kyongere ku kukkiriza kwo. Ekyo kirungi. Weewaawo.

198 Ssinga wabaawo agezaako okukugamba, mbu, “Bayibuli tekyalina maanyi. Eby’okubatizibwa n’Omwoyo Omutukuvu tebiriiyo.” Huh-uh. Ekyo tokyongerako. Tekijja kukola. Kijja kusowokayo. Kiringa kuteeka bbumba ku lwazi, terisobola kunywerako. Lijja kubumbulukuka.

199 Abantu era bakugambe mbu, “Bayibuli tekyesigika ensangi zino. Weegendereze nno. Ebyo togeza n’obikkiriza. Tebisobola kuba bituufu.” Ebyo muzze mubiwulira ebbanga lyonna. Enjogera etaliimu makulu mbu, “Bayibuli teyeesigika.” Kati, ekyo bw’oba—bw’oba ky’olina mu ndowooza yo, to—togezaako okukyongerako, kubanga tekijja kukola. Ekizimbe kyonna kijja kwekkata ku ttaka awo wennyini.

200 Kirina kusibibwa wamu na Mwoyo Omutukuvu. Ntegeeza okwekwata awamu, omusenyu omutabule ogukisiba awamu kyonna. Era ekintu kye kimu ekikisiba awamu. . . Mumanyi engeri gye. . .

201 Omupiira gw'ekidduka ogw'omunda ogwongeddwamu obugumu guwangaala ebbanga ddene okusinga ekiraka obulaka ekikadde ekiba kikubiddwaako. Ssinga wabaawo akabugumu katono ne kamala katuuka ku kiraka ky'omupiira ekikadde, nkukakasa, omupiira ogwo gwonna gutandikirawo okubuguumirira, era bw'ogeza n'oyongeramu ku misinde katono, nga kisaanuuka nga kibembukako. Yee, ssebo. Mukiraba?

202 Era abantu bangi ogwo gwe mutawaana gwe balina ensangi zino. Bagezaako okukwasa okutegeera kwabwe ku magezi g'ensi, nga bakozesa amasanda g'ensi amatonotono, era, ebigezo bwe bijja nga bawoza nti, "Naye, nnandiba nga nnakola nsobi." Okiraba? Omukka nga guvaamu, nga ofootooka mu budakiika butono ddala. Okuleekaana kwo kwonna n'okubuukabuuka biba tebyakugasa. Abantu bagenda okulaba nga ozzeeyo mu kitaba kye kimu era. Okiraba? Bwe kiri.

203 Naye bw'osigalawo awo n'ebbugumu ly'Omwoyo Omutukuvu erimala, okutuusa lwe kikufuula ekintu kimu ggwe n'omupiira gw'omunda. Ky'ekyo. Ggwe n'omupiira gw'omunda mufuuka ekintu kimu. Naawe bw'osigalawo awo okutuusa lw'ofuuka ekimu na buli kisuubizo kya Katonda kyonna, kati ekyo kyongere ku kukkiriza kwo. Bw'otakikola, togeza n'okyongerako.

Nga ogamba mbu, "Ekigambo tekyesigika." Ekyo togezaako okukyongerako.

204 Nga ogamba mbu, "Ebisuubizo ebiri muno, eby'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, byali bya batume kkumi na babiri bokka," nga amakanisa agamu bwe gagamba ensangi zino, ekyo togezaako okukyongerako. Awo omusingi gwabwe, gwonna bwe gumementuse. Okiraba? Nga Uzziya bwe yali, ekiro kya jjo, bwe yalaba omusingi gw'omusajja gwe yali ataddemu obwesige, nga gwonna gumementuddwa, nga gukubiddwa ebigenge, gwali tegukyagasa. Kati kino nti, "Kyali ky'abatume ekkumi n'ababiri bokka, abatume ekkumi n'ababiri bokka."

205 Nnaliko emmanga ew'Ow'oluganda Wright. . . Ndowooza balina we bali emabega eyo. Lumu ekiro, waaliwo omuweereza emmanga eyo, nnali mbuulira, twali ababuulizi nga bana oba bataano ffenna awamu. Omubuulizi ono n'asituka n'agamba nti, "Kaakati, ab'emikwano nnina kye njagala okubagamba. Ha, ndowooza muli bantu balungi nnyo ddala."

206 Ne ŋŋamba, ne mbaako gwe ŋŋamba, nti, "Ye oyo—ye oyo atudde awo. Wekkaanye."

207 Kati, Junior Jackson, ali emabega wali, yali yaakamala okubuulira. Era yagamba . . . yali abuulira ku kisa kya Katonda. Oh, bannange!

208 Yenna yali yeeswanta, wakati mu kulindirira. N'asituka n'ayimirira nga bw'agezaako okubitegeera. "Kati, njagala okubagamba nti Mw. Branham ono wano, mbakakasa, mulabe wa Kristo." N'agenda mu maaso bwatyo, okumala ekiro kyonna.

209 Abamu ku babuulizi ne batandika . . . Ne ŋŋamba nti, "Mulindeeko katono. Kati, temubaako ne kye mwogera, ab'oluganda. Ye ali omu yekka ate ffe tuli bangi." Ne ŋŋamba nti, "Mumuleke. Asazeewo kunkolokota." Nange ku bwange, nnali nkyagala, nnyo ddala, naye nga ssimanyi kya kukola. Okiraba?

210 Kati, n'agamba nti, "Mw. Branham mulabe wa Kristo," n'agenda mu maaso n'ayogera ebintu bingi, nga bwe mumanyi, ebikwata . . . N'agamba nti, "Ayogedde wali ku, 'Kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.'" N'agamba nti, "Bayibuli egamba nti baali kkumi na babiri bokka abaafuna Omwoyo Omutukuvu." Ate ku ky'okuwonya okuva eri Katonda, "Abatume ekkumi n'ababiri bokka be baalina okuwonya okuva eri Katonda." N'agamba nti, "Ffe twogera Bayibuli w'eyogerera ne tusirika Bayibuli w'esirikira." Ne nninda okutuusa lwe yamala okumpalabula okumala ebbanga nga lya kitundu kya ssaawa.

211 Ne ŋŋamba nti, "Lindako katono. Nnina bingi nnyo wano bye mpandiise," ne ŋŋamba nti, "mpaayo akakisa nnyanukuleyo ebimu ku byo." Bwe nnasituka, ne ŋŋamba nti, "Omukulu, agambye nti 'ayogera Bayibuli w'eyogerera,' nti ekkanisa ye bwetyo bw'ekola, 'era n'asirika nayo w'Esirikira.' Mwenna muli bajulizi. 'Weewaawo.'" Ne ŋŋamba nti, "Kati, agambye nti 'Abaafuna Omwoyo Omutukuvu baali kkumi na babiri bokka.' Nze Bayibuli yange egamba nti baali kikumi mu abiri, eryo lye ssasi erisooka." Amiina! Okutegeera okw'engeri eyo kukasuke eri, mulaba, kwe yali agezaako.

212 Ne ŋŋamba nti, "Kirabika ne Pawulo Omwoyo Omutukuvu gwe yagamba nti yamufuna teyamufuna." Okiraba?

213 Ne ŋŋamba nti, "Emmanga mu . . . Firipo we yaserengetera n'abuulira eri Abasamaliya. Baali baamala dda okubatizibwa mu Linnya lya Yesu. Wabula, nga Omwoyo Omutukuvu tannaba kubakkako. Ne batumya ne babaweereza Peetero ne Yokaana, ne bajja ne babassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako. Ka nsuubire nti abo be bali ekkumi n'ababiri bokka?"

214 Ne ŋŋamba nti, "Mu Bikolwa by'Abatume 10:49, Peetero bwe yali waggulu ku nnyumba, nga amaze okufuna okwolesebwa nga bagenda ewa Koluneeriyo. Peetero bwe yali akyayogera ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako bonna abaawulira Ekigambo." Ne ŋŋamba nti, "Bayibuli ekyayogera.

Ekkanisa yo eri wa?" Eri mu bya kwegwanyiza bwegwanyiza. Bwe kiri. Okiraba?

215 Ne ŋŋamba nti, "Okuwonya okuva eri Katonda, ogambye nti, 'Abatume ekkumi n'ababiri bokka be baalina okuwonya okuva eri Katonda.' Bayibuli egamba nti Suteefano yaserengeta e Samaliya n'agoba emizimu n'awonya n'abalwadde, ne wabaawo essanyu lingi nnyo mu kibuga. Ate nga n'okuba teyali omu ku kkumi n'ababiri. Teyali mutume. Yali mudiikoni." Amiina. Amiina.

216 Ne ŋŋamba nti, "Ne Pawulo teyali omu ku bali ekkumi n'ababiri abaali mu kisenge ekya waggulu, naye yalina ekirabo eky'okuwonya."

217 Ne ŋŋamba nti, "Ggwe tunuulira butunuulizi ebirabo eby'okuwonya! N'okweyongerayo, nga wamaze okuyitawo emyaka asatu, yali akyali mu Bakkolinso, nga akyatongoza ekirabo eky'okuwonya mu Mubiri gwa Kristo." O, bannange!

218 Kati, okutegeera okw'ekika ekyo kw'oyiga okuva mu kitabo ekimu, osaanye kukusuula mu kipipa kya kasasiro. Ojje eri okutegeera kuno. Awo Katonda w'agambira nti, "Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna," n'ogamba nti, "Amiina." Yee, ssebo. Yee, ssebo. Si bya kkumi na babiri bokka; bya bonna. Bw'ofuna o—okukkiriza okw'ekika ekyo, nga okukkiriza kwo, kyonna, kukikubira "amiina," awo gamba nti, "Kale," ekyo kyongereko ku kwo.

219 Eky'okuna. Tugenda kwetaagisa okwanguwamukko, kubanga ndi . . . Owulira bulungi nnyo okuyimirira wano n'okyogerako. Amiina. [Ow'oluganda agamba nti, "Naffe kitunyumira."—Omuk.] Weewaawo. Eky'okuna . . . Weebale.

220 Yongerako "okwefuga." O, bannange! Tutuuse ku kwefuga. Kati, olina okukkiriza, okusooka; okwo olina okuba nakwo, okusooka kwa byonna. N'oyongerako obulungi ku kukkiriza kwo, bwe kiba nti kye kika ky'obulungi ekituufu. N'oyongerako okutegeera, bwe kiba nti kwe kutegeera okusaanye. Kati ogenda kwongerako okwefuga.

221 Okwefuga tekitegeeza, "kulekayo kunywa mwenge," wano, kyokka. Nedda, nedda. Okwefuga tekitegeeza kuwona ttamiiro, si mu nsonga eno. Kuno kwefuga kwa mu Bayibuli, kwefuga kwa Mwoyo Mutukuvu. Kiri kwe kumu ku kwegomba kw'omubiri, naye twogera ku kwefuga okuleetebwa Omwoyo Omutukuvu. Ekyo kitegeeza, engeri y'okufugamu olulimi lwo, obutaba njogeziyogezi; engeri y'okufugamu obusungu bwo, n'otabuubuuka buli lwe wabaawo akwogeddeko. O, bannange!

222 Bannange, abasinga obungi ku ffe tugenda kuwanduka nga tetunnaba na kutandika, si bwe kiri? Mulaba? Bwe tuva awo nga twewuunya lwaki Katonda tali mu Kkanisa Ye, nga akola eby'amagero n'ebintu bye baakolanga. Yee, ssebo. Mukiraba?

223 Yongerako ebintu bino. Ku kwo yongerako okwefuga. O, okwefuga, okumanya engeri y'okwanukulamu n'ekisa nga bakuboggoledde mu bukambwe. Omuntu ssinga agamba nti, "Mmwe ekibinja ky'abatukuvu abeevulunga abali eyo!" Tobuukayo n'ofungiza mikono gya ssaati. Okiraba? Si ekyo. Wabula yogera n'okwagala kwa Katonda, okwefuga, ekisa. Mwandyagadde kubeera bwe mutyo? Bwe bakuvuma, toyanukuza bivumo. Leka Ye y'aba abeera eky'okulabirako kyo.

224 Bwe baagamba nti, "Bw'oba nga Ggwe Mwana wa Katonda, amayinja gano gafuule omugaati," Yali asobola okukikola, n'alaga nti Ye Katonda. Naye yalina okwefuga. Bwe baamuyita, "Beeruzebuli," yagamba bugambi nti, "Ekyo nkibasonyiye." Si bwe kiri? Baamukuunyula ebirevu ku matama, ne bamufujjira n'amalusu mu maaso, ne bagamba n'okugamba nti, "Wewanule ku musaalaba okke!"

225 N'agamba nti, "Kitange, basonyiwe. Kubanga ne kye bakola tebakimanyi."

226 Nga ate, yalina ekirabo, nga Amanyi ebintu byonna, kubanga mu Ye mwe mwali obulamba bwa Katonda mu mubiri. Baali bamulabyeko nga akola eby'amagero, nga abuulira abantu ebyabanga bibatawaanya, n'ebintu bwe bityo. Ne bamusibako ekiwero ku mutwe Gwe bwe batyo, ku maaso Ge, ne bamukuba n'akaggo ku mutwe, nga bwe bamugamba nti, "Lagula, tubuulire ani akukubye. Tujja kukukkiriza." Mukiraba? Yalina okwefuga.

227 Kati, bw'oba okulina mu ngeri eyo, kwongere ku kukkiriza kwo. Naye bw'oba okyaswakiira n'okwanukuza ebboggo, wenna n'oyomba, n'otabuka, ne weeyisa otyo, huh-uh, awo oba tolina . . . Ekyo tosobola kukyongerako, kubanga tekijja kwegattako. Okiraba? Tebijja kukwatagana. Toyinza kukwata kitundu kya lukoba, n'oyagala, olukwase ku kitundu ky'ekyuma. Tebijja kukola. Nedda, kirina okuba nga kiweteka, nga olukoba bwe luli. Okiraba? Kati okukkiriza kwo n'okwefuga kwo bwe bifuuka nga okwefuga kw'Omwoyo Omutukuvu kuli Ye kwe yalina, olwo biba bijja kukwatagana naye. Obeera okwongeddeko.

Obulungi bwo bwe buba nga obulungi Bwe, bujja kweyongerako.

228 Nga okutegeera kwo kulinga okutegeera Kwe nti, "Nnajja kukola by'Oyagala, Ai Katonda." Okiraba? Nga akozesa Ekigambo kya Kitaawe, yawangula buli muzimu. Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo tekiriggwawo. Okiraba? Bw'oba n'okutegeera okw'engeri eyo, kujja kukwatagana n'okukkiriza kwo.

229 Bw'oba n'okwefuga okutuufu, nga kwe yalina, kujja kukwatagana. Bw'otaba nakwo, nga olina bubeezi kukkiriza okukolerere okw'obuntu, okw'okwegumya obwegumya, oba

okwefuga okugamba nti, "Ha, oyo nnandimukubye oluyi ne mmukkakkanya, naye—naye kale ka mmuleke, kubanga bayinza okumpandiikako mu mawulire olw'ekyo." Okwo si kwe kwefuga kw'Ayogerako. Okwo togeza n'okwongerako. Tekujja kukola. Naye bw'oba nga ddala muli osobola, n'obuwoomerevu okuva mu mutima gwo, okusonyiwa buli muntu, ne weefuga, n'okyesonyiwa, olaba, kati ekyo kijja kukwatagana nakwo. Kati ekyo osobola okukyongera ku kukkiriza kwo. Huyu!

230 Ky'ova olaba ekkanisa ekyabulako nnyo. Si bwe kiri? Tekyewuunyisa. Nnyinza okubuulira ne ŋŋamba nti, "Mwenenye mubatizibwe, nga Bayibuli bw'egamba, mu Linnya lya Yesu Kristo." Akkiririza mu nzikiriza y'Obusatu omukuukutivu atakikkiriza ekyo, n'agamba nti, "Omulabe wa Kristo oyo. Oyo wa nzikiriza ya Linnya lya Yesu. Wa nzikiriza ya Yesu Yekka oyo." Weegendereze, muvubuka, okwefuga kwo ssikwekakasa kati awo. Okiraba? Lwaki tojja n'ogamba, nti, "Naye kino tukikubaganyeeko wamu ebirowoozo, Ow'oluganda Branham. Nandyagadde okuwulira Kino nga kinnyonnyolwa"? Okiraba? N'ojja n'okiwuliriza. Ne kikunnyonnyolwa bulungi ddala, n'olyoka ogenda; kale ekyo tujja—tujja kukituukako mu ddakiika ntono ddala, mu "kutya Katonda," mukiraba. Naye ggwe bw'o—bw'oyanguwa mangu okusunguwala, nga wekwasa buli nsonga, huh-uh, ekyo—ekyo si kye kyo. Okiraba? Obeera tonnafuna kwefuga kwa Bayibuli bw'okola ekyo; engeri y'okwanukulamu. Naye bino byonna bw'oba nabyo, awo ne kino osobola okukyongera ku kukkiriza kwo.

231 Kati, ekyo nga kiwedde, eky'okuna, ku kukkiriza kwo oyagala oyongereko obugumiikiriza. Bw'oba n'okukkiriza, "kuleeta obugumiikiriza," Bayibuli bw'egamba. Okiraba? N'olw'ekyo, *buno* bugumiikiriza. Kati, ekyo kye kintu ekiddako ekigenda okuzimba ekigera kino. Omanyi, Katonda alina ebizimbisibwa ebya nnamaddala mu Kizimbe Kye.

232 Olaba bwe tubulwako ennyo, muganda wange, mwannyinaze? Okiraba? Mulaba lwaki, mulaba we tuli? Yee, ssebo. Mukiraba? Tuba n'ebitiibwa, ne tuba n'okuleekaana n'ebirala, kubanga tulina okukkiriza. Naye bwe tutuuka ku bintu bino *wano,* Katonda tasobola kutuzimba kutuuka mu kigera ekyo. Mukiraba? Tasobola. Tasobola kututuusa wantu wafaanana watyo. Tulina ebintu ebirala bino byonna. Tuba tujja kugwa, tuseerere nabyo. Mukiraba? Aba tayinza kuzimba Kkanisa Ye.

233 Obugumiikiriza na ki? Bugumiikiriza kika ki? Ekisooka, kwe kuba n'obugumiikiriza ne Katonda. Bw'oba n'okukkiriza kwennyini, okwa nnamaddala, ojja kuba n'obugumiikiriza obwa nnamaddala, kubanga okukkiriza kuleeta obugumiikiriza. Katonda bw'abaako ne ky'ayogera kyonna, n'okikkiriza. Nga kimala. N'obeera n'obugumiikiriza.

234 Bw'ogamba nti, "Kale, jjo nnamusaba okumponya, naye n'enkya ya leero tewali njawulo." O, bannange! Obwo bugumiikiriza ki?

235 Katonda yagamba Ibulayimu, ne wayitawo emyaka abiri mu etaano nga tewali kabonero n'akamu. Naye yali akyakkiriza. Yagumiikiriza Katonda. Uh-huh.

236 Leka Ye y'aba akukulembera bulijjo. Leka Ye y'aba abeera mu maaso go bulijjo. Tosobola kumuyisa, n'olw'ekyo leka Ye y'aba akukulembera. "Yakyogera, era kijja kutuukirira." Okiraba? Leka Ye abeerenga mu maaso go bulijjo. Bwe kiri.

237 Nuuwa yalina obugumiikiriza. Weewaawo. Nuuwa yalina obugumiikiriza buli bwennyini, obw'Obwakatonda. Katonda yagamba nti, "Eno ensi ŋŋenda kugisaanyawo n'enkuba," Nuuwa n'abuulira okumala emyaka kikumi mu abiri, nga tennatonnya. Obwo bwali bugumiikiriza ddala. Tewaali yadde omusulo ogugwa okuva mu Ggulu. Tewaaliwo kintu kyonna. Enfuufu yasigala efuumuuka nga bwe yali, okumala emyaka kikumi mu abiri, naye yagumiikiriza.

Kati, Katonda agezesa obugumiikiriza bwo. Bwe kiri. Katonda abugezesa.

238 Oluvannyuma n'Agamba Nuuwa, kati n'Agamba nti, "Nuuwa, njagala ogende mu maaso oyingire mu kyombo. Ŋŋenda kutandika kuyingiza munda bisolo, naawe—naawe njagala oyingire munda. Yambukira ddala amadaala, kati, obeere nga osobola okulaba ebweru, ng'oyima mu ddirisa erya waggulu. Kati, njagala oyingire munda. Njagala ogambe abantu bano nti, 'Enkya, kye mbadde mbuulira okumala emyaka kikumi mu abiri, kigenda kutuukirira.' Kale, serengeta emmanga obagambe."

239 Akabonero akasooka kaali ki? Nuuwa yayingira mu kyombo. Naye tewaali nkuba. Nuuwa yeetegeka bulungi, n'ayambala ki kabuuti kye eky'enkuba, na buli kimu kyonna, kibeere nti olw'olumu, asobola okutunulako ebweru. Yeetegeka bulungi. Naye olunaku olwaddako . . .

240 Nzikiriza alabika yagamba ab'enju ye, ne bak'abaana be na bonna, nti, "Ha, bannange! Enkya mugenda kulaba ekintu kye mutalabangako. Kubanga, obwengula bwonna bugenda kukwata ekizikiza. Era wagenda kubaawo okubwatuka kw'eggulu n'okumyansa. Ekitala kya Katonda ekinene kigenda kwabuluza obwengula. Agenda kusalira omusango aboonoonyi bano abatuyisizzaamu amaaso, okumala emyaka gino ekikumi mu abiri. Mmwe mutunule mujja kulaba." Mukiraba?

241 Abamu ku bakkiriza abo ab'ekitundu, nga bwe mumanyi, ababeera awo nga naye tebaliyingira munda, nga bwe mumanyi. Era mu—mukyabalina, mukimanyi. Ne—ne bajja, ne bagamba nti, "Naye, nnamukadde yandiba nga yali mutuufu, kale naffe tujja kwambukayo tulindirireyokko ennaku entonotono, oba tulindirireyokko essaawa entonotono ku makya, tulabe."

242 Olunaku olwaddirira, mu kifo ky'ekire ekiddugavu, enjuba yavaayo nga bulijjo. Nuuwa n'atunulako ebweru. N'agamba nti, "Abaffe, teri kire kya nkuba yadde."

243 Ssempala oli n'akomawo, n'agamba nti, "Aha, nnakimanya nti oli omu ku bo. Olaba, kati nawe eno gy'okuŋŋaanira."

244 "Naye, nsonyiwaamu, ssebo. Ha-ha. Kirabika na—na—na, omanyi, nnabadde nkyamuukiridde bukyamuukirizi, nga bw'omanyi. Bwentyo, olaba. Ha-ha-ha."

245 Naye, Nuuwa, yalina obugumiikiriza. Nga agamba nti, "Leero bw'eba t'ezze, ejja kujja enkya." Lwaki? Katonda bw'atyo bwe yagamba.

"Yakikugamba ddi ekyo, Nuuwa?"

246 "Emyaka kikumi mu abiri egiyise. Nvudde wala, n'olwekyo nnindirira bulindirizi kati." Okiraba ekyo? Oluvannyuma lw'akaseera . . .

247 Tukiraba nti, ne Katonda, naye aludde, nga alindirira Ekkanisa, naye Ejja kubaawo. Teweraliikirira. Ye yakisuubiza.

248 Ekiseera kino kyonna olindiridde okuzuukira. Kujja kubaawo. Teweraliikirira. Katonda yakusuubiza. Gwe linda bulinzi n'obugumiikiriza. Oyinza okwebaka, naye ekyo tekijja . . . Oyinza okufunayo akaseera ak'okuwummulamu nga tekunnabaawo, naye olizuukuka mu kiseera ekyo. Yakisuubiza, okiraba. Akaseera ak'okuwummulamu, okiraba, kye tuyita akaseera ak'okuwummulamu nga ofudde, nga bwe mumanyi. Ffe kye tuyita okufa, kaba kaseera akatono ak'okuwummulamu, oba okwebakira mu Kristo. Teriiyo kintu kiyitibwa kufiira mu Kristo. Obulamu n'okufa tebibeerawo mu kiseera kye kimu. Mukiraba? Tufunayo bufunyi kaseera ak'okuwummulamu, akaseera ak'okuwummulamu mikwano gyaffe mwe batayinza kutuzuukusa ne tuzuukuka. Ye yekka y'Asobola okutuyitayo. "Aliyita, nange ndimwanukula," Yobu bw'atyo bwe yagamba. Yobu kati amaze emyaka enkumi nnya nga akyebase. Teweraliikirira. Ali—alizuukuka. Teweraliikirira. Akyalindiridde.

249 Nuuwa n'alindirira. Olunaku olw'okuna ne luyita. Nga tewali nkuba. Byonna biri bulungi. Ejja kutonnya.

250 Mpulira Muky. Nuuwa nga ajja waali n'agamba nti, "Mwami, oli mukaka- . . . ?"

"Toyogera bw'otyo."

251 Yalina obugumiikiriza, kubanga yalina okukkiriza. Yee, ssebo. Yalina obulungi. Yalina okutegeera nti Katonda yali mutuufu. Yalina okwefuga. Teyecwacwana, kugamba nti, "Naye, kati bino ssikyabitegeera. Erinnya lyange lyonoonese lyonna buli wamu." Nedda, nedda. "Abantu tebakyanfaako. Ŋŋenda kufuluma nzireyo ntandike buto, nate." Nedda, nedda. Yalina obugumiikiriza. Katonda yakisuubiza. Katonda ajja

kukikola. Katonda ajja kukikola, kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera.

252 Ndaba ne mutabani we nga ajja waali, n'agamba nti, "Taata, omanyi . . . " N'amuweweeta mu nviiri ze empanvu ez'envi, nga bwe mumanyi. Kuba yali mu bikumi na bikumi bya myaka, nga bwe mumanyi, nga atudde awo. N'agamba nti, "Nkimanyi oli mukadde omukulu ddala. Nkwa—Nkwagala, taata. Naye kyandiba nti wawabamukko?"

"Ha, nedda. Nedda."

"Lwaki?"

"Katonda bw'atyo bwe yagamba!"

253 "Naye, kati taata, zino ennaku mukaaga nga tutudde waggulu eno. Tuli wano tutudde mu gwombo guno, ogunene, ogukalu ogutudde wano. Gwonna gusiigiddwa envumbo, munda ne kungulu. Tumaze emyaka gino gyonna nga tuguzimba. Oyimiriddenga ebweru eyo n'obuulira, okutuusa lw'omeze n'envi n'okutuka n'ekiwalaata. Ate kati oli wano, ogezaako okuwoza *kino-na-kiri.* N'abantu bafa nseko, bali mu kugukasukira nnyaanya nvundu na bintu nga ebyo. Laba ddala ky'okola. Naye, omanyi . . . "

"Gumiikiriza, mutabani."

"Okakasa?"

"Ejja kutonnya!"

Mukamwana we n'agamba nti, "Taata, omanyi . . . "

"Ejja kutonnya!"

254 "Naye tumaze emyaka gino gyonna, nga tulindirira. Tubadde tweteekateeka. Era wiiki emu emabega, watugamba nti enkuba yali egenda kutonnya. Naye kati tuli muno, n'enzigi zonna nzigale, tuli wano twetooloola bwetooloozi muno, n'akasana kakyememula nga bulijjo."

"Naye ejja kutonnya!"

"Omanyidde ku ki?"

"Katonda bwe yayogera!"

255 Kati bw'otuuka awo nga oli bw'otyo, kyongereko. Naye bw'oba tonnakifuna mu ngeri eyo, to—togezaako okukyongerako. Tekijja kukola. Tekijja kukola ku kuwonya. Tekijja kukola ku kintu kirala kyonna. Okiraba? Kirina okukwataganira ddala awamu n'ekintu kwe kisibibwa. Bwe kiri. Obeera olina okukyongerako. Obugumiikiriza eri ekisuubizo kya Katonda. Yee, ssebo. Nuuwa yakikkiriza. Era yagumiikiriza Katonda, okumala emyaka kikumi mu abiri.

256 Musa, yagumiikiriza Katonda. Yee, ssebo. "Musa, mpulidde okukaaba kw'abantu Bange. Ndabye okubonaabona kwabwe. Nzise wansi okubanunula. Ŋŋenda kukutuma ogendeyo."

257 Ne wabaawo okwogeraganya awo wakati we ne Katonda, Katonda n'amulaga ekitiibwa Kye. N'agamba nti, "Nja kugenda." Kasita yalaba ekitiibwa kya Katonda, okiraba, yafuna okukkiriza.

N'agamba nti, "Kiki ekyo ekiri mu mukono gwo, Musa?"

N'agamba nti, "Muggo."

N'agamba nti, "Gusuule wansi."

Ne gufuuka omusota. N'agamba nti, "Ha, bannange!" N'atandika . . .

258 N'agamba nti, "Gulondewo, Musa. Bwe mba nsobodde okugufuula omusota, nsobola okuddamu ne ngufuula omuggo nate."

259 Ah! Amiina! Katonda bw'aba asobola okumpa obulamu obw'omubiri, Asobola n'okumpa Obulamu obw'omwoyo! Katonda bw'aba yasobola okumpa okuzaalibwa okwasooka, Asobola n'okumpa Okuzaalibwa okw'omulundi ogw'okubiri! Amiina! Katonda bw'aba nga asobola okuguwonya *guno,* okuyita mu kuwonya okw'Obwakatonda, Asobola n'okuguzuukiza nate olw'ekitiibwa Kye, ku lunaku olw'enkomerero. Bwe kiri.

260 "Nsobola okusuula omuggo guno wansi ne gufuuka omusota. Era nsobola okuddamu ne ngufuula omuggo nate. Gusitule ku kawuuwo kagwo."

261 Musa n'akutama n'agukwata. Ne gufuuka, omuggo. N'atandika olwo okwongerako okutegeera. Okiraba?

"Omukono gwo gubadde ki ate, kati, Musa?"

"Tewali."

"Guteeke mu kifuba kyo."

262 "Kale. Kati ate . . ." Ne gujjula ebigenge gwonna. "Ai Mukama, laba omukono gwange!"

"Ddamu oguteeke mu kifuba kyo, Musa."

263 N'addamu n'aguteekaamu *bw'ati,* ne guddamu ne gutereera ddala nga . . . Awo n'atandikirawo okubyongerako *bw'ati*, bwatyo, mukiraba. Yee, ssebo.

264 N'aserengetayo. Era okusoomooza okwasooka . . . Yaserengetayo. Bwe yatuukayo n'agamba nti, "Mukama Katonda agambye nti, 'Leka abantu Bange bagende.' Falaawo, kino njagala okitegeere. Nzize nga nkiikiridde Katonda. Oteekwa okuŋŋondera."

265 Falaawo n'agamba nti, "Okukugondera? Ommanyi? Nze Falaawo. Nze ŋŋondere ggwe, omuddu?"

266 N'amuddamu nti, "Ojja kuŋŋondera, oba si ekyo ojja kuzikirira. Ku byombi ojja kukolako kimu ky'oyagala." Lwaki? Yali amanyi ky'ayogerako. Yalina okutumibwa. Yali ava mmanga

eri. Yali ayogedde ne Katonda. Yalina okukkiriza. Yali amanyi ky'ayimiriddeko.

"Oyagala nze nkugondere? Fuluma vva wano!"

"Nja kukulaga."

"Ndaga akabonero."

N'asuula wansi omuggo; ne gufuuka omusota.

267 "Leka naawe," n'agamba nti, "ako kakodyo ka bufuusa kangu nnyo! Musooke mujje wano katono. Mujje wano, Yane, ggwe ne Yambere, musuule emiggo gyammwe wansi." Ne bagisuula wansi ne gifuuka emisota.

268 N'agamba nti, "Kati, ggwe ekisassalala, n'ojja gyendi, nze Omumisiri, nze falaawo wa Misiri. N'ojja wano n'obukodyo bwo obw'ekifuusa obutaliimu, obumu ku bufuusa bwo," mumanyi, mbu kusoma birowoozo bya muntu. Mumanyi kye ntegeeza. Ka nsuubire nti mubisomako. "Okuyingira mu birowoozo by'omuntu oba ekintu nga ekyo, olaba, ddala, n'ojja wano n'ebintu nga ebyo." N'agamba nti, "Kati nno, by'okola naffe tusobola okubikola."

269 Musa yakola ki? Teyagamba mbu, "Ha, Mw. Falaawo, nsaba—nsaba onsonyiwe, ssebo. Nja kubeera muddu wo." Nedda, ssebo.

270 Yayimirira butengerera. Amiina. Sigalirawo ddala. Katonda yakyogera, tewali kubuusabuusa kwonna mu mutima gwe nti, "Kkakkana. Waliwo kye nja okukulaga." Bw'okola ekyo kyennyini kye yakugamba okukola, naye ne kirabika nga ebyonoonese obwonoonesi; yimirira butengerera, beera mugumiikiriza.

271 Musa n'agamba nti, "Omanyi, bwe nnali nzimba omusingi ogwo, kwaliko obugumiikiriza, n'olw'ekyo ka nninde ndabe kiki Katonda ky'anaakola."

272 Emisota egyo gyali awo, nga bwe gyewalula, bwe gifuuwa, bwe gisiiya buli gumu eri gunnaagwo. Ekyabaawo okimanyi, omusota gwa Musa ne gugenda, "Ne gumira, ne gumira, ne gumira," ne gugimira gyonna. Yalina obugumiikiriza.

> Abo abalindirira Mukama, baliddamu buggya amaanyi gaabwe,
> Balitumbiira waggulu mu bbanga nga empungu.

Si bwe kiri? Mukiraba? Weewaawo.

> Balidduka naye tebalikoowa, balitambula naye tebalizirika.

Okiraba, lindirira bulindirizi ku Mukama. Beera n'obugumiikiriza. Okiraba? Yee, ssebo.

273 Era Isiraeri eba egenda okufulumizibwayo. Ne wajja okusoomoozebwa okw'amaanyi, era Musa n'alindirira.

274 Nate n'atuuka mu ddungu. Lugendo lulinga lwa nnaku nga ssatu-oba nnya. Waliwo mayiro ana zokka okuva wali we yasalira, okutuukira ddala wali we baasomokera nate. Naye, Musa, mu ddungu, yalindirira okumala emyaka amakumi ana. Obugumiikiriza. Amiina. Bwe kiri. Yalindirira okumala emyaka amakumi ana. O! Yee, ssebo.

275 Era tusaanye okuba n'obugumiikiriza, buli omu eri munne. Okiraba? Lumu . . . Tugenda—tugenda ne tutaba bagumiikiriza n'akatono eri bannaffe. Tulowooza tulina kuba nga Musa. Musa abantu yabagumiikiriza. Labayo, obutaba nabwo kye kyabalobera n'okutuukayo. Okiraba? Bw'obeera ne ky'ogezaako okukola . . .

276 Okugeza, ngezezzaako okulaba nti ndeeta Obubaka buno eri ekkuŋŋaaniro lino, okukakasa nti buli mmemba wa kkuŋŋaaniro lino afuuka *Kino*. Kizibu okukola. Ngezezzaako okuba n'obugumiikiriza; kati gino emyaka asatu mu esatu. Okiraba? Beera n'obugumiikiriza. Abakazi bakyasala enviiri zaabwe, nga obwedda. Naye beera bubeezi na bugumiikiriza. Okiraba? Beera bubeezi na bugumiikiriza. Lindirira. Olina okukikola. Bw'oba tokirina, togezaako kuzimba ku kino *wano*. Beera n'obugumiikiriza.

277 N'omulundi omulala, ekibinja ky'abantu abo abajeemu tebaali bagumiikiriza, ne baleetera Musa okukola ekintu ekyali ekikyamu. Naye, ate, ne bwe kyatuuka ku kulaga ani mukyamu ani mutuufu, Katonda yeetamwa ebikolwa byabwe. N'agamba nti, "Beeyawuleko, Musa. Ŋŋenda kutta ekibinja kyabwe kyonna, ntandike bupya."

278 Yesuula wakati mu muwaatwa, n'agamba nti, "Katonda, tokikola." Kyali kiki? Bwali bugumiikiriza eri abantu abaali bamujeemedde.

279 Nnewuunya oba ekyo tusobola okukikola? Bw'oba tokisobola, togezaako kuzimba ku *kino,* kubanga te—tekikyuka, okimanyi. Eyo ye ngeri ekyasooka gye kyakwataganamu ne *kino*, era eyo ye ngeri buli kimu ku byo gye kirina okukwataganamu. Bw'otakikola, toyinza kutuuka ku kigera ekyo eky'ekifo kya Katonda omulamu mw'atuula, bw'oba tolina bugumiikiriza, obugumiikiriza, buli omu eri munne. Kale.

280 Abaana Abaebbulaniya baalina obugumiikiriza. Ddala, baabulina. Katonda yali yabasuubiza, nga abagambye nti, "Temuvunnamiranga kifaananyi kyonna." Naye baalina obugumiikiriza. Baagamba nti, "Katonda waffe asobola. Naye, ne bw'atatulokola, era tetujja kuvunnamira kifaananyi kyo." Obugumiikiriza, nga amanyi kino nti, Katonda alimuzuukiza mu nnaku ez'enkomerero nate.

281 Ndaba, n'obulamu buno tebuliimu nnyo makulu. Okiraba? Katonda aliddamu n'abuzuukiza nate mu nnaku ez'oluvannyuma. Naye bwe kituuka ku ky'okuvunnamira

ekifaananyi, ekyo tetujja kukikola. Kaakati, ebya Kayisaali tujja kubiwa Kayisaali, naye, bwe kituuka ku Kayisaali okweyingiza mu bya Katonda, awo Katonda y'alina okusooka.

282 "Katonda yagamba nti, 'Temuvunnamira kifaananyi ekyo.' Era ssijja kukikola. Katonda waffe asobolera ddala okutununula. Naye bw'atatununula, era ssijja kuvunnamira kifaananyi ekyo."

N'agamba nti, "Kale, ekikoomi ky'omuliro kiikyo."

283 "Kale," omu n'agamba nti, "ha, nzikiriza, enkuba n'emala eyiika akawungeezi kano ejja kukizikiza." Naye teyayiika. Ne basigala nga bagumiikiriza.

284 Enkeera ku makya, bwe baasimbibwa mu maaso ga kkooti, nga Nebukadduneeza atudde awo. N'agamba nti, "Kati, bavubuka, muli beetegefu okumpa ekitiibwa nga kabaka wammwe?"

"Weewaawo. Wangaala, Ai kabaka."

"Kati nno muvunnamire ekifaananyi kyange."

"Ha, nedda."

285 "Kati nno, mugenda kwokebwa. Muli basajja bagezi. Muli boogi. Mubadde ba mugaso nnyo gye tuli. Mubadde ba mukisa eri obwakabaka bwaffe. Mmwe temusobola kukiraba nti kino ssaagala kukikola? Naye nna—nnayisa ekiragiro wano, era kiteekwa okukolebwa. Ssaagala kubasuulamu. O, basajja mmwe, mubadde ki?"

286 "Ekyo mmanyi kiwulikika bulungi. Naye, Katonda waffe asobola okutununula. Naye newankubadde . . ." Nga balina obugumiikiriza.

287 N'atandika okulinnya amadaala. Buli omu n'atunuulira munne. "Kiri bulungi. Kale." Nga alina obugumiikiriza. N'asitula ekigere ekisooka, nga Katonda tajja. Ekigere eky'okubiri, n'Atajja. Ebigere bisatu, ebigere bina, ebigere bitaano, nga yeeyongera bweyongezi mu maaso, era nga taliiwo. N'atuuka n'asitula ekigere n'agwaayo mu kikoomi ky'omuliro. Baalina obugumiikiriza. Wabula Yalimu. Mukiraba? Omuliro gwababababulako bubabuzi katono, kwokya na kuggyako mpingu ezaali ku mikono gyabwe ne ku bigere. Era we baakonera ku ntobo y'ekinnya, yali gy'Ali. Mukiraba? Baalina obugumiikiriza.

288 Danyeri naye bwe yali. Danyeri yalina obugumiikiriza. Mazima ddala. Teyali mwetegefu kuwanika. Nedda, ssebo. Yakola ki? Ye yaggulawo bugguzi madirisa, n'asaba. Kuba ekyo Katonda kye yali yeetaaga. Yalina obugumiikiriza. Yalindirira ku Katonda, nga akimanyi nti Katonda asobolera ddala okukuuma Ekigambo Kye. Ne bamusuula mu bunnya bw'empologoma, ne bagamba nti, "Kati nno empologoma ka zikulye."

289 N'agamba nti, "Tewali mutawaana." Yalina obugumiikiriza. Lwaki? "Ndaba, mbadde nnindirira Katonda, ebbanga lino lyonna. Bwe kiba kinneetaagisa okwongera okulindirirayo emyaka emirala emitonotono nga lukumi, kasita ndizuukira ku lunaku olw'enkomerero. Bw'atyo, n'afuna obugumiikiriza, n'alindirira."

290 Pawulo yalina obugumiikiriza. Ddala yabulina. Weetegereze Pawulo kye yalina okukola. Yogera ku bugumiikiriza!

291 Ate abantu ab'oku pentekoote bo baali batya? Bo kasita baafuna okutumibwa nti, "Mulindirire okutuusa nga," olaba, "mulindirire okutuusa nga mujjuziddwa n'Amaanyi." Kumala bbanga ki? Bo tebaabuuza mbu, "Kinaatwala bbanga ki?" Eky'okuddamu baali bakirina nti, "Mulindirire okutuusa nga kibaddewo."

292 Baayambuka waggulu ne bagamba nti, "Kale, bavubuka, oba oli awo mu ddakiika nga kkumi na ttaano okuva kati Omwoyo Omutukuvu ajja kuba atusseeko era tujja kuba n'obuweereza obwaffe." Eddakiika kkumi na ttaano ne ziyitawo, nga tewali amufunye. Olunaku ne luyitawo, nga tewali; bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu.

293 Abamu ku bo bayinza okuba baagamba nti, "Abaaye, mulowooza tetwamala okumufuna?"

"Nedda, nedda, nedda, nedda." Ky'ekyo. Nedda. Ekyo bwe kiri.

294 "Mwandivuddeyo nno, bavubuka." Ssetaani n'agamba nti, "O—o—omanyi kye mwagala mwakifunye dda. Mugende mu maaso, mutandike obuweereza bwammwe."

295 "Nedda, nedda, nedda. Tetunnaba, kukifuna. Kubanga, Ye yagamba nti, 'Walijja, ekiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma: N'emimwa eginanaagira n'ennimi endala bwe ndyogera eri abantu bano, era kino kye Kiwummulo kye nnagamba,' mulaba, Yisaaya 28:19." N'agamba nti, "Kye—kye Kino, mu—mulikifuna bwe. . . Kale, tujja kumanya bw'Anaaba azze. Tujja kumanya bw'Anaaba azze. Tujja kukimanya kubanga, 'Kisuubizo kya Kitaffe.'" Kale n'alindirira ne wayitawo ennaku mwenda. Kati ku lunaku olw'ekkumi, "Twali tuli awo." Baalina obugumiikiriza, okulindirira.

296 Kaakati, bw'oba n'obugumiikiriza obw'ekika ekyo, Katonda bw'amala okukuwa ekisuubizo naawe n'okiraba mu Bayibuli nti, "Kyange," kati lindirira. Kati, bw'oba n'obugumiikiriza obw'ekika ekyo, bwongere ku kukkiriza kwo. Olaba bw'ogenda oyambuka waggulu kati? Ogenda oyambuka waggulu ddala *eno* kati. Kale. Akalimi k'essaawa keetooloolera ddala, nako, si bwe kiri? Kale. Kale. Ekyo kyongere ku kukkiriza kwo.

297 Nga omukulembezanga bulijjo, nga ojjukira nti, Ye ye yasuubiza. Si nze, eyasuubiza. Omusumba, Muganda waffe

Neville, si ye yasuubiza. Teyali muweereza mulala yenna, nti ye yasuubiza. Teyali musosodooti yenna oba paapa. Teyali muntu yenna ow'oku nsi. Yali Katonda ye yakola ekisuubizo, era Katonda asobolera ddala okutuukiriza buli kimu kyonna kye yasuubiza. Kale. Bw'obeera n'okukkiriza okw'ekika ekyo, okumanya nti Katonda yakisuubiza! Bw'ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndi mulwadde. Nneetaaga okuwonyezebwa amangu ddala nga bwe kisoboka." Kikkirize. Kirabo ekyakuweebwa, yee, ssebo, bw'oba osobola okukkiriza. "Kale," oyinza okugamba nti, "nzikiriza." Kati kyerabire. Kimala. Kiwedde. Okiraba?

298 Beera n'obugumiikiriza, bw'oba olina obugumiikiriza. Bw'oba tobulina, osirittuka okuva ku Kizimbe kino wano, okiraba. Kijja kukoona ebirala byonna bigwe wansi, ekintu ekyo ekimu. Oteekwa okuba nakyo. Tokyongerako, kubanga, kijja kumenya ekizimbe kyo bw'oba tolina bugumiikiriza, era bw'oba tolina bulungi kubwongera ku kukkiriza kwo kw'ogamba kw'olina. Ate bw'oba n'okukkiriza tokulina, n'ogezaako okukwongerako obulungi, kijja kumenya okukkiriza kwo. Okiraba? Otuuke ogambe nti, "Naye, kati, lindako katono. Kirabika bino byonna, yali nsobi. Osanga Katonda si ye Katonda. Osanga teri na Katonda." Okiraba, ekintu kyonna kijja kukyabuluzaamu. Okiraba?

299 Naye bw'oba n'okukkiriza okwa nnamaddala, kati okwo yongerako obulungi obwa nnamaddala, oyongereko okutegeera okwa nnamaddala, oyongereko okwefuga okwa nnamaddala, n'obugumiikiriza obwa nnamaddala. Okiraba? Ogenda oyambuka waggulu. Kale.

300 Eky'okutaano, yongerako okutya Katonda. O, bannange! Okutya Katonda okukwongerako. Okutya Katonda kitegeeza ki? Nnakinoonyezzaako mu nkuluze z'ebigambo nga nnya oba ttaano naye ne ssisobola kuzuula kye kitegeeza. Oluvannyuma, twabadde emmanga ewa Ow'oluganda Jeffries eyo, ne tukizuula mu—mu nkuluze. *Okutya Katonda* kitegeeza, "okufaanana Katonda." O, bannange! Bw'omala okufuna okukkiriza, obulungi, okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, kati ekiddako faanana Katonda. Huyu!

301 Oyinza okugamba nti, "Ekyo ssisobola kukikola, Ow'oluganda Branham." O, weewaawo, osobola.

302 Ka mbasomereyo Ebyawandiikibwa bitono wano, mu ddakiika emu. Matayo 5:48. Tugenda kutwala kino tulabe bwe kigamba, Matayo 5:48, tulabe oba oteekwa okufaanana Katonda. Omanyi Bayibuli egamba nti, "Muli bakatonda." Yesu bw'atyo bwe yagamba. Lwaki? Kubanga obulungi bwonna, ebintu byonna ebiri mu Katonda, biri mu ggwe. Matayo 5:48, "Mubeere nga . . . " Yesu nga ayogera, ku kuba ab'omukisa.

Kale mmwe mubeere nga a-b-a-t-u-u-k-i-r-i-v-u, (Ekyo kiki?) *abatuukirivu, nga Kitammwe . . . ali mu ggulu bw'ali omutuukirivu.*

303 Obeera otuuse waggulu *wano* kati, nga tonnasabibwa kukola ekyo. Ebintu bino byonna birina okusooka okwongerwako. Kati bw'otuuka waggulu wano, n'Alyoka akusaba okutuukirira, okufaanana Katonda, abaana ba Katonda ab'obulenzi era n'ab'obuwala. Bwe kiri. Nga nnandyogedde ebintu bingi nnyo ddala ku nsonga eyo!

304 Ka tubikkule Abaefeeso 4, tulabe wano kiki, mu Kitabo kya Abaefeeso, kye kyogera ku kintu kino, nakyo, ku butya bwe tu— tulina okukola. Abaefeeso, essuula ey'oku 4, okutandikira ku lunyiriri olw'e 12. Abaefeeso 4, tutandike n'olunyiriri olw'e 12. Kale. Leka tutandikire wano ku lunyiriri olw'e 11.

Era oyo n'awa abalala, okubeera abatume; n'abalala, bannabbi; . . .

305 Mujjukira eby'akawungeezi ka jjo? Togezaako kutwala wofiisi ya muntu mulala. Mukiraba?

. . . n'abalala, ababuulizi; n'abalala, abalunda . . . ne abalala, *abayigiriza;*

306 "Olw'okutuukiriza Katonda"? Kisoma bwe kityo? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Okutuukiriza kw'abaki? ["Abatukuvu."] Abatukuvu be b'ani? Beebo abaatukuzibwa. Amiina. Bano abatandikira wansi *wano.*

. . . olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu *ogw'obuweereza* (obuweereza bwa Yesu Kristo), *olw'okuzimba omubiri gwa Kristo* (olw'okuzimba, okwongera okuguzimba, olw'okuzimba): okutuusa . . .

Okutuusa lwe tulituuka ffenna ku *bumu obw'okukkiriza, n'o . . . okutegeera Omwana wa Katonda,* ne lwe *tulituuka okuba omuntu omukulu, okutuuka mu* bukakafu, (o, bannange), ku *kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo:*

307 "Okutuukirira," kyetaagisa okutya Katonda. Ku kukkiriza kwo olina okukwongerako, okutya Katonda. Olaba, otandikira wansi *wano,* n'obulungi. N'ogenda ku kutegeera. N'ogenda ku kwefuga. N'ogenda ku bugumiikiriza. Kati oli ku kutya Katonda. Okutya Katonda! O, bannange! Obudde bwaffe butuddukako. Ka tulabe. Naye mumanyi okutya Katonda kye kitegeeza. Bulijjo muyimba oluyimba luno nti:

Okufaanana Yesu, okufaanana Yesu,
Ku nsi njaayaana okumufaanana;
Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka kumufaanana.

308 Okwo kwe kufaanana Katonda. Bwe baamukuba oluyi ku ttama erimu, n'Akyusa n'eddala. Bwe baamuboggolera, Ye teyayanukula. Teyazzaayo bivumo. Okiraba? Okutya Katonda, nga bulijjo onoonya ekintu kimu kyokka nti, "Nze bulijjo nkola ebyo ebisanyusa Kitange." Okiraba? Yee, ssebo. Bulijjo. Okwo kwe kutya Katonda. Okiraba?

309 Nga omaze okuva *wano,* okutuuka *wano,* okutuuka *wano,* okutuuka *wano,* okutuuka *wano,* okutuuka *wano,* kati awo oba okula mu kigera ekijjuvu eky'omwana wa Katonda. Naye olina okufuna *kino*, ne *bino* byonna, ate tosobola na kutandika okuggyako nga *kino* okifunye.

310 Kati mujjukire ekinyonyi ekiddugavu ekirina ebyoya bya muzinge. Temukyerabira. Mukiraba? Togezaako kubyongerako okutuusa nga ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Kubanga, naawe, tebijja kukola, ate era naawe—naawe tosobola kubireetera kukola. Kijja kutuuka ku *kino,* oba *kino* wano, kituuke kigwemu.

311 Naye bw'okka wansi *wano*, nga ejjiba eritaliimu bukuusa eryazaalibwa omulundi ogw'okubiri, awo oba tolina ky'oyongerako. Bikwongerwako bwongerwa, okiraba, kijja kirinnya waggulu, kale, nga bwe kijja mu kutuukirira kati. Kale.

312 Kati, eky'omukaaga, ka twongereko, Bayibuli egambye wano, okwongerako okwagala ab'oluganda . . . ekisa eri ab'oluganda. Kati, ekyo nno kirungi, wano wennyini, eky'omukaaga, eky'omusanvu. Kale. Okwongerako okwagala ab'oluganda. Kale. Kati bwe tutuuka ku ekyo, eky'okuba n'ekisa eri ab'oluganda, weeteeke mu kifo kye, mu ekyo ky'aba ayitamu. Kati oyinza okugamba . . .

313 "Muganda wange yankola bubi," Peetero bw'agamba. "Nnaamusonyiwa," n'ayongera n'agamba nti, "emirundi musanvu olunaku?"

Ye n'agamba nti, "Nsanvu emirundi musanvu." Okiraba?

314 Okuba n'ekisa eri ab'oluganda. Kati, mulaba, ow'oluganda bwe muba temukwatagana, tolemererwanga kumugumiikiriza. Olaba? Nedda. Olaba? Beera wa kisa gy'ali. Genda gy'ali, era.

315 Waliwo eyagamba, ebbanga si ddene nnyo eriyise, eyagamba nti, "Oyinza otya okukkiriza ebintu bino mu ngeri gy'obikkirizaamu, ate n'osigala nga okyagenda mu ba Assemblies of God, n'aba Oneness, n'abalala?" Kati awo teekawo, olaba, ekisa eri ab'oluganda. Olaba? Olaba? Nga olina essuubi, nti oba oli awo lumu, okiraba; omugumiikiriza, okiraba; nga weefuga, n'omugumiikiriza; okutegeera, n'otegeera ky'akkiriza, jjukira, ekiri mu mutima gwe, kye kikulu; obulungi, mu ggwe, okusobola okukyogera n'ekisa, n'obwetowaze, gy'ali; nga olina okukkiriza nti lumu Katonda alimuleeta. Okiraba?

316 Okwagala kw'aboluganda, ekintu eky'omusanvu. Kimu, bibiri, bisatu, bina, bitaano, mukaaga, musanvu. [Ow'oluganda Branham akonkona ku lubaawo emirundi musanvu—Omuk.] Mukiraba, ekintu eky'omusanvu. Awo nno, kati, ojjirira.

317 Ekiddako, kati, yongerako okwagala, nga kwe kwagala. Eryo lye jjinja eritikkira. Olumu ku nnaku zino, mu kkanisa . . .

318 Kati, nsaba, kitegereekeke bulungi ku ntambi, n'awalala wonna, nti kino ssikiyigiriza nga njigiriza, kye ŋŋenda okwogera kati. Naye njagala kukibalaga bulazi, nga nnyambibwako Katonda, okubalaga kiki kye kiri, nti, Bayibuli eyasooka Katonda gye yasooka okuwandiika yali Zodiac mu bwengula. Etandika na mbeerera. N'ekomekkereza ne Leo empologoma. Era bwe nnaatuuka ku Kabonero ako ak'Omukaaga n'ak'Omusanvu, mujja kukizuula nti, Akabonero kali akalala bwe kaabembulwa, akabonero ka Zodiac mu kifo ekyo kaali ka kookolo, ebyennyanja ebyeyisiŋŋanyizza. Era ogwo gwe mulembe gwa kookolo mwe tuli kati, nga gubikkuddwa. N'ekintu ekyaddirira Akabonero bwe kaabembulwa, Kaabikkula Leo empologoma, Okujja kwa Kristo okw'omulundi ogw'okubiri. Yajja, omulundi ogwasooka, eri embeerera; Ajja, omulundi oguddako, nga Leo empologoma. Kino nja kukireeta ku . . .

319 Kati, ssimanyi oba nga nnaafuna obudde enkya ya leero. ŋŋenda kufuba nnyo nga bwe nsobola, okubalaga nti amadaala gano bwegatyo bwe gali ne mu piramiidi, ddala ddala, Bayibuli ey'okubiri Katonda gye yawandiika. Enoka yagawandiika, n'agateeka mu piramiidi.

320 Kati ey'okusatu, Katonda bulijjo atuukirizibwa mu ky'okusatu, yeekolera Ye Mwene Ekigambo Kye.

321 Wano, kati, mujjukire nti, mu piramiidi . . . Nsuubira abasinga obungi ku mmwe abajaasi n'abalala mwali mubaddeko mu Misiri. Piramiidi teriiko jjinja ligitikkira. Teribangako. E—Ejjinja ly'e Scone, n'ebirala babirina, naye era . . .

322 Bw'oba olina akapapula ka ddoola emu mu nsawo yo, tunula ku kapapula ka ddoola ako, era ojja kukiraba nti, ku mukono ogwa ddyo, waliwo empungu ne bendera ya Amerika. Kuliko n'ebigambo ebigamba nti, envumbo "ya Amerika." Ku luuyi olulala, kuliko piramiidi, n'ejjinja eddene ekkulu eritikkira n'eriiso ly'omuntu. Ku ludda luno ebigambo bigamba nti, "Envumbo enkulu." Kaakati, lino bwe liba nga lye ggwanga ery'amaanyi, lwaki envumbo eno enkulu si ye nvumbo yaalyo ey'eggwanga? Katonda abaleetera okujulira, ne bwe bagenda wa yonna.

323 Lumu nnali njogera n'omusawo, nga ankaayukidde, ku bikwatagana n'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Twali tuyimiridde ku luguudo. N'agamba nti, "Mw. Branham, otabula

butabuzi bantu." N'agamba nti, "Tewaliiyo kuwonyezebwa, okuggyako okuyita mu ddagala mwokka."

324 Bwe nnakyuka, ne ndaba akabonero akaali ku mmotoka ye, ak'omusota oguwanikiddwa ku mpagi. Ne ŋŋamba nti, "Kati nno, n'akabonero ako akali ku mmotoka yo kaggyeeko, kubanga akabonero ko kennyini kajulira nti Katonda Muwonya."

325 Ekyo omusawo omutuufu akikkiriza. Abo be bali ab'ebikwangala. Yee, ssebo. Omusota ogwali ku mpagi! Musa yawanika omusota ku mpagi. N'agamba nti, "Nze Mukama awonya endwadde zo zonna." Era ne batunuulira omusota ogwo, olw'okuwonyezebwa okw'Obwakatonda. Kyokka bakiwakanya; ate nga n'akabonero kaabwe kennyini kabalumiriza. Huyu!

326 Ne wano wennyini, mu ggwanga lyaffe, nga boogera ebintu bye boogera, n'okunyoomoola ebintu bino, kyokka nga ssente zaabwe zennyini, ensimbi zaabwe, zijulira nti envumbo y'obutonde bwonna ye Katonda. Mulaba eriiso eryo eriri waggulu w'ekyo awo, ku kapapula ako aka doola emu? Eyo ye nvumbo enkulu.

327 Teyateekebwa waggulu wa piramiidi. Ekyo baali tebasobola kukitegeera lwaki. Liri Ejjinja eritikkira lyagaanibwa, Omutwe, Kristo. Naye lumu, Lirijja.

328 Kaakati, mu kuzimba, obulungi . . . Mu kuzimba ekijjukizo kino, mu kuzimba ekigera kino, olaba, kitandika n'ejjinja ly'omusingi; okukkiriza, obulungi, okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, okutya Katonda, okukwatirwa ab'oluganda ekisa. Kati bikola ki ebyo? Awo birindirira ejjinja ery'oku Ntikko, nga kwe kwagala, kubanga Katonda kwagala. Era y'Afuga, era Ye maanyi ga buli kimu ku bintu bino. Bwe kiri. Yee, ssebo.

329 Munda *wano* wennyini, munda *wano* wennyini, mulaba nnina, wakati wano, enkola zino zonna wano, ne wano amayengo gano amatonotono gajja. Ekyo kiki? Omwoyo Omutukuvu nga akka, okuyita mu Kristo, mulaba. Omwoyo Omutukuvu! Omwoyo Omutukuvu y'ali waggulu wa *bino* byonna, nga abigatta wamu byonna, nga azimba (ki?) Ekkanisa etuukiridde, olw'Ejjinja eritikkira okugitikkira.

330 Kiki ekikoleddwa nate? Kirabisiddwa okuyita mu Mirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, n'ababaka ab'Ekkanisa omusanvu.

331 Yatandikira mabega *wano*. Ekkanisa yatandikira wa? Ekkanisa ya pentekoote yatandikira wa? Yatandikibwa Pawulo Omutukuvu, mu Efeeso, oyo emmunyeenye y'Omulembe gw'Ekkanisa ya Efeeso, mu Efeeso.

332 Omulembe gw'Ekkanisa ogw'okubiri gwali gwa Sumuna. "Obulungi." Irenaeus, omusajja ow'ekitalo eyayimirira n'Enjiri ya Pawulo.

333 Omulembe gw'Ekkanisa ogwaddako gwali gwa Perugamo, nga ye yali Martin. Martin yali musajja ow'ekitalo ataayuuzibwa. Pawulo, Irenaeus, Martin.

334 Ate mu gwa Suwatira ne wajja Columba. Mukijjukira? Kiikino wano, nga kikubiddwa bulungi *awo*. Columba. Oluvannyuma lwa Columba . . . Ne wajja Emirembe egy'Ekizikiza.

335 Ate olwo ne wajja ogwa Saadi, ekitegeeza nti *kifu*. Luther. Aleruuya! Kwaddako ki? Guliwa ogwaddako oluvannyuma lw'ogwa Saadi, Luther?

336 Ne wajja ogwa Firaderufiya. "Okutya Katonda." Wesley, obutukuvu! "Omutukuvu anaaberangawo lwa kukkiriza," Luther bwe yagamba. N'okutukuzibwa okuyita mu Wesley.

337 Oluvannyuma ne wajja okukwatirwa aboluganda ekisa, okuyita mu gwa Lawodikiya. Era tukkiriza nti Obubaka obw'amaanyi obw'okulabika kwa Eriya okw'omulundi ogw'okubiri, mu nnaku ez'oluvannyuma, bwa kubuna ensi yonna.

338 Biibino wano, Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, amadaala musanvu. Katonda bw'aba azimba Ekkanisa Ye, kiba nga omuntu eyeeyiye mu muntu omulala, mu ye Mwene. Ekitiibwa, Amaanyi ga Katonda, nga gakka okuyita mu *bino*, nga gagigatta wamu yonna. N'olw'ekyo, Abapentekoote abafulumya abantu ba Luther, ne bafulumya abantu ba Wesley n'abalala, tebamanyi kye boogerako. Olaba, bo baatambulira mu kitundu *kino* ekya yeekaalu. Eyo ye ngeri, abantu abamu gye basobola okulinnya waggulu eri ate ne bawanukayo ne bagwa. Naye waliwo ekitundu ky'ekyo ekya nnamaddala, ekikuuma ekizimbe ekyo nga kigenda mu maaso. "Ndizzaawo," bw'ayogera Mukama.

339 Mujjukira *Omuti gw'Omugole*? Mujjukira obubaka obukwata ku *Omuti gw'Omugole*? Bwagulya, naye n'Agusalira. Baagukookerako amatabi ag'ebibiina by'amadiini; n'Agasalako. Ne bayimusa ekkanisa endala, nga ya matabi ga kibiina kya ddiini; n'Agasalako. Naye omutima gw'Omuti ogwo gwasigala gukula. "Naye mu kiseera eky'akawungeezi walibaawo Omusana." Mukiraba? Awo Kristo w'ajjira, Omwoyo Omutukuvu. Yesu ajja n'atuula Mwene nga Omutwe gw'Ekkanisa mu kiseera ekyo, era alizuukiza Ekkanisa eno, kubanga guno Mubiri Gwe Gwennyini. Munda *omwo* mwe muli Omubiri.

340 Era engeri Katonda gy'atusuubiramu okukula nga abantu ssekinnoomu, ye ngeri gy'Azze aluŋŋamyamu Ekkanisa Ye okukula. Buli mulembe gwa Kkanisa, n'Efuuka Ekkanisa emu ennene. Okiraba?

341 *Bano* tebaasabibwa kukola bya *bano* bye baakola. *Guno* tegwalina kukola bya *guno* bye gwakola. Mukiraba? Naye

Ekkanisa Ye yagikuza okugituusa waggulu mu ngeri y'emu. Yakuza E—Ekkanisa Ye okugituusa waggulu mu ngeri y'emu gy'Akuzaamu abantu Be okubatuusa waggulu. Awo Peetero wano n'agamba nti, okusooka, ebintu musanvu: okukkiriza, obulungi, (olaba, yambuka waggulu), okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, okutya Katonda, okwagala ab'oluganda, oyongereko n'okukwatirwa ab'oluganda ekisa, oluvannyuma okwagala kwa Katonda. Omwoyo Omutukuvu, Kristo nga mu nkula y'Omwoyo Omutukuvu, akukkako, mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okutuufu, n'obeera n'embala zino zonna nga zisibiddwako envumbo mu ggwe. Awo, Katonda n'aba nga ali mu Yeekaalu, eyitibwa Ekizimbe, Yeekaalu ennamu ekifo kya Katonda omulamu mw'atuula.

342 Omuntu bw'abeera n'ebintu nga bino, Omwoyo Omutukuvu nga alyoka amukkako. Si nsonga, oyinza okwogera mu nnimi, oyinza n'okugeegeenya ebirabo byonna Katonda by'alina. Ekyo oyinza okukikola. Naye okutuusa nga embala zino *wano* zikuyingiddemu, oba okyali bweru wa musingi guli gwennyini omutuufu, ogw'okukkiriza. Naye embala zino bwe zikula mu ggwe, n'oyongera kino ku kiri, awo oba ofuuse kizimbe ky'ekijjukizo ekiramu. Obeera kifaananyi ekiramu, era ekitambula.

343 Naye, mumanyi nti, a—abakaafiiri, bavunnama mu maaso g'ekibumbe, lubaale gwe bateebereza obuteebereza nti gy'ali. Era mu ngeri ey'okuteebereza obuteebereza bakkiriza lubaale oyo gwe bateebereza obuteebereza nti gy'ali nti abaanukula. Obwo bukaafiiri. Eyo nkola ya Baruumi. Be bavunnamira abatukuvu aba buli kika n'ebintu ebirala byonna. Balina Sesiriya Omutuukirivu, lubaale w'amaka, n'ebintu ebirala bingi bwe bityo. Bavunnamira ebyo, ate ne babikkiriza mu ngeri ey'okuteebereza obuteebereza. Nga ki—nga kifaananyi ekyawukanira ddala, ku kya Katonda omulamu.

344 Naye ffe, nga tetuli mu kuteebereza buteebereza, bwe tuvunnama mu maaso ga Katonda omulamu, nga obulungi obulamu, okutegeera okulamu, obugumiikiriza obulamu, okutya Katonda okulamu, Amaanyi amalamu agava mu Katonda omulamu, gatufuula omuntu omulamu ekifaananyi ekiramu ekiri mu kigera kya Katonda. Omuntu oyo aba akola ki? Ebintu byennyini Yesu bye yakola; nga atambula mu ngeri y'emu gye yatambulamu, nga akola ebintu bye bimu bye yakola. Kubanga, si kintu kya kuteebereza buteebereza. Waliwo obutuufu obukikakasa.

345 Mulaba kye ntegeeza? Mulaba engeri embala zino, ebizimbisibwa bino, bwe bikwataganira ddala n'ababaka b'Ekkanisa, n'emirembe gy'Ekkanisa? Kati, lumu ku nnaku zino, tujja kulaba buli kimu ku bigambo bino, tubyekenneenye, tulage nti bikikakasa. Byonna bikwataganira ddala. Ddala.

Mukiraba? O, bannange! Ekyo nga kirungi, mulaba, okulaba kye—kye kikola.

346 Kaakati, eyo ye Nnyumba Katonda mw'atuula; si kizimbe ekirina ekide ekinene waggulu, n'akanaala akawanvu. Mukiraba? "Naye Ggwe wanteekerateekera Omubiri," Omubiri Katonda gw'asobola okubeeramu, Katonda gw'asobola okutambuliramu, Katonda gw'asobola okulabiramu, Katonda gw'asobola okwogereramu, Katonda gw'asobola okukoleramu. Amiina! Ekikozesebwa kya Katonda ekiramu, Katonda nga atambuza magulu abiri, mu ggwe. Kitiibwa! "Ebigere by'omutuukirivu biruŋŋamizibwa Katonda," Katonda nga atambulira mu ggwe. "Kubanga muli bbaluwa empandiike, ezisomebwa abantu bonna." Era Obulamu obwali mu Kristo bwe bubeera mu ggwe, ojja kwolesa Obulamu Kristo bwe yayoleka.

347 Nga era bwe ntera okwogera bulijjo. Jjamu amasanda mu muti gw'amatugunda, era ssinga obadde osobola, okubaako engeri, gy'ogayingiza mu muti gwa apo, omuti gwa apo gujja kubala matugunda. Ddala. Ge gujja okubala. Amatabi ne bwe gafaanana gatya, guba gulina amasanda ga apo mu gwo, olaba, oba ekika ky'omuti omulala gwonna. Mukiraba? Obulamu bwago gagujja mu muti gwa apo, kati bw'obuggyamu bwonna, n'o—n'ogussaamu amasanda amalala, ng'ogakamula okuva mu muti gw'omutugunda okugassa mu muti gwa apo. Kiki ekibeerawo? Tegujja kuddamu kubala matugunda. Okiraba? Nedda, ssebo. Tegujja. Manyanga, ssinga obulamu bw'omutugunda buzzibwa mu muti gwa apo, tegujja kuddayo kubala bibala bya apo. Gujja kubala matugunda, okiraba, okiraba, kubanga bwe bulamu bwe gulina mu gwo.

348 Kati, ffe bw'otutunuulira, tetulina kye tuli okuggyako obutanga bw'oku ttale, ebisirusiru, olaba, era tetuliimu kalungi konna, kubanga ffenna twali twafiira mu kibi ne mu kwonoona. Ffenna twali mu mbeera bw'etyo. Naye ate era ffe, ffennyini, tusobola okuvunnama, ne tweweerayo ddala, okutuusa Katonda lw'akwata olupiira Lwe olukyusa omusaayi, nga eryo lye Linnya lya Yesu Kristo, kubanga, "Tewali Linnya ddala wansi w'Eggulu omuntu mw'asobola okulokolebwa," n'addira Obulamu bwa Kristo n'abututeekamu. Olwo ne tuba n'okukkiriza okw'ekika *kino*, okukkiriza Kristo kwe yalina. Ate okukkiriza kwa Kristo kwali tekwesigamiziddwa ku Bafalisaayo bali, newankubadde ku Basaddukaayo, newankubadde mu nsumbi zaabwe, mu mabinika, n'entamu, ne mu kunaaba kwabwe. Kwali kwesigamiziddwa ku Kigambo kya Katonda, amiina, nnyo ddala, n'okutuusa nti Kristo ye yali Kigambo, Ekigambo ne kyambala omubiri. Naffe bwe tuteekebwamu Amaanyi Ge ne gatujjulira ddala, ne tufa eri endowooza zaffe, okukkiriza kwaffe ne kufuuka okukkiriza okwa nnamaddala, aleruuya, awo Obulamu bwa Kristo bututeekebwamu. Tufuuka bitonde bya Katonda ebiramu, ekifo ekibeerwamu Omwoyo

Omutukuvu mw'asobola okusinziira okubunyisa wansi eno yonna emikisa Gye emitukuvu, era tuba mu kigera kya Kristo.

349 Yesu yagamba nti, "Tekyawandiikibwa? Munnenya, bwe ŋŋamba nti, 'Nze Mwana wa Katonda.' Tekyawandiikibwa nti, 'Muli bakatonda.' Amateeka gammwe gennyini si bwe gagamba?" Nga Musa, nga Eriya, nga bannabbi abo abaasemberera ennyo Katonda, okutuusa Katonda lwe yejjuza Mwene mu bo. Ne boogera, nga teboogera ku lwabwe bo, wabula nga Katonda y'ayogera. "Temweraliikiriranga ku kye munaayogera, kubanga si mmwe aboogera. Wabula Kitammwe atuula mu mmwe; y'Ayogera." Ebigambo Bye si bibye ku bubwe, kubanga, ye obulamu bwe, yafa.

350 Bw'ofa, omuntu bamuggyamu omusaayi, ne bamuziraga. Omutawaana guli nti, bangi ku bo tebaabaziraga. Omuntu bw'omuggyamu omusaayi, aba awedde. Kati ekintu kyokka ky'okola kwe kumussaamu omusaayi omulala; awo aba ajja kulama. Oba wamuggyemu omusaayi gwe.

351 Era kati twafuna Omusaayi gwa Yesu Kristo mu ffe, okiraba, era ekyo kireeta okukkiriza kwa Yesu Kristo, obulungi bwa Yesu Kristo, okutegeera kwa Yesu Kristo, okwefuga kwa Yesu Kristo, obugumiikiriza bwa Yesu Kristo, okutya Katonda kwa Yesu Kristo, okuba n'ekisa eri ab'oluganda okwa Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, nga ye Yesu Kristo. Ye Mutwe era y'akufuga. N'ebigere byo gwe musingi, okukkiriza. Amiina! Nga Omutwe gwe gukufuga, kitwala . . . ? . . . Kiikyo awo. Oyo ye muntu wa Katonda atuukiridde, bw'abeera n'embala zino mu ye.

352 Awo, Katonda, aba akiikirira Ekkanisa Ye nga Omugole, omukazi. Katonda Ekkanisa Ye agyoleka nga Omugole. Era engeri gy'Akuzaamu omuntu ssekinnoomu okutuuka okubeera omwana We, okuyingira mu Mugole oyo, n'Omugole gy'Amuyisizzaamu okuyita mu mirembe gino, [Ow'oluganda Branham akoona ku lubaawo lwe emirundi musanvu—Omuk.] okutuusa Ekkanisa eno yonna lw'Agituusa wamu mu *kino*.

353 Ebigere byange bitambula. Lwaki? Kubanga omutwe gwange bwe guba gulagidde. Kati, tebisobola kutambula nga mukono gwange, kubanga byo bigere byange. Luther tasobola kukola bintu bino bye tukoze, newankubadde Abamesodisiti, kubanga bo baali kintu kirala. Okiraba? Ebigere bitambula kubanga omutwe guba gulagidde. Ate omutwe tegusobola kugamba nti, "Kati, mmwe ebigere, mufuuke omukono. Kutu, fuuka amaaso." Okiraba?

354 Naye, mu buli mulembe, Katonda yateeka ebintu bino mu Kkanisa Ye, era n'akiteeka mu kifaananyi nga alaga nti buli muntu ssekinnoomu bino abirina, alina embala zino. Era Ekikula *kino*, bwe kituukirizibwa, ye Kkanisa ya Katonda egenda mu Kukwakkulibwa. N'ekikula *kino*, nakyo

ekituukiriziddwa, aba muweereza wa Katonda, mu Kkanisa ya Katonda, eyo egenda mu Kukwakkulibwa. Ekitiibwa! Mulaba kye ntegeeza? Kiikyo awo. Ekintu kyonna ky'ekyo awo mu bujjuvu.

355 *Wano* wajjawo omusajja, Pawulo, n'assaawo omusingi. Irenaeus n'atandika okuguyiwako *kino*. Eyaddako n'ayiwako *kino*. N'eyaddako n'ayiwako *kino*. N'eyaddirira *ekyo*, n'*ekyo*, n'*ekyo*, ne kyeyongera bwe kityo okutuusa ku mulembe ogusembayo. Naye nga kiki? Ye Mwoyo y'omu.

356 Omwoyo y'omu abeera mu nze, agamba nti, "Emikono, mukwate kkeesi eyo." Omwoyo y'omu n'agamba nti, "Ebigere, musimbule." Mulaba kye ntegeeza?

357 Olwo, ekigera kyo kyonna eky'obuntu ne kiba nga kifugibwa era nga kiruŋŋamizibwa bintu bino, naye tekiyinza kufugibwa mu bujjuvu okutuusa nga kifunye embala zino mu kyo.

358 Kino mwali mukiwuliddeko? Kati ka mbagambe kino. Era mubeerere ddala . . . Kino mukiwulirire ddala bulungi. Mulaba? Awasinga obunafu mu lujegere we waba amaanyi gaalwo. Ekyo bwe kiri. Teruba lugumu kusinga awo awasinga obunafu we lwayungira.

359 *Bino* ne bwe biba byazimbibwa ne binywera okwenkana wa, nga *kino* kyazimbibwa; naye bwe kibaako ne wekyayungirwa awanafu, awo wennyini we kikutukira. Era tekisobola kuba kigumu kusinga awo awasinga obunafu we kyayungirwa. [Ow'oluganda Branham wano ajuliza ku kifaananyi kye ekiri ku lubaawo—Omuk.] Kati bw'oba olina, nga bw'ogamba nti olina *kino, kino, kino,* naye nga *kino* tokirina, awo we kimenyekera. Bw'oba ne *kino,* naye nga *kiri* tokirina, kijja kumenyekera awo wennyini. Nga olina *kino,* naye nga *ekyo* tokirina, kijja kumenyeka. *Kino,* naye nga *kino* tokirina, kijja kumenyeka. *Kino,* naye nga *kino* tokirina, kijja kumenyeka. Okiraba? Era bw'oba to . . . Tosobola kuba na *kino* nga tolina *kino*.

360 N'olw'ekyo bwe weewaayo ggwe wenna nga omuntu, awo Omwoyo Omutukuvu akufukumulamu, embala zino, olwo n'obeera yeekaalu ennamu. Awo abantu bwe bakulaba ne bagamba nti, "Oyo musajja ajjudde obulungi, okutegeera (akkiriza Ekigambo), okwefuga, obugumiikiriza, okutya Katonda, n'ekisa eri ab'oluganda, ajjudde okwagala kw'Omwoyo Omutukuvu. Mumulaba, wuuyo, atambula agenda." Kiki ekyo? Ekigera abatakkiriza kye basobola okutunuulira ne bagamba nti, "Oyo ye Mukristaayo. Oyo ye musajja, oba omukazi, amanyi ky'ayogerako. Tolabanga muntu wa kisa, omuwombeefu, atya Katonda nga oyo." Obeera oteekeddwaako envumbo. Envumbo erabika ku njuyi zombi. Oba ogenda oba okomawo, envumbo osigala ogiraba. Kiikyo. Olaba? Omusajja oba omukazi bw'aba na *bino,* olwo nga Ejjinja eritikkira likka

ne limusibira mu Bwakabaka bwa Katonda, nga ye Mwoyo Omutukuvu.

361 Olwo nga Ekigambo, ekiva *Wano,* kyeyoleka Kyo okuyita mu buli omu ku bantu bano, olaba, nga Omuntu ono ajjudde kimufuula Yeekaalu ya Katonda omulamu, eky'okulabirako ky'Obukristaayo ekiramu, ekitambula. Ekyo Kristo kye yali, n'abantu bano kye bali, kubanga Obulamu Bwe buli munda wano. Bali mu Kristo. Era obulamu bwabwe bwafa ne bukwekebwa mu Kristo, okuyita mu Katonda, ne buteekebwako envumbo omwo n'Omwoyo Omutukuvu. Abakkolinso Ekisooka 12. Ekyo bwe kiri. Mukiraba? Weebala nga afudde, n'olyoka ozaalibwa okukkiriza. Olwo obulungi n'ebintu bino ebirala ne bikwongerwako okutuusa lw'ofuuka ekifaananyi kya Katonda ekiramu, ekituukiridde. Ekyo kirungi nnyo?

362 Ne Katonda, mu ekyo, mw'ayisizza Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, okulaga emitendera omusanvu mw'Ayise, nga azimba omuntu We okutuuka mu kifaananyi Kye, azimbye Ekkanisa enzijuvu mu kifaananyi Kye. Era mu kuzuukira, Omubiri guno omujjuvu gulizuukizibwa okubeera naye emirembe n'emirembe, kubanga ye Mugole. Olaba? N'olw'ekyo ekyo kiyita mu buli mulembe, mu buli mulembe ogwali gubaddewo.

363 Ate mujjukire nti, waliwo ebisingako awo ebyetaagisa. Mujjukira Pawulo kye yagamba wano mu Abaebulaniya 11? Ka mbeeko ne kye mbasomera wano nga tetunnaggalawo, mu ddakiika emu. Kati olwo mmwe. . . Kirina engeri etali ya bulijjo gye kibaleetera okuwuliramu bwe. . . bulijjo, bwe nkisoma. Ŋŋenda kukozesa Abaebulaniya 11, era ŋŋenda kutandikira ku lunyiriri olwa 32.

> Kiki ekirala, *njogere ki nate? Kubanga ebbanga linanzigwako* okubagamba *ku Gidiyooni,. . . ku Balaki, ne. . . Samusooni, ne. . . Yefusa;. . . Dawudi. . . ne Samwiri,. . . ne bannabbi:*
>
> *olw'okukkiriza abo be baawangula obwakabaka, be baakola eby'obutuukirivu, be baafuna* ekisuubizo, *be baabuniza* akamwa *k'empologoma,*
>
> *Be baazikiza amaanyi g'omuliro, be badduka obwogi bw'ekitala,* ne *baweebwa amaanyi okuva mu bunafu, be baafuuka abazira mu* mbiro, *be baagoba eggye. . . ly'abamawanga.*
>
> *Abakazi ne baweebwa abafu babwe mu kuzuukira: . . . abalala* ne bayita mu kuyigganyizibwa, *ne* bayigganyizibwa, *nga tebaganya kununulibwa; balyoke baweebwe okuzuukira okusinga obulungi:*

364 Wansi *wano* eno. Mukiraba? [Ow'oluganda Branham ajuliza ku kifaananyi kye ekiri ku lubaawo—Omuk.] Kale.

N'abalala baafuna ebigezo . . . *baaduulirwa* . . . ne bakubibwa, *weewaawo, nga kw'otadde* . . . *n'okusibibwa* . . . *mu kkomera:*

Baakubibwa amayinja, baasalibwamu n'emisuumeno, baakemebwa, battibwa . . . n'ebitala: *nga bambadde amaliba g'endiga n'ag'*embuzi*; nga tebalina kantu,* ne *babonyaabonyezebwa,* ne *bakolebwa obubi;*

(Ensi b'etasaanira*:)* . . .

365 Weetegereze, mu bukolwa awo, okyekkaanyiza mu Bayibuli yo.

. . . *nga bakyamira mu malungu, ne ku nsozi ne mu mpuku ne mu bunnya obw'ensi.*

. . . bano bonna, *bwe baamala okutegeezebwa olw'okukkiriza kwabwe,* . . .

366 *Wano*! [Ow'oluganda Branham ajuliza ku kifaananyi kye ku lubaawo—Omuk.]

. . . *okutegeezebwa olw'okukkiriza kwabwe, ne batafuna kyasuubizibwa:* (Okiraba?)

Katonda bwe yatulabira edda ekisinga obulungi, bo baleme okutuukirizibwa ffe nga tetuliiwo.

367 Mukifunye? Abantu bano abaafa, munda *wano,* beesigamye ku ffe era balindiridde ffe. N'olw'ekyo, Ekkanisa *eno* erina okutuuka ku kutuukirira, okusobola okuleeta okuzuukira. Era bali wansi, emmeeme eziri wansi w'ekyoto, nga zirinda Ekkanisa eno okutuuka mu kutuukirira kwaayo, Kristo bw'alijja.

368 Era Ekkanisa eno, mulaba, eyongera kukendeera bukendeezi, mu muwendo. [Ow'oluganda Branham ajuliza ku kifaananyi kye ekiri ku lubaawo—Omuk.] Kisingako n'awo obusongovu, naye kwagala kuwandiikawo musaalaba ogwo awo, olaba. Kituuse ku kasongezo akalinga empiso. Okutuusa nti, Ekkanisa, ey'abatono, erina okutuuka mu kifo nga ya kika kya buweereza bwe bumu *eno* bwe yalekawo, kubanga, Ejjinja ery'oku ntikko lino bwe likomawo . . .

369 Liriko engeri y'akannya *wano,* we ligenda okutuulira ddala munda, ku piramiidi eya bulijjo. Si kasaanikira busaanikira kyokka akatuula ku ngulu ku yo. Naye kantu akaggala, era kalina okutuulako, kubanga amazzi gakulukutira ku kko.

Era bwe kajja, Ekkanisa eno erina okutikkirwa.

370 Bino byonna, binyweza amayinja agali munda mu piramiidi, gakwataganye bulungi nnyo okutuusa lwe kiba nti tosobola na kuyisaamu kagirita wakati waago, nga gazitowa ttani nnyingi nnyo, nga gali munda omwo. Oba gaayambusibwamu gatya waggulu eyo, tewali amanyi. Naye nga gaazimbibwa.

371 Era waggulu *wano*, Ekibikka ku piramiidi bwe kirijja, piramiidi Yo yennyini, Omubiri gwa Kristo guliba gulina

okutikkirwa. Si kubeera bubeezi na kikwate eky'engeri emu oba enjigiriza ey'engeri emu, oba ekimu ku bye tuva okuyitamu. Gujja kuba gutuukiridde nnyo ddala nga Kristo, okutuusa nti, bw'Anajja, Ye n'obuweereza obwo bajja kukwatagana bulungi ddala. Mukiraba? Olwo Okukwakkulibwa kulyoke kubeewo, okugenda Eka.

372 Laba we tuli kati, mu Lawoodikiya, ekkanisa we yabeerera omulembe ogwali gusingayo obubi ennyo ogwali gubaddewo. Mu Bayibuli, tukizuula nti, gwe mulembe gw'ekkanisa gwokka Katonda we yali ebweru w'ekkanisa, nga akonkona, agezaako okudda mu kizimbe ekikye Ye. Ebikwate n'ebibiina by'amadiini byali bimugobye mu kkanisa Eyiye ku bubwe. "Laba, nnyimiridde ku mulyango nkonkona. Omuntu yenna bw'alumwa ennyonta n'aggulawo oluggi, Nnaayingira gy'ali, ne ndya wamu naye." Okiraba? Kiikino wano, mu mulembe gw'ekkanisa *guno*. Baamukasuka mpolampola ebweru, okutuusa *wano* we baamufumuulira ddala. Nga tebakyamwetaagirako ddala.

373 Kaakati mulaba leero we twolekedde. N'okutuusa nti mu kuwunzika kw'Omulembe gw'Ekkanisa ya Lawodikiya efuukidde ddala ya mikolo bukolo, okutuuka nti yo n'Obukatuliki, obwagimenyera munda *wano*, bagenda baddiŋŋana era beegatta wamu okufuuka ekkanisa emu ey'amaanyi. Okubeera n'omukago gw'amakanisa, tewali njawulo n'Obukatuliki.

374 Wakyaliwo ekibaawula kimu kyokka, era ekyo ssinga basobola okukigonjoola, kwe kusembera. Ekyo kye kintu kyokka mu masaza g'Ekleziya, e—e—ekigaana Obukatuliki n'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki okwegatta, bye bikwata ku by'okusembera. Ekleziya Katolika egamba nti, "Guba mubiri gwennyini." Ate Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki zo zigamba nti, "Gukiikirira bukiikirizi mubiri." Abakatuliki bakiyimbamu ekitambiro kya mmisa. Emmisa, mu kyo nti bwe bakikola, ne basembera, basuubira nti basonyiyibwa. Ate ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki bakikola lwa kukkiriza, nga beebaza Katonda, mu kusembera, nti basonyiyiddwa. Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki zigamba nti, "Tusonyiyiddwa." Ate yo Ekleziya Katolika egamba nti, "Tulina essuubi nti tusonyiyiddwa." Ekitambiro kya mmisa n'okusembera. Bakiyita kitambiro kya mmisa; ate ffe tukiyita kusembera. Emmisa kuba kusuubira nti kibe bwekityo. Okusembera kuba kumanya nti bwe kiri, era n'okimwebaliza. Mukiraba? Era ekyo ky'ekintu kyokka kye batakkiriziganyaako. Bajja kukikola.

375 O, kirabika nga ekirungi ennyo. Bijja kwegatta, oku... Kijja ku—kijja ku... Weewaawo, Bayibuli egamba nti, "N'ensolo zino ne ziwa amaanyi omukazi omwenzi," olaba, nga beegasse wamu bonna. Mukiraba? Ekyo kyennyini Bayibuli kye yagamba kye baali ab'okukola, kye bakola mu kaseera kano kennyini.

Kigenda mu maaso, wiiki eno yennyini. Kati tekiri nti mpalana Abakatuliki, yadde ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki.

376 Nammwe Abamesodisiti n'Abaputisiti, n'abasinga obungi ku mmwe Abapentekoote, amakanisa gammwe gaayingira dda mu mukago gw'amakanisa guno, bwe baazimba ekizimbe bwaguuga eky'ekijjukizo eri mu New York, eky'omukago gw'amakanisa ogwo, mu ngeri y'emu nga ne mu kibiina ky'Amawanga Amagatte n'ebintu ebirala. Bagezaako okugatta wamu Enzikiriza zonna eziwakanya Obukatuliki.

377 Kati, mu kino Abakatuliki bagezi, bagenda kuleeta Ppaapa Yokaana ono ow'abiri mu abasatu, oba abiri mu ababiri, kyonna ky'ali. Agezaako, mu ngeri ey'obuwombefu, mu kimpowooze, okugatta wamu Enzikiriza zonna eziwakanya Obukatuliki okuzigatta n'Obukatuliki okuba enzikiriza emu, kyennyini Bayibuli kye yagamba nti kye balikola. Kiikyo awo. Ate n'ab'Enzikiriza eziwakanya Obukatuliki bakimira bukkolokkolo, eddobo, akaguwa, n'akayinja kaakwo.

378 Lwaki? Lwaki? Kubanga ebintu *bino* tebabirina. *Okutegeera* nti, "Ekigambo kituufu." *Obugumiikiriza* nti, "Abo abalindirira Mukama." Mulaba kye ntegeeza?

379 Nga omulabirizi w'Abamesodisiti bwe yagamba luli, ekyo lwe baakiyisa. Era buli muntu akimanyi, engeri, ekyo kwe kyava, nga bagezaako okufuna essaala emu okuba nti y'esabibwa mu kkanisa, manya mu ssomero. Nga ayagala oku . . . Kirabika yali mu kitabo ky'Abapulesibiteriyani eky'okusaba, oba ekintu bwe kityo, naye abazadde ne bawaabira e—e—essomero kuba baagaana okukkiriza essaala eno okuba nti y'esomebwa ku ssomero. Kale omulabirizi ono Omumesodisiti yali musajja mugezi nno, yayimirira n'agamba nti, "Ekyo kikyamu." N'agamba nti, "Kikontana ne ssemateeka." Yakirabuukirira. N'agamba nti, "Okugeza nga mu kkanisa yaffe ey'Abamesodositi," n'agamba nti, "mu kkanisa yaffe ey'Abamesodositi," n'agamba nti, "bangi ku bantu baffe bulijjo babeera bavumirira ebyesittaza ebiri mu Hollywood, kyokka ku bo kyenda mu bataano ku buli kikumi ne basigala nga bagendayo okubiraba."

380 Omutawaana guli wa? *Kino* baakisuula muguluka. Bwe kiri ddala. Ekyo baakisuula muguluka.

381 Nnali njogera wano wennyini mu kisenge kino, olunaku lwa luli, eri o—o—omukungu okuva mu emu ku makanisa g'Abamesodisiti agasingayo obunene mu Kibuga Falls, mu emu ku makanisa g'Abamesodisiti agasingayo okuba ag'omwoyo mu Kibuga Falls. Okumulaga, omulembe gw'Abamesodisiti oguddirira omulembe gwaffe awo, ogw'Abapentekoote. N'agamba nti, "Mu St. Louis, Missouri, baakola okunoonyereza, emyezi nga esatu oba ena egiyise, ne bakizuula." Omusajja oyo ayinza n'okuba nga atudde wano enkya ya leero. Weewaawo,

ye yakwata kontulakiti y'okuzimba, okututereereza ekizimbe kino. Wa mu Main Street Methodist, gy'asabira, Ow'oluganda Lum ne banne gye baali basumba. Kati tukiraba nti, mu ekyo, kye nzikiriza nti kyali nga ebitundu nsavu n'omusobyo ku buli kikumi eby'Abamesodisiti mu kugeraageranya, okwo, okwava mu kunoonyereza okwakolebwa mu St. Louis, kwalaga nti ebitundu nsavu n'omusobyo ku buli kikumi eby'Abamesodisiti banywa ssigala, ate nga ebitundu nkaaga mu munaana ku buli kikumi ku bo banywa eby'okunywa ebitamiiza. Abamesodisiti! Ate ekisinga okwewuunyisa kyali nti, okugeraageranya bwe kwalagibwa, oba okuteebereza wakati w'omuwendo gw'abakazi n'abasajja; abakazi, baali nsanvu, nsanvu n'omusobyo ku buli kikumi, bw'ogeraageranya n'abasajja bo abaali nga ebitundu ataano ku buli kikumi. Abakazi baali basinga abasajja mu kunywa ebitamiiza n'okunywa ssigala. Ebitundu nsanvu ku buli kikumi, ebitundu nsanvu n'omusobyo ku buli kikumi, nga abakazi basinga abasajja obungi.

382 Kati ate kiba kitya bwe tuyingirira eby'Enjigiriza ya Bayibuli ekwata ku kwambala empale ennyimpi, n'okusala enviiri, n'ebirala ebigwa mu kiti ekyo, mulaba, ku ky'okutya Katonda, abakazi abeeyita abatya Katonda ne ku ky'obutukuvu? Ku bintu nga obubaga bw'okuzannya matatu n'ebintu ebirala, enjogeziyogezi, ba nnakamwantette, abatasobola kufuga lulimi lwabwe. Olulimi lwabwe olutawummulako ababeera nga boogera buli kiseera n'ebitaliimu, nga bava muno badda muli. Ate abasajja? Obubaga bw'okuzannya matatu, emizannyo gya goofu, nga gye bagizannyira eyo kyenkana bali bwerere, n'engoye eziri awo ezitasaana, nga bali wamu n'abakazi. Tekyewuunyisa!

383 Mulaba okukonjera okwo kwe bajweteka ku mubuulizi oyo, abuulira enjiri mu kkomera, enkya ya leero? Yee, ssebo. Ssikikkiriza nti omusajja oyo omusango ogwo gumusinga. Kyaleeta ki? Oyo ye W'oluganda . . . nneerabidde . . . [Omuntu omu agamba nti, "Dan Gilbert."—Omuk.] Yee. Dan Gilbert, abuulira enjiri mu makomera. Omusajja oyo bwe yamenya n'ayingira n'atemula Dan, emyezi mitono egiyise, mbu kati mukyala we anaatera okuzaala. Amazima gali nti, ye Dan mufu, kale tebasobola na kukebera musaayi gwa mwana kati. Omukazi agamba mbu Dan yamukaka omukwano, era mbu oyo . . . "Mbu oyo mwana wa Dan." Ekintu nga . . . Ekyo nze ssikikkiriza era nga bwe ssikkiriza nti ki—nti—kinnamuŋŋoona kisobola okuba n'ebyoya by'enjiibwa. Nedda, ssebo. Obwo nzikiriza bulimba. Nzikiriza Dan Gilbert yali musajja wa Katonda. Era nzikiriza nti olwo lukwe lwa ssetaani.

384 Nga ekintu kiri kye baali bagezaako okubagawo ekikwata ku by'okusaba. Nnamukadde oli Omumesodisiti—Omulabirizi Omumesodisiti yali mugezi nnyo okusobola okukibaka. Ssinga

yali, ekyo ssinga kyali kiyisiddwa, kyali kyaliko ekigendererwa ekirala. Bwe kiri.

385 Kiringa ekizibu kino eky'obusosoze mu langi obuli mu Maserengeta, nakyo kintu kye kimu. Nzikiriza nti abantu balina okuba n'eddembe. Nzikiriza nti eggwanga lino lirwanirira ddembe. Mw. Kennedy ssimunenya kusindikayo magye. Newankubadde, siri—siri "muwagizi wa nkola mpya," siri munnakibiina kya ba Democrat. Siri munnakibiina kya ba Republican. Ndi Mukristaayo. N'olw'ekyo ndi. . . Naye nange ekyo ssikikkiririzaamu. Ssikkiriza nti abaddugavu basaanye okwetundako obusika bwabwe eri ekintu nga ekyo, era. Kyali—kyali kibiina kya byabufuzi eky'aba Republican. Omusaayi gwa Abraham Lincoln gwe gwawa abantu abo eddembe kubanga yali musajja atya Katonda. Ndowooza basaanye okunywerera ku kibiina kyabwe bwe baba ba kukuba kalulu.

386 Naye leka mbabulireyo ekintu kimu, omuvubuka oyo teyali mmanga eyo lwakuba, lwa masomero gaabwe. Omuvubuka oyo mutuuze. Mumerika. Lino eddembe lya buli omu. Langi y'omuntu tesaanidde kuleetawo njawukana. Ffenna. . . "Katonda," yagamba nti, "okuva mu muntu omu, yakola omusaayi gwonna, amawanga gonna." Ffenna tuli omu. Naye, omuvubuka oyo, yali mujaasi. Yazirwanako. Yalwanirira ekyo ekituufu. Yalina eddembe ery'okusoma. Bwe kiri. Naye yalina amasomero mangi gye yali asobola okugenda.

387 Ekintu ekyo kwe kiva. Bw'olondoola gye kiva, ebintu by'ebibiina by'amadiini bino eby'ensangi zino, ye nsibuko yaakyo. Lwaki? Bazunza obululu bw'abaddugavu obwo okuva mu kibiina ky'aba Republican okubuzza mu ky'aba Democrat, era bambi beetundako obusika bwabwe olw'ekyo. Ge mazima ddala. Omwoyo Omutukuvu tali wano. . .

388 "Leka oyo alina amagezi." "Leka oyo alina okutegeera." Ddala. Kifaananako n'ekkanisa eno, omulembe guno oguliwo, bwe guli mu kwetunda. Temusobola kulaba kigenda kubaawo?

389 Ssifaayo oba kino kiteekebwa ku lutambi. Kiikino kijja. Uh-huh. Yee. Mutawaana ki? Mmange omukadde yateranga okugamba nti, "Ssetaani muwe ebibye."

390 Waliwo omusajja omu yekka eyakola ekintu eky'amagezi, yali Castro emmanga eri. Yee, ssebo. Yaserengeta emmanga eyo. Ba ssitakange baali balina ebikajjo n'ebintu ebirala bwe bityo. . . bibalirirwa kusinziira ku bbeeyi ya zzaabu, nga mu Amerika. Yakola ki? Yagula emigabo egyo gyonna. N'afuna ssente mu buli ngeri yonna. Oluvannyuma n'akola ki? N'akola ssente ez'ebikwangala, nazikyusa. N'azizzaamu. Ekyo kye kintu kyokka eggwanga lino kye lisobola okukola.

391 Mwawuliriza *Life Line* amakya ga luli? Kubanga, omanyi, kiba nga bw'otunda emigabo okufunamu zaabu. Naye emigabo giba gyatwalibwa dda. Kati olwo gavumenti eno eriko ssente

esaasaanya zaaki? Ku lwa ssente za musolo gwe balikuŋŋaanya emyaka ana okuva kati. Eggwanga liwedde. Kati eyo ye *Life Line* butereevu okuva mu Washington, DC, okubuna eggwanga lyonna. Emisolo gyonna gye basaasaanya, ate ne bagezaako okugula ssente z'amawanga amalala. Amazima, bazigaba bugabi. Temukiraba? Ky'ekyo kyennyini kye ba—kye bagenda okukola. Okiraba? Kiki? Kati, eggwanga lino ssinga limala ne ligootaana mu by'ensimbi, ekintu kyokka kye lisobola okukola kwe kugootaana mu by'ensimbi. Kyokka kye lisobola okukola kwe kwavuwala.

392 Ekyo ky'eky'amagezi kyokka eky'okukola, kukyusa ssente. Naye tebasobola kukikola, wansi w'obukulembeze buno obuliko. Ekleziya Katolika ey'e Rooma ye nnannyini zaabu w'ensi yonna. Era kye bajja okukola kwe kumutunda yenna eri, "Abasajja bano abagagga," n'abalala, "ab'ensi," nga Bayibuli bwe yagamba. Banaakola ki, nga tebannafiirwa? Aba Brown ne Williamson Kampuni ya Taaba, ndaba, yonna okusinga ya Bakatuliki. Kati ate ebintu ebirala bino byonna, banaakola ki? Ekyo bajja kukikkiriza, era batwale ssente eziva e Rooma, olwo eggwanga litundire ddala obusika bwalyo. Rooma y'eri emabega waalyo. Yee, ssebo. Ejja kuliwagira. Era bali mu kubagawo enkola ezimala kati, nga babeetooloola, bwe bayingizaamu kabineti ye. Ggwe laba Mw. Kennedy by'asaba.

393 Era bwe muba kino mwakiraba, luli, tekikyagasa kukuba kalulu. Okukuba akalulu kukyagasa ki? Bwe baba, baakiteeka mu mpapula z'amawulire, ne bakikakasa mu lujjudde, naye ne bagaana okubaako ne kye bakolawo. Ne, bakakasa nti ebyuma byonna okwetooloola eggwanga byakwatibwamu, era nti Mw. Kennedy yalondebwa mu bukyamu. Bayibuli tegamba nti alijja kuyita mu kulimba? Mazima ddala, bulimba. Kati, ssirwanyisa kibiina kya Democrat oba ekya Republican, wabula mbalaga bukakafu bw'ebyo ebiri mu Bayibuli. Kigasa ki okukuba akalulu? Bamanyi ani agenda okuwangula.

394 Bameka ku mmwe abajjukira pulogulaamu eyali ku tereviizoni okwali abakyala ababiri nga bayimiridde? Omu n'agamba nti, "Nze ŋŋenda kulonda Mw. . . ." Manya, yali mukazi wa Nzikiriza ewakanya Obukatuliki n'agamba nti, "Nze ŋŋenda kulonda Mw. Kennedy."

Ne bamubuuza, "Lwaki?"

395 N'agamba nti, "Kubanga ndowooza musajja mugezi okusinga ku Mw. Nixon. Ajja kuba Pulezidenti mulungi okusinga oli."

396 Omusajja n'agamba nti, "Ono mukazi Mukatuliki. 'Ogenda kulonda ani?'"

397 Omukazi n'agamba nti, "Ndi Mukatuliki, Omukatuliki ow'e Rooma, Omukatuliki kkungwe." N'agamba nti, "Naye ŋŋenda kulonda Mw. Nixon."

"Lwaki?"

398 N'agamba nti, "Kubanga, ndowooza Mw. Nixon ajja kubeera Pulezidenti mulungiko kubanga ebintu abirinamu nnyo obumanyirivu. Eby'enkola y'obwann'akaly'akani abimanyi bulungi." Omukazi oyo yalimba.

399 Nnina *E*. . .ekitabo kye bayita, *Ebikakafu Ebikwata ku Kukkiriza Kwaffe*, ekitabo ky'Abakatoliki ekisingayo okutundibwa ebbeeyi eya waggulu. Era munda omwo kagamba nti, "Bwe wabaawo Omukatuliki yenna eyeesimbyewo, nga avuganya n'ow'Enzikiriza ewakanya Obukatuliki; Omukatuliki ssinga kamutanda n'alonda ow'Enzikiriza ewakanya Obukatuliki, agobebwa mu kussa ekimu kw'ekleziya Katolika." Bwe kiri. "Era ssinga wabaawo Abakatuliki babiri abavuganya ku kifo kye kimu, bajja kulondangako Omukatuliki oyo asingako ku munne obuwulize eri 'nnyaffe ekleziya' gwe baba balonda."

400 Mulaba engeri, obulimba obw'ekika ekyo, kye bagezaako okukola? Nga bayiwaayiwa ssente, okugulirira. Lwaki? Bagezaako kulyavuwaza. Era bakikola, era kati lyavuwadde. Kye kiki ekyo? Kati litambulira ku bbeeyi ya zaabu. Ate nga ekleziya Katolika, obukulembeze bwayo obw'emitendera, ye nnanyini zaabu w'ensi. [Omuntu omu agamba nti, "Obuwumbi kikumi mu nkaaga mu munaana obwa doola."—Omuk.] Obuwumbi kikumi mu nkaaga mu munaana. Kiikyo. Balizzaayo eri ku bbeeyi ya zaabu, olwo mmwe bantu mmwe ne musigaza amaka gammwe n'ebirala, naye nga ekleziya Katolika y'ebalinako obwa nnanyini. Eggwanga lya ekleziya Katolika. Ekintu kyonna kyawambibwa mu ngeri eyo, okuyita mu ssente zaabwe. Ekyo Bayibuli tekyogerako? Ekyo kye kifaananyi Bayibuli ky'etulaga.

401 Kye ngezaako okugamba, ow'oluganda, leero. Bajja kugamba nti, "Ekyo kijja kugifuula kkanisa ennungi. Kijja kugatta wamu Enzikiriza zonna eziwakanya Obukatuliki." Kirabika nga ekirungi eri amaaso ag'obutonde, naye okutegeera kw'ensi eno busirusiru eri Katonda.

402 "Era Katonda kyamusanyusa, okuyita mu—mu busirusiru obw'okubuulira, okulokola abo abaabula," okuyita mu wofiisi ey'Obwakatonda, gye yateekawo mu Kkanisa Ye, okuzimba Ekkanisa ku mbala zino ez'omwoyo so si ku buli kintu kyonna eky'ensi.

403 Peetero yagamba nti, "Era kubanga mwawona okuzikirira okuli mu nsi olw'okwegomba ssente, n'okwegomba amasanyu, n'okweyagala, n'okulya, n'okunywa, n'okwegomba bye tulina. Ebyo mwabiwona. Era kaakati muzimbiddwa mu bulamu. Ekyo nkiwandiikira Kkanisa," bwe yagamba. Kiikyo awo. Ekyo mwakisomye? Mwakifunye bulungi? Mwakiwulidde bwe twakisomye emabegako wano mu Peetero Eky'okubiri?

Mumuwulirize ky'agamba wano, bwe kyawandiikibwa obulungi ddala munda wano, n'engeri gy'a—gy'akiwandiikamu. Kale. Mumuwulirize kati nga ayogera. Kale.

> Peetero, *Simoni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo . . . abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twafuna mu butuukirivu bwa Katonda era Omulokozi waffe Yesu Kristo:*
>
> *. . . emirembe bye—byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda, ne* mu *Yesu* Kristo *Mukama waffe,*
>
> *kubanga o—obuyinza bw'obwakatonda* bwe *butuwadde byonna . . .*

404 B'ani abagenda okusikira ensi n'ebintu byonna? [Omuntu omu agamba nti, "Abatukuvu."—Omuk.] Ddala. "Ebikwata . . . " Weewaawo. Kale.

> . . . ebikwata *ku bulamu n'eby'okutya Katonda, olwokutegeerera ddala oyo* atuyise *olw'ekitiibwa* okudda mu kitiibwa:
>
> Ebituweesa ekisuubizo *ekinene . . . eky'omuwendo omungi ennyo: olw'ebyo mulyoke mugabanire wamu obuzaaliranwa bwa Katonda, bwe mwawona okuva mu kuzikirira* (Wulira ekyo.) *okuli mu nsi olw'okwegomba.*

405 Okwegomba kwa ssente, okwegomba okw'ebintu eby'amaanyi, okwegomba kw'ettutumu, ebintu bino bifu eri omukkiriza. Ffe tetufaayo. Oba weema oba kayumba akatonotono, nfaayo ki; oba ndi mulamu oba nfudde, oba kukka wansi mu mazzi oba kubbira? Kino kye kintu kye nnettanira, bwe Bwakabaka bwa Katonda. Ne bwe nfaayo ennyo ku maka gange, ne bwe nfaayo ennyo ku b'enju yange, ne bwe nfaayo ennyo ku byonna bye nkola, leka nsinge kufaayo nnyo ku Kristo, essuubi lyaffe ery'Ekitiibwa.

406 Nzimba, Ai Mukama, okutuuka mu *Kino*. Leka Kristo y'aba abeera Omutwe gwange, nga akolera mu nze. Ku musingi gwange, okukkiriza kwange mu Ye, leka, obulungi, okutegeera, okwefuga, obugumiikiriza, okutya Katonda, n'okuba n'ekisa eri ab'oluganda, bikolere mu nze, Ai Mukama, kwe kusaba kwange. Ssifaayo; oba mbeera mulamu oba nfa, oba nzika wansi mu mazzi oba okubbira; oba nnina ekibiina ky'eddiini oba ssirina; oba nnina emikwano oba ssirina. Ekyo leka kikolere mu nze, leka obulungi bwa Kristo, okutegeera Kwe, bikulukutire mu nze, nange nsobole okubiyigiriza ebyo.

407 "Kubanga Katonda yateeka mu Kkanisa, abatume, bannabbi, abayigiriza, abasumba, n'ababuulizi b'enjiri, bonna olw'okutuukiriza n'okugireetamu embala zino, olw'okutuukirira okwo okw'Okujja kw'Omwana wa Katonda."

Buli limu ku mayinja *gano* liri kitundu ekyava ku Eryo. *Lino* liri kitundu ku Lino. Buli emu ku mbala zino esangibwa mu Ye, era zifukumulwa okuva mu Ye, okuyita mu bo. Amiina.

408 Essaawa ziri mukaaga zennyini. Zonna ziraga wa? Amiina. Mumwagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekyo mukikkiriza? ["Amiina."] Wuliriza, ggwe omuto.

409 Mwannyinaffe Kidd yaŋŋambye, ku makya ga leero nti, "Ow'oluganda Bill, ssimanyi oba nnaddamu okukulaba nate." Ekyo kyabuzeeko katono okunzita. Mulaba? Muli alowooza akaddiye, ate nga kituufu. Nnabasabira Katonda abakuume ye n'Ow'oluganda Kidd, okumala ebbanga ddene.

410 Muleke mbabuulire, tetumanyi kiseera kyenkana wa kye tugenda kubeera ffenna. Ssimanyi kiseera kyenkana wa kye ŋŋenda kubeera nammwe. Katonda ayinza okumpita okuva mu nsi eno. Ayinza okumpita okuweereza awalala. Ayinza okubaako ne gy'akutuma. Tetumanyi. Naye, leka—leka tufune. Kino tuleme kukireka kutuyitako buyisi. Leka tukitwale.

411 Kiikyo awo, mu Bayibuli. Kiikino wano, kikwataganira ddala n'ebirala byonna. Era ssinga mbadde n'ebiseera okukikola! Tosobola kukikolera mu lunaku lumu. Ekyo mukimanyi. Naye, ekintu kyonna nsobola okukisiba wamu!

412 Mulabeeyo, bwe twamala okuyita mu bubaka obwo luli, mwalaba Omwoyo Omutukuvu kye yakola wano ku kisenge, temwakiraba? Bameka abaali wano ku olwo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mukiraba? Ddala! Yakkira ddala wansi, n'akuba ekintu kye kimu kyennyini, Malayika wa Mukama oyo.

413 Mulaba, kituufu. Tokiganya kukutolokako. Mukyekwateko, baana bange. Ekyo mmukyekwateko. Jjukira, ku kukkiriza kwo zimbako, obulungi, okutegeera, obugumiikiriza!

414 Kati, wano, ndowooza nga nnabadde n'olupapula wano, bwe mba ssaalusudde bwe nnabadde nga mbulira. Luuluno wano. Weebale, ow'oluganda. Weebale, nnyo. Bwe muba mwandyagadde o—okulutunulako, mulabe oba nga luliko ekintu kye musobola oku. . . Luyinza okuba n'ekifaananyi ekisingako kw'ekyo ekiri awo, kye musobola okukoppako ebimu ku bino. Nja kulutimba waggulu wano, we munaasobolera okululaba obulungi ne—ne mubikoppako.

415 Era njagala mugende nabyo mubyekkaanye, era mubigeraageranye, olwo mulyoke mubiteeke mu nkola. Temubyekkaanya bwekkaanya kyokka, na kubigeraageranya, naye mubiteeke mu nkola oluvannyuma nga mumaze okubyekkaanya. Kitwale nga kikulu nnyo gy'oli. Togamba mbu, "Wabula, nnanyumiddwa okubiwuliriza." Nange, nnyumiddwa. Naye okubiwuliriza, n'okubyaniriza, bya njawulo. Okiraba? Okiraba? Bya njawulo. Okiraba?

416 Waliwo ebisaanyizo musanvu ebikola ekigera kya Katonda. Waliwo Emirembe Musanvu egy'Ekkanisa, Katonda gy'ayisizzaamu Ekkanisa okuba n'ebisaanyizo bino. Era Abadde n'ababaka musanvu okukikola. Waliwo musanvu, musanvu, musanvu. Mukiraba? Musanvu gwe—gwe muwendo gwa Katonda ogw'okumaliriza, ate ssatu gwe muwendo gwa Katonda ogw'okutuukirira. N'olw'ekyo, waliwo ssatu, ne ssatu ssatu emirundi musanvu. N'olw'ekyo, nga okozesa okubala, okw'omwoyo, okuyita mu Kigambo, n'obujulizi bw'Omwoyo Omutukuvu, ekintu kyonna wamu bikimalirizza. Muleke tukyekkaanye.

417 Ku kukkiriza kwaffe leka twongereko ebintu bino, olwo, tusobole okutuuka mu kigera ekijjudde ekya Kristo; nga tugattiddwa wamu n'okwagala kwa Katonda, okutya Katonda, okussaŋŋanamu ekitiibwa mu mitima gyaffe, okussaŋŋanamu ekitiibwa okw'obuziba buli omu eri munne, okuba ab'ekisa eri baganda baffe ne bannyinaffe, obutakozesa njogera mbi, nga tewali kirala kyonna okuggyako obulongoofu bw'obulamu obw'Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba? Mubeere wamu, beera Mukristaayo. Tambula n'okukkiriza. Leka obulungi bwa Katonda bukulukutire mu ggwe; ggulira okutegeera kwa Katonda, bwe kituuka ku kwawula ekituufu n'ekikyamu. Ssetaani bw'abaako ne ky'akuleetera ekitali ddala mu Byawandiikibwa, kisegulire. Bwe kiri.

418 Muli nkubamu akafaananyi nga abatume bali tebeeyisanga nga bwe tweyisa. Oba oli awo baabanga, basajja ba bigambo bitono, okutuusa lwe baalinyanga ekituuti. Ne bayingira ne bakola kye bateekwa okukola, ne bafuluma. Yee, ssebo. Baalina amaanyi. Baalina obulungi. Tebaakaayananga na bantu. Baali bamanyi we bayimiridde. Nga kimala. Baali bamanyi gwe bakkiriza. Beeyongeranga kutambulira mu Mwoyo. Nga bakola ekyo kyokka . . .

419 Nga bwe nnagamba ekiro kya luli. Kunyeenya bunyeenya ku mutwe katono, kyokka Katonda kye yalinga alina okukola, olwo nga tewali kigenda kubaziyiza. Tebaawakananga na kusooka kwekenneenya, na kwesisiggiriza na kweraliikirira nga bwe tukola, nga bebuuza oba basaanye okukola *kino* oba *kiri*. Baagendanga bugenzi mu maaso ne bakikola, mu buli ngeri. Katonda yanyeenya bunyeenya ku mutwe katono ati, nga ekyo kimala, mangu ago. Lwaki? Baategeeranga batya oba nga ddala okunyeenya ku mutwe okwo kuvudde wa Katonda? Baalina embala zino zonna wano, ebisaanyizo bino byonna wano. Era Katonda bwe yanyeenyangako katono omutwe nga bakigeraageranyizaawo na buli kimu ku *bino*, wamu n'Ekigambo Kye. Bwe baakitegeeranga nti Kigambo kya Katonda, nga basimbulirawo. Nga tebalina kweraliikirira kintu kirala kyonna. Katonda bwe yayogeranga, nga basimbulirawo. Ffe twogera . . .

420 Katonda ayogera gye tuli, ne tugamba nti, "Kale, tugenda kukitandikako. Tujja kulaba oba nga Obulamu buno tusobola okubutambuliramu." Naye oba okyali awo, ne wabaawo akunyiiza. Mazima, ddala, oyo aba ssetaani.

421 Ssinga mwamulabye nga agezaako okunziyiza okujja mu lukuŋŋaana luno enkya ya leero. Ekyo lumu musaana mukifuneko. O, saasira! Nteekwa okulwana buli mulundi lwe nnangirira olukuŋŋaana. Ate lwe mbaako omulwadde gwe ŋŋenda okusabira, nga ali bubi nnyo afa naye nga talokokanga, ku olwo wajja kubeerawo amasimu amakumi asatu agankubirwa mu ddakiika kkumi, bwe baba banguyizza ennyo, nga byonna kunziyiza kugenda kukikola. "O, Ow'oluganda Branham, olina okukola *kino*." Naye waliwo emmeeme eri mu matigga. Mazima. Ddala.

422 Ekiro kya luli, waliwo gye bampita. Omuvubuka, nnayogerako naye emmanga wano mu gye muyita, ssemaduuka, emyaka mitono egiyise. Yali afuuse lujuuju. Omulenzi oyo nnali mmumanyi, yali mulenzi mulungi ddala, naye yali mwonoonyi. Kati nnyina n'akuba essimu. Ndowooza yakubira Doc emirundi egiwerako. Nze . . . N'akuba, ne bakubira Billy, o—oluvannyuma obubaka ne buntuukako. Era obubaka bwe bwantuukako, amazima ddala mu bwesimbu, ssibeerangako na kulwanyisibwa kwa maanyi mu bulamu bwange, nga kwe nnafuna okutuuka ku muvubuka oli.

423 Era bwe nnatuukayo, musajja wattu yali takyasobola kuntegeera. Nga ali awo, agalamidde awo, takyategeera, nga ali awo bw'atyo. Nga kitaawe bw'agezaako okumuwembejja, nga bw'agamba nti, "Mukwano." Musajja wattu ali mu myaka ataano, mu myaka nga ataano mu gumu egy'obukulu. Nga bw'agamba nti, "Mukwano," *kino*, n'okugamba "kkakkana." Nga ayagala okugezaako okusituka. Bambi obukono bwe nga kyenkana bwenkana *bwebuti*. Omulenzi kookolo yamulya n'amumalawo n'asigala nga yenna kookolo yekka gw'olaba. Nga ebitundu by'omubiri gwe byonna kookolo yabirya. N'omusaayi gwe nagwo gwali gwaliibwa kookolo, na buli kimu. Nga bambi yenna ali awo, agezaako okusituka, nga aboyaana buboyaanyi bw'atyo.

424 Ne mmukwata omukono, ne ŋŋamba nti, "Woodrow, Woodrow, nze Ow'oluganda Branham."

425 Kitaawe n'amugamba nti, "Ono tomumanyi? Ono ye Ow'oluganda Bill. Woodrow, ono ye Ow'oluganda Bill."

N'agamba nti, "Uh. Huh. Uh-uh-uh." *Bw'atyo*.

426 Kitaawe n'antunuulira n'agamba nti, "Billy, ozzeemukko kikeerezi."

Ne ŋŋamba nti, "Takeerewangako kisusse. Waali wano." Mbadde n'okulwanyisibwa.

427 Kati abavubuka abalala, bavubuka abamu abalala, aboonoonyi, baali bayimiridde awo, abamu ku b'eŋŋanda ze. Ne ŋŋamba nti, "Mulabye, bavubuka, mwetegeke, kubanga kino mujja kukituukako. Wano wennyini muteekwa okutuukawo. Mukiraba? Oba oli awo si—si na kookolo ono. Ggwe oyinza okutuukibwako ekintu ekirala, nga oli ku luguudo olunene, oggwaamu omusaayi ogenda kufa, oba ekintu ekirala. Ekyo mulina okukituukako." Ne twogera nabo.

428 Nnali nnindirira okulaba kiki Omwoyo ky'anaŋŋamba okukola. Nga nnindirira. Mba ndi awo, ne mpulira nga anyeenyeza omutwe. "Muteekeko emikono gyo."

429 Ne ntambula okwetooloola awo, ne mbagamba nti, "Mwenna mukoteke emitwe gyammwe." Bonna ne bakoteka emitwe gyabwe, waaliwo abavubuka babiri oba basatu munda omwo.

430 Ne mmussaako emikono. Ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, leka omulenzi ono afune okutegeera ategeere ky'agenda okukola, nga tannasisinkana kintu kino. Afa. Ssetaani amusibye, era agenda. Anywedde omwenge ogugenda okumutta, era wuuno wano mu mbeera eno. Nsaba omukwatirwe ekisa." Era bwe nnamusabira, enkeera yali asobola okutuula, nga ayogera ne kitaawe.

431 Busty Rogers, eya . . . Bampita emmanga wano ku ddwaliro, ebbanga si ddene emabegako. Nnali luuyi eyo ku olwo, oluvannyuma lw'okubuulira emmanga mu Milltown eyo Georgie Carter omuto gye yawonera. Mwenna mukijjukira. Era eyo Ow'oluganda Smith, omubuulizi Omumesodisiti, gye yagambira nti, "Wano bwe waba waliwo omuntu yenna eyabatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo, fuluma weema yange," bw'atyo. Engulu eyo ku Totten Ford, bwe yalinayo olukuŋŋaana eyo. Era, ha, yangugumbula ku buli kimu ky'oyinza okulowozaako. Ssaayogera kigambo n'ekimu; nnagenda bugenzi mu maaso. Nnalina okutumibwa. Mukama yandaga okwolesebwa. Waaliwo endiga emmanga eyo, eriko w'ewambidde mu lukoola. Okwolesebwa okwo mukujjukira, mwenna. Nsuubira mukujjukira. Mukujjukira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ddala. Kale. Kale nnali mpitaayita mu lukoola eyo, nga ngiyigga.

432 Nnagenda ku Totten Ford. Ow'oluganda Wright awo akimanyi. Twagendayo, nga tetumanyi na kya kukola. Ne ngulayo akabokisi ka ssabbuuni, ka ssente kkumi. Nga ŋŋenda kufuluma, nnyimirire awo ku madaala ntandike okubuulira. Yagamba nti ayambuka waggulu, ku ntikko y'akasozi, abeeko ne by'asuubula. Ne ŋŋenda naye. Waaliyo ekkanisa y'Ababaputisiti ennene enkadde eyali eyo waggulu, nga njereere. Mukama n'aŋŋamba nti, "Yimirira awo."

433 Ne ŋŋamba nti, "Leka nviiremu wano, Ow'oluganda Wright." Ne nvaamu. Ne yeeyongerayo waggulu n'akomawo.

434 Ne ŋŋendawo, naye ne ssisobola kuggulawo luggi. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, kino bw'Oba okirimu, nga Oyagala nnyingire mu kkanisa eno, nzigulirawo oluggi." Ne ntuula awo ne ntandika okulowooza.

435 Ne mpulira nga waliwo ajja; n'ajja gyendi, n'agamba nti, "Oli otya? Ka nkubuulire," n'agamba nti, "oyagala kuyingira mu kkanisa?"

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

N'agamba nti, "Ekisumuluzo kiikino wano nkirina."

436 Ne ntandika olukuŋŋaana. Wiiki eyasooka, kyenkana tewaali muntu yenna. Ekiro ekyasooka, nnalina ekibiina, kya Ow'oluganda Wright n'ab'omu maka ge. Okukkakkana, ku nkomerero ya wiiki, nga kyenkana, tebakyasobola na kugya mu kibangirizi ekyaliwo. Endiga eyo era nga tennajja. Ow'oluganda Hall yalokokera mu kiseera ekyo, omusumba aliyo kati, n'abalala bonna. Nga endiga eno ssinnazuula wa w'eri. Waayitawo akaseera, okuva mu kkanisa ya Kristo, eky'emmanga w'akasozi, akawala ako akaali kamaze emyaka mwenda n'emyezi munaana nga tekatambula, kagalamidde wamu. Nga keekaako. Mwenna mumanyi ebikwata ku ekyo. Yee, ssebo.

437 Kati olw'eggulo olwo Busty Rogers, omusajja omunene ow'ekiwago eyazirwanako n'ajja n'ayimirira awo . . . Ne nfulumayo. Era ekibiina ky'Ow'oluganda Smith baali bayimiridde awo okunsekerera, n'okunjerega, olw'okubatiza mu Linnya lya Yesu. Ne nfuluma ne ŋŋenda mu mazzi ga Totten Ford agajjudde ettosi, we baali . . . [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . . engulu eyo ku kagga, akaali kayira okukamala. Abadiikoni abatonotono ne bafuluma nange.

438 Ne ŋŋamba nti, "Nnyimiridde wano akawungeezi ka leero nga nkiikiridde Ebyawandiikibwa bya Katonda Ebitukuvu." Ne ŋŋamba nti, "Nsoma wano mu Bayibuli Peetero we yagambira nti, 'Mwenenye, buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe.'" Ne nkyuka, Ekitabo ne nkikwasa omu ku badiikoni.

439 Ne nfuluma, ne ŋŋamba nti, "Buli ayagala, oyo aneenenya ebibi bye, asobola okujja." Ne nnyingira amazzi. Ne ŋŋamba nti, "Kindabikira nga Bamalayika abatudde ku buli ttabi lya muti mu kaseera kano, nga beetegereza." O, bannange! Mu kaseera ako nnabatiza abantu nga babiri oba basatu, ekibiina kye kyonna, bakazi battu abaali bambadde ebiteeteeyi byabwe ebirungi ebya siriki, ne beesogga amazzi ago, nga bwe baleekaanira waggulu. Ekibiina kye kyonna ne nkibatiza mu Linnya lya Yesu Kristo. Mukimanyi. Nnakikuba n'ekifaananyi. Kyabaawo.

440 Kyali kiki? Kwongera ku bulungi bwo. Mukiraba? Ggwe kireke bulesi. Katonda ye amanyi engeri ey'okukikolamu. Ebintu

bino Katonda ye amanyi engeri y'okubituukirizaamu. Ggwe baleke boogere byonna bye baagala okwogera. Ebyo tebirina kye bikyusa yadde. Ggwe weeyongere bweyongezi mu maaso.

441 Busty Rogers eyali ayimiridde awo, ekyo olwakiraba, n'agamba nti, "Kati nkikkiriza n'omutima gwange gwonna." Naye ne yeesogga amazzi, nga ayambadde engoye ze ennungi, n'abatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo.

442 Emyaka nga esatu oba ena egiyise, bampita emmanga wano mu ddwaliro mu New Albany. Yali awo, nga afa, nga kookolo, amulidde yenna. Nga abasawo bamuwadde kutuusa enkeera, okuba nga akyali mulamu. Ne bagamba nti, "Afa kati kati." Ne bagamba nti, "Jangu bunnambiro."

443 Ne nnyingira ekisenge, bwe nnayingira, nga nnyimiridde awo ŋŋenda okusaba. N'aŋŋamba nti, "Billy, mu nsonda wali waliwo musoke eyetooloola."

444 Ne nkyuka, okutunulayo. Ne ŋŋamba nti, "Busty, eyo ndagaano. Togenda kufa. Endagaano y'Omusaayi ekulokola."

445 Ne mmuteekako emikono, ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, okwolesebwa okwo nga kukakasiriza ddala nti Oli wano. Endagaano Yo eri, nti, 'Olw'emiggo Gye twawonyezebwa.'" Ne mmuteekako emikono, n'aba bulungi. Ne bamusiibula addeyo eka.

446 Oluvannyuma lw'emyaka nga ena oba etaano, myaka nga ena, nnali ndoba eby'ennyanja eno n'eri ku mugga wonna, nga bwe ŋŋenda mu maaso bwentyo. Kati wali kookolo we yali omumiro we gukwataganira n'olubuto, yali yayokyawo nga wabootaboota, nga waliwo ogututtwa ogunene. Abasawo, abakugu b'eddwaliro, ne bamugamba nti baalina obujjanjabi obw'ekirungo kya koboluti obusobola okukigaziya, okusobozesa emmere esingawokko okukka mu kiseera kye kimu. Kyali kimuzibuwalira okulya emmere ennyingi, nga alina kulya mpola nnyo ddala. N'agendayo bakirongoose. Nze ssaamanya na kumanya nti gy'ali.

447 Naye bwe baamulongoosa, baakizuula nti kyamuviirako okusansagala, n'asannyalala. Oludda lwonna ne lusannyalala okukka wansi. Nga kyokka ky'asobola okukola kuli nga kusindamu katono. N'addira ekkalaamu enkalu, *bw'atyo*, nga ajugumira, "uh, uh, uh." Nga bambi agezaako okuwandiika, nga bw'akankana *bw'atyo*, nga akozesa omukono gwe omulamu. Nga oluuyi lwe olwa kkono, lwonna lwasannyalala. N'agezaako okuwandiika, n'omukono gwe nti: "Yesu alokola, 1900 n'ekintu." Naye nga tebasobola kukitegeera.

448 Kati mukyala we bwe yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssimanyi kiki ky'ategeeza mu ekyo."

449 Ne ŋŋamba nti, "Muky. Rogers, ky'ategeeza kiri nti, gwali mwaka gwa 1900 n'omusobyo, we yalokokera n'abatizibwa

mu Linnya lya Yesu emmanga eri. Nti ekyo kye kimuleetedde obuwanguzi kati. Tatidde kufa."

450 Ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, taasa obulamu bwe. Nkisaba, mu Linnya lya Yesu, Otaase obulamu bwe." Ne mmuteekako emikono. Okusannyalala ne kumuvaako. N'okwesika ne kukoma. N'asituka ku buliri. Ne kati mulamu waali, awa bujulizi.

451 Ku kukkiriza kwo yongerako, obulungi; ku bulungi bwo yongerako, okutegeera; ku kutegeera kwo, okwefuga; ku kwefuga kwo, obugumiikiriza; ku bugumiikiriza bwo, okutya Katonda; ku kutya Katonda kwo, okwagala ab'oluganda; ku kwagala kwo eri ab'oluganda, Omwoyo Omutukuvu, awo ne Kristo an'ajja. Kubanga, awo wennyini wansi We . . . Omwoyo Omutukuvu ye Mwoyo wa Yesu Kristo nga ali mu Kkanisa, okwolesa embala ezo. O, bannange!

Ziizino kati, eddakiika kkumi na ttaano eziyise ku ssaawa omukaaga.

Mmwa . . . Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala,

Wansi *wano*, nga tonnafuuka kintu kyonna.

Era n'agu-. . . (Yakola ki?) . . . obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Ndi ntya *kino* kyendi? Kubanga Ye yasooka, okunjagala.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala . . . (Ensonga yiiyo.)
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

452 Nneeyama, gy'Ali, enkya ya leero, n'omutima gwange gwonna, nti, awamu n'obuyambi obuva gy'Ali n'ekisa Kye, nsaba nti nnaanoonyanga buli lunaku, awatali kussa mukono, okutuusa lwe ndiwulira nga buli kimu ku bisaanyizo bino nkirina mu kigera kyange kino ekitono ekikaddiye, okutuusa lwe nsobola okuba okulabisibwa kwa Kristo omulamu. Kubanga, Ye yafuuka ekibi nga nze, nsobole okufuuka . . . nfuuke obutuukirivu bwa Katonda, nga Ye. "Yatwala ekifo kyange; Mukama, nsaba nange ntwale Ekikye kaakano." Kubanga, eyo ye nsonga lwaki yafa. Bameka abaneeyama ekintu kye kimu ekyo, olw'ekisa kya Katonda? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Nga emitwe gyaffe tugikotese kaakano, n'emikono gyaffe nga tugiyimusizza.

Mwa . . .

453 Nkyeyama, Mukama, ekkanisa eno ekyeyama, "Ekigera kya Yesu Kristo ekijjuvu!"

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Ekigera Ky'Omuntu Atuukiridde LUG62-1014M
(The Stature Of A Perfect Man)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga Okitobba 14, 1962, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org